# BASOOKA KWAVULA



HENRY F. MULINDWA

# BASOOKA KWAVULA

**Henry F. Mulindwa**
Washington, USA.(Feb 14, 2008)

## 1. Tomasi Nseekyuka Balimanyankya

Abavubuka bangi bafaanana obutamanya, oba kale okwerabira, nti, etti eddene lisooka nsigo, omugga ogw'amaanyi gusooka nsulo, n'ezikookolima gaali magi! Abaana nabo basooka kwavula ne balyoka bayimirira, ne batambula, olwo ne badduka. Obuwanguzi, obugagga, ettutumu n'okwesiima, okuggyako abatono ennyo, ab'olubatu ababizaalirwamu oba okubifumbirwamu sinakindi okubiwasaamu, ku basinga obungi ennyo, biva mu ntuuyo, mu kutegana, mu kulafuubana, mu kufunvubira, mu kugumiikiriza, mu kutetenkanya, mu kuwuwuttanya na mu mukisa gwa Lugaba, Nnamugereka eyagereka, ente ennene n'agimma ekirevu n'aggya akiwa embuzi!

Nze abandaba nga ndi nga bwendi bayinza okuwubisibwa nti oba nnazaalibwa ndi mwawufu, oba nti nnakulira mu mirembe. Mu butuufu kubadde kutuuyana, kumeggana, kuvvunkana, kufaabiina, kwefiisa, kwevaamu na kusaba nnyo Ddunda, anti ky'aterekera omulamu tekivunda. Ne be mulaba bali obulungi, aboogera basiira, abatambula bagaaga, abatunula banyinyimbwa nga bwe bakimba, abalya beeroboza nga bwe basuula, abaambala bakyusa, abatambula nga batudde, oba gamba nga basitamye ng'enkoko embabule, nga eno bwe bagereesa nti ennaku yabazimbako akayumba (emmotoka), bangi baava wala. Singa otuula ne bakulombojjera ebyafaayo byabwe ne gye bavudde ojja kunzikiriza nti ddala nze okulimba baakunkubira ne nkumalira ddala.

Zaali ennaku kkumi na nnya mu Kafumuulampawu wa 1970, ng'ebula emyezi ena gyokka Idi Amin, omulwanyi nnamige, amaamule ku ntebe y'obukulembeze bw'eggwanga, kawenkene Obote, eyali afuukidde abantu olukokobe era nga ababuzizzaako obwekyusizo, ne nzaalwa. Jjajjange Nseerikomawa Kibira Bifaaki mu ssanyu eringi, n'antuuma erya Tomasi Nseekyuka Balimanyankya, nga anzibula mu kitaawe, mbu gwe nnali nfaananye ne nzimula. Mbu mmange erinnya teyalyagala, ng'agamba mbu lya kikadde nnyo bw'atyo n'ampaatiikako erya *Happy*. Nze okugenda okususunkukamu n'okutandika okuyiribanya empummumpu nga nziyita ente wamu n'okukola engatto ez'ebyayi

n'okuyiga okufumbafumba nga mpitibwa Happy Tom, erinnya wamma eryaneeyagazanga ennyo!

Bannyinaze bantiitiibya nnyo era bankola ekyejo kyotolabanga! Wadde nga mmaze okusuumukamu nga maama ffenna atuwa empalo mu kukola egy'awaka nga: okusiimuula ennyumba, okufumba caayi, okulabirira enkoko ze yali alundira awo ku luggya, okufumba n'okwoza ebintu, nze bwe nnabangako kye nkola ne kinnema nga mpita mwannyinaze Florence Alinyiikira Nayiga, eyasinga okunjagala ennyo mu bonna. Ono nga tayagala kundabako n'omulundi n'ogumu nga nnyiikadde oba nga mpoleredde, siseka. Bwe nnabangako ekincankalanyizza nga ajja mangu okumbudaabuda n'okunsesa. Yannyonnyoogeranga nnyo n'okunnuuna ku ttama nga bw'aŋamba nti: "Tofaayo mukwano, ebyo bibaawo". Wadde nnafuna bato bange abalenzi oluvannyuma, kyokka era nnasigala nga ndi muganzi nnyo ewa Flora. Emirundi mingi ye yansibanga empale, anti ng'enzannya emu ku bbiri. Okumanya nnali ŋenda okuwungutuka olw'ettigimbuli, nnaweza n'emyaka etaano nga sinnasobola kwesiba mpale, nze gw'olaba! Essaati oluusi nga awayita omukono nze wenjagala okuyisa omutwe bwe saagyambalanga *zaalayiddewa*! Olw'obufunda bw'omukono ng'omutwe teguyitamu, kale nno nga ntuyira nayo era nga ntandika okusinda, okufeesa, okunyiibanyiiba n'okubindaabinda n'enkuba eneetonnya. Abalala banzisanga kasiiso, ow'endali k'assa omwekukumi, era ng'enseko zibakunyira muli. Kyokka Flora bwe yagiranga n'ansaasira n'ajja anjuna, n'annyambaza.

Buli Ssande nga tugenda ne bakadde baffe mu ssinzizo okusinza, okwebaza n'okwegayirira Omutonzi. Twatuulanga wamu ffenna era nga tuddamu essaala zonna nga n'ennyimba tukooloobya. Bannyinaze bwe baagenda bavubuka nga tebakyayagala kugenda na bakadde era nga tebatuula bakadde baffe we batudde. Florence yaŋamba mbu baatyanga bannaabwe abaabayiiranga olunyata, mbu nga babayeeya olw'obutava ku mabeere. Nze bannyinaze banzirukangako; oba kuba baabangako mu banywanyi baabwe gye baabanga baagala okwekoona, nga ate batya nti nzija kukola olugambo! Oba nnatambulanga mpola nga mbalwisa! Saamanya; kyokka kyannumanga nnyo bannyinaze okundekawo ne sigenda nabo. Ekirungi baddanga ne kabalagala oba ekindaazi bye bampanga, biri oby'okunzirukako ne mbyerabira. Neegombanga nnyo okutambulanga ne mwannyinaze Flora, kuba nnali sirabanga muwala mulungi kumwenkana. Omuntu gwe nnali mmanyi omu yekka eyali atuuka mwannyinaze ono obulungi, yali nnyaffe, omukyala Maria

Thereza Nakalema, muzzukulu wa Ssebuganda Nnamuguzi e Lwadda mu Kyaddondo. Wewaawo yali amanyiddwa nga Mukyala Gyagenda.

Yali mukyala mumyuufu ng'endeku ng'ate obubalagavu Lugaba yali yakwasaako ebiri n'amugemulira. Aboogezi we bagambira nti nga si mulungi mulwadde! Amaaso ge gaali manene nga ga kimpowooze, ebisige nga bya musoke, akayindo ke nga katono; era nze neebuuza eno ennene obwaguuga mw'osobola okuvumbika n'omunwe gwa ggonja gye nagiwakankula! Maama yayogezanga ssimbo ate nga buli kigambo alabika amala kukyefumiitiriza. Yali ayambala n'anyuma, wadde nga engoye ze tezaabanga za bbeeyi nnyo. Newankubadde teyeekolangako nga abakyala abalala bwe baakolanga, nga mu bunyirivu bonna abakubya ssubi. Nga ntandise essomero oluusi nga tulaba ebifaananyi mu butabo ne mu mpapula z'amawulire omusomesa waffe Kalooli Kasumba ze yatuwanga. Bannange nga bwe balaba ekifaananyi ky'omukyala omulungi nga bamwesooka nti: "Ono wange". Kyokka nze seesookako kifaananyi wadde omulundi ogumu guti, kuba mu bonna abaabanga mu byo nga sirabamu asinga mmange bulungi. Olw'obulungi bwe neegombanga nnyo okukola nga ye bwe yali akola. Nga anywa caayi, yanywanga ku kikopo emirundi ebiri n'akiwummuza; nga nange bwe nkola. Maama nga talya byannyanja bitayisiddwako ku muliro, nange nga sibirya. Amata gaali gaamulema, kyokka nze wadde tegaalina kibi kye gaali gankola, nga nago sigakombako! Yali tanywa bitamiiza, nange na guno gujwa sibinywa. Oba muli nalowoozanga nti singa neeyisa nga maama nange nnali nzija kulungiwa nga ye oba kiki, nange simanyi! Yali mukazi muyonjo nnyo ate nga wa kisa ekitasangika. Eby'embi saafuna mukisa kumala na maama bbanga liwera.

Mwannyinaze Flora yali mutonotono wa kitema, wa katakketakke, ng'ayogera asekaasekamu, bw'atunulamu wansi olw'ensonyi. Amannyo ge nga ga kasenge, gatukula ng'omuzira, amaaso ge nga gatiiriika ekisa era ng'agatunuza agakkekkereza. Yalina ebiseera bisatu mu bulago, amabeere ge nga matono, ekiwato kye nga kikendufu kikirako eky'ennumba, n'entumbwe ze nga zaatuukira bulungi nnyo ku magulu ge. Engalo ze zaali za matooke nga enjala njeru era mpanvu. Ebigere bye nga bisotta entula n'ozirya. Abalenzi ku kyalo nga baamukazaako lya "*figure eight*", abalala nga bamuyita "Nnalulungi wa Kyannanjula", anti ekyo kye kyali ekyalo kyaffe okusooka nga situnnasenguka kulaga Nsimbiziwoome.

Kyannanjula kyali mu ggombolola y'e Kyannamukaaka, mu muluka Kaamuzinda mu ssaza lya Pookino. Kyali kyalo kya lunnyunnyu

era nga n'abantu ba lumaggamagga ng'obulevu bw'embwa. Ebukiikakkono nga kikwatira ddala ku mugga Nakitondo, oguyiwa mu nnyanja Nalubaale, ate ebukiikaddyo nga kisalagana n'ekyalo Lubumba okwali ebibira bya kalitunsi mwe twalondanga obutunda n'okusennya enku. Okusomokayo nga tuyita mu lutobazzi olukwafu, omwali emikaabira, emyeganza, empojja, emisasa n'emiti emirala egyayagalwanga ennyo amafulungu, eŋŋaaŋa, amatutuma n'ebika by'ebinyonyi ebirala bingi. Mu buvanjuba ng'eriyo ekisenyi ekikutte eyo n'eyo, nga kijjudde enjegula, ate ebitundu ebirala nga mulimu kalenziwe n'embubbu. Eyo gye twasalanga essubi okwalira ente zaffe n'okubikka ebirime, naddala ennyaanya. Ku ludda olw'ebugwanjuba, ng'olusozi Kakuza lufaanana okututunuka mu kagga Kawuku ne lukwata ku ggulu. Okwo nga kugwa enseenene okukamala, era nga lwe zigudde ku masomero abayizi tebaabonekeyo. Mu budde obwo abagezigezi baali tebannatandika kuzikwatira ku bitaala. Ku lusozi luno ng'abalaalo balyisizaayo nnyo ente zaabwe, olw'ebika by'omuddo ogwaliyo ogwaleeteranga ente okuvaamu amata amangi. Omuddo ogwo nga baguyita *gwatamaala*, omulala, *alufalufa*.

Ku Kyannanjula nkwaliko abavubuka bangi abataasoma, oba nga baatuukayo kyokka nga sibaagenda wala. Abaali basobodde okumalako ssiniya eyookuna nga ba muswaba. Kwaliko ekiguuda, ng'ebiduuda n'ebijuujulu mwe bisalira endongo, ng'ennyimba ziva mu *leediyo kasetti* ezaali zikyase ennyo mu myaka gy'ekinaana. Ng'abavubuka bafiirawo ng'ennyimba nga *Mukombooti*, *Wedding Day*, ko eza Lucky Dube, Chakachaka, Brenda Fassi n'ez'Abakongo, ezaabanga ez'okufukula, nga ze ziri mu ddiiro. Abantu abakulu nabo nga tebeekuula mu binywero mwe baagumbanga nga beekatankira amagengere okutuusiza ddala eyo mu matumbi, bwe kutaabanga kukeesa budde. Okutwalira awamu ng'abantu baavu lunkupe, wadde mu kunywa nga ba-waddanga abawedde emirimo. Nga amaka mangi tegatalina wadde akagaali ka *maanyigakifuba*!

Kitaffe yayitibwanga John Lubega Musajjagyagenda, muzzukulu wa Nseekyuka Balimanyankya, muzzukulu wa Kalooli Tekiimirike, muzzukulu wa Kuttakulimuuki, muzzukulu wa Kaseegu, mu mutuba gwa Kibira e Nakatoogo mu Buddu, mu ssiga lya Mulindwa e Buyaga mu kasolya ka jjajja Nsamba e Buwanda mu Mawokota. Yali musajja mwogi, eyasoma ebitabo bye n'ggweekerera, era ng'abaasoma naye bamwasimula bugolo. Abamu n'erya Kagezimunnyu baali bakyalimuyita. Yalina ddiguli mu byokubalirira n'enkulaakulanya

y'abantu era nga muntu wa bantu nnyo; omulimi era omulunzi w'oku Kyannanjula omukuukuutivu wadde nga teyali mututumufu. Twalina ente, embuzi, endiga, obumyu, enkoko, ssekkoko, embaata n'enkofu enfuge bbiri. Mu mmere nga tulina olusuku nnakitokolo omwavanga amatooke ge bayita *nkwatiraako*, nga mulimu n'obuniina obumyufu n'obwa kyenvu obwampoomeranga ennyo ku mawolu agookya. Twalimanga lumonde, obummonde, muwogo, amayuuni, endaggu, kyetutumula, ebikongo, kasooli, omuceere, n'eŋŋano. Ebijanjaalo, soyabiini n'ebinyebwa, bye twalimanga ng'enva ate oluusi n'oluusi nga bitundibwa ne tufunamu ensimbi ze twagulangamu ebitabo n'ebyetaagisa eby'awaka ebirala. Mu birime ebirala ebyavangamu ssente bye twalina ku kibanja kyaffe nga mulimu emisiri gy'emmwanyi ebiri, caayi, ddengu, ne kkaamulali. Ennaanansi, amapaapaali, ffene, amapeera, ensaali, n'ebitafeeri nga tebiggwa waka. Enva endiirwa ezirongoosa omusaayi twalina emboga, entula, ebiriŋaanya, ennyaanya, nnakati, ddoodo, ebbugga, embooge n'ejjobyo. Okwetooloola oluggya nga kuliko empinnamuti, empokya, n'empindi, okwavanga eggobe lye twateekanga mu nsanyuse, wamma eddigobe ne ligenda bitege. Oluvannyuma lw'okuva mu kyalo, kati emyaka giigino asatu, siddangamu kulaba ku ddengu, empokya, empinnamuti oba embooge, wadde jjuuzi nnalaba ekirime ekipya ekyacaaka ennyo mu myaka gy'ekyenda, nga kiyitibwa Vvanilla. Nkakasa nti naawe asoma bino ebimu ku birime ebyo tobimanyi! Lwaki kale totandika okubinoonyereza?

Wewaawo kitaffe yali muyivu atyo ate nga mukakaalukanyi era nga mukalabakalaba ate omwogezi omwatiikirivu, nga ne mu biseera ebyo abaalina ddiguli bw'obabalira ku ngalo mu ggombolola yonna, n'omukono ogumu nga togumalaako, teyalina mulimo gwa gavumenti, nga bwe kyandibadde ebiseera ebyo. Oluvannyuma lw'okuyigga emirimo gya gavumenti n'engatto n'emugwa olubege, yasalawo ebyo abiwummule, alime era alunde ng'alaba ebyo bisobola okuyimirizaawo amaka ge okusinga okwenjeerera mu kibuga n'okubuna emiryango mbu anoonya mirimo. Yali akoleddeko mu kibiina ky'obwegassi ekya *Bwavumpologoma*, ne ku ggombolola y'e Kyannamukaaka, ey'e Kibanda ne Kalungu. Mu kiseera ebibiina by'obufuzi webyaddirawo mu 1980, ye yali ssentebe wa *Bannaddemokulaase* (DP) mu kitundu, ekintu ekyamulobera okufuna omulimo gwa gavumenti oluvannyuma lw'okulonda okwaliwo mu Ntenvu wa 1980, Pawulo Muwanga, eyali omukulembeze w'eggwanga ow'ekiseera, amale abbire obululu ekibiina

ky'obufuzi ekya *Uganda Peoples Congress* akunnekkune n'okukunnakkuna. Buli eyali amanyiddwa nga si muwagizi wa kibiina ekyo nga omulimo gwa gavumenti agunnyuka bubimbi. Baagiwanga bannakibiina na bawagizi baabwe bokka, ne bwe baabanga tebalina buyigirize wadde obusobozi mu mirimo egyo.

# 2. Ezinaabala: Nnyingira essomero

**M**ba nkunuukiriza egy'obukulu omukaaga, bakadde bange ne bantwala mu kasomero ka Kyannanjula St. Charles Lwanga Primary School akaali akamunywanyi waabwe enfiirabulago, Anatooli Basajjankusu, anti nga mbasibyeko akanyaaga, okubapeeka buli olukedde okundeka ŋende ne Flora ku ssomero. Nga maama sita kumulaga kitabo kyange alabe bwe njize okuwandiika era nga n'oluusi mmusomeramu akatabo ka KISUMULUZO ebigambo nga bino: *a-ni, A-nna, a-ddu-ka, a-ba-ka*, *a-ku-ba, a-fa*, n'ebirala.

Anatooli Basajjankusu yali musajja mutonotono muddugavu kagongolo era nga bw'omulaba obulabi omulundi ogusooka toyinza kulowooza nti yali amanyi ne kye bayita enseko! Yali muyonjo muzibu, ng'eggaali ye eya *China*, buli kadde etemagana nga mukene. Yayambalanga essaati njeru n'ettayi erimu erangi za bendera ya Yuganda, okwo ssaako ekkooti enzirugavu eteemuvanga ku mugongo, n'engatto musonso gye yakubanga eddagala ne kagijjuutuka. Empale ye ng'akakindo kasala nkoko buli lunaku, ne sseppeewo enzirugavu gye yatikkiranga, olwo loodi n'akaada, wamma ffenna ne twegomba obusomesa. Obusomesa mbu yali yabusomera Busuubizi mu ssaza lya Mukwenda e Ssingo, era nga ky'akola takimanyi bumanya kyokka nga n'okukyagala akyagala. Abaana bangi baavanga mu Kyannanjula, wadde kaali kasomero ka kyalo, ne basobola okuyingira mu masomero ag'amaanyi aga ssiniya era nga baakolanga bulungi nga batuuseeyo. *Maasita* Anatooli, nga bwe yali amanyiddwa, nga takomba ku mwenge wadde ku ssigala, mbu era essaawa emu okukoona nga emusanga mu maka ge ng'ateredde bubya. Yali musomesa ayagala ennyo abaana be era nga bw'oba teweekoze bya kito ng'osobola okumumalako ebibye, anti nga tata kugabira birabo bayizi abaabanga beeyisizza obulungi ku ssomero, mu kkubo ate n'ewaka ewaabwe. Buli muzadde ng'amumanyi era nga amuubuuza omwana we nga bwe yeeyisa awaka. Olw'okuba nga

yali amanyi bulungi bakadde bange, nze ate kirabika yanzisaako eriiso jjogi nnyo nga tayagala mbeko kasobi konna ke nkola. Bwe kantandanga ne mmala nsobya, nga omulala ne bwe yandimusonyiye, nga nze tanziriramu kuba yampitanga mutabani we, nga era yeewa obuvunaanyizibwa okulaba nga soonooneka. Wabula ne bwe yandibadde tammanyi, sandiremye kumukukumbako birabo bye anti mu ssomero nagenda okusoma nkukuba budinda n'okubala nga nnazaako bunaza olwa bakulu bange: Jane Alisaba Nabukenya, eyali mu kyomukaaga nga nze ntandika ekisooka; Juliet Abuulira Namatovu, eyali mu kyokutaano; Florence Alinyiikira Nayiga, mu kyokuna ne Fleria Alibatafudde Nansamba eyali mu kyokubiri, abaansomesanga nga tuli awaka. Kale bannange gye baatawaaniranga ne A,B,C,D oba 1+3= nga nze nkuba bulatti. Omanyi awaka buli lunaku twabanga n'obudde okusoma ebitabo byaffe era ne mu luwummula nga tusomera essaawa ssatu buli lunaku. Mu butuufu omusomo gwange gwali kuyisa mukka mu kisero oba kulya mmyungu buteesokoola. Wadde nnali kalenzi kasirikitu kati, agalenzi ga binywera n'agawala agaali gabuusa amabeere agabunduse nga sigalabya ku njuba, nga ngaleebya mu kuyiga. Kino kyannyamba obutajoogebwa nga bantya kuba ebintu nnali mbiraba era nga mbalagirira.

Waaliwo akawala ka Solome Bangissibanno, ako nga tukuulana mu bigezo, oluusi nga kankulembera olundi ne nkasinga. Nga ekifo ekisooka n'ekyokubiri bayizi bannaffe baabitulekera byaffe ffembi. Kaali kasiiwuufu, ka maaso manene ga lwengenge, ekyenyi kyako nga kiwanvuyirivu, enviiri nga nseenyuufu za kawemba, nga katambula kabaligamu, koogera kakemettera okwo nga kwe katadde okutemereza nga mmagga. Kaali kawanvu ng'olusolobyo, nga akabina muserebende, n'ensonyi nga zikakirako ez'olugave. Wadde tekaali kalungi mu nkula, era nga tekatwaliriza alaba, ke kawala kokka akaali kakwano kange mu bawala bonna mu Primary, olw'amagezi gaako n'obuntubulamu bwe kaalina. Bangi, nga bwetwamuyitanga, nga tayomba era nga kizibu okuwulira eddoboozi lye, okuggyako ng'addamu ebibuuzo by'abasomesa mu kibiina. Wetwatuukira mu kyokutaano ng'abawala batandise okuttikka obubina, okuleega ebifuba, n'okweraga ssaako okwemosola n'okwemoola, ebyo nga Bangi ssibimulabamu n'omulundi n'ogumu. Wewaawo akabina ak'okutikka yali takalina, naye waabangawo n'abalina obubina obwakubwa enjovu abalala kyokka ng'era bagezaako okubukikinaza, ne bakirako ensejjere eyingira enkata. Omutima gwonna Solome ng'agumalira ku kusoma, biri

eby'okwemonkoola n'okwetagalika nga sibyaliko. Wabula ekyasinga okunjagaza Solome ono, kwe kunfaako ennyo n'okumbudaabuda lwe nnafuna ekizibu ekyayuuguumya obulamu bwange era ne kibukyusiza ddala. Wabula ensi efunza, Solome ku magezi ge teyandibadde mu mbeera gy'alimu kati!

# 3. Ebirwa byerabirwa: Olutalo lw'Abakomboozi

Olutalo olwagoba Kijambiya Idi Amin lwanyinyittira nga twakatandika tuti ekyokutaano, era amasomero gaalaba ennamusa etuuse ku nnyooge ne ggalawo, abayizi ne balagirwa okusigala eka. Emmundu **y**'*Abakomboozi*, abalwanyi abaava e Tanzania, eyayitibwanga *saba saba* luboggola, nga bw'evuga tereka nnyenje ku kibanyi! Enkuba yasookanga kumyansa, n'ebwatuka n'etonnya, olwo emmundu n'ekekera. Entono ye yasookanga okuwuuma nti: "Bbe wuuuu", olwo gaboggola n'eryoka eddamu nti: "Bbe dduu, ddu ddu, ddu dduuu". Endala n'egamba nti: "Toko, Toko,Toko, Toko", ennene n'eyanukula nti: "Siba, siba mangu, siba egguguu"! Olwo emisinde ne gitta, ne twekukuma mu misegguusi, abalala mu lusuku, abandi ne batuukira ddala ku lusaalu gye baasibiranga. Naye nno nga kwekukuma ki nno, anti nga emmundu bw'ebwatuka eti, ettaka lyonna liguguma, bbe ggu ggu gguu, olwo ebyenda ne bitwetokota, abenyaga ne bagenda, wamma ggwe ne kibula omukombi! Emmundu bwe zaasiriikiriranga agamotoka g'amagye ne geewuula. Era nago ng'abantu bagoogeza nno! Mbu gaagambanga: "Ppaka Mbarara, ppaka Bukoba, ppaka Mbarara, ppaka Bukoba". Twabanga tukukunukayo gye twabanga twesolesezza ate ne zireeta ennyonyi ku mbiro enzibu era okutemya n'okuzibula nga tuwulira kubwatuka. Oba omulabe yabanga azoolekezza emizinga oba zo ze zaabanga zimusuddeko bbomu, nga buli omu assaawo bibye. Lumu ennyonyi kirabika baagikuba ekikompola n'egenda ng'ezunga, era okukkakkana nga ekiwaawaatiro tesigazizza. Kyagwa kumpi n'ekyalo ky'ewaffe era bambi abaana babiri abaali bekwese mu musiri gwa kasooli tebaalutonda. Waaliwo n'abaana abalala bangiko abaattibwa bbomu ze balondanga nga baziyita eby'okuzannyisa!

Abantu baalaba ebintu byeyongera kubijja, ng'emberenge etuuse okugaga, ne batandika okusiba engugu n'okuwunga nga basegulira ekibabu. Twasima ekinnya awo mu mmwanyi, miita nga abiri okuva ku nju, ne tusitula ebintu byo mu nju nga: amasowaani, ebikopo, amaseffuliya ne tubiziika omwo, anti nga tuwulidde nti waliwo ba *kyaalakimpadde* abaanyaganga eby'abataliiwo; okimanyi ekisawo ky'ataliiwo, kijjuzibwa mayinja. Mu njogera y'obudde obwo nga obwo tebuyitibwa bubbi wabula *luutingi.* Ebisolo byaffe twabikuba ne tugenda nabyo gye twawungira, ewa kitange Domazo Zirindaba Bukenya, eyalina eddundiro eyo ku nnyanja. Enju twaleka tetugisibye olw'okwagala

okutaasa eminyolo n'enzigi, anti nga tumanyi abanyazi baali ba kugimenya singa baali ba kugisanga nga misibe. Amakufulu gakolerwa bantubalamu kuba ababbi bagamenya!
Wabula twatengejjera busa, kuba era gyonna baagibba! Ennimiro zaffe n'ebyaffe byonna nga tuleka awo ttayo, nga anti teri kisinga bulamu.

Nzijukira obulumi n'ennyiike bye nnawulira nga twabulira amaka gaffe. Akafukunya k'ebirowoozo kanzijira nga neebuuza olutalo kye lwaliko era luliggwa ddi. Nabuuza Katonda lwaki yali takomya kulwanagana okwo. Naye nno anziremu! Wa! Nzijukira obumyu bwange obusatu bwe nnassa mu kikapu ŋende nabwo, kyokka akamu ne kabuukamu. Mba nkagoba maama n'ankayukira nti: "Yanguwa eno ne tugenda, akamyu kakusingira obulamu?" Yalaba by'ayogedde bimpise ku nviiri kwe kunaawuka eri n'ajja ankwata omukono, n'ansika n'ampujja oluyi n'ansindiikiriza nga bw'aŋamba nti: "Mpitaako mangu si kusamba". N'ansooza!! Olwo lwe nzijukira maama lwe yasooka okunkuba era lwe lwasemba! Kyokka nnamunyiigira nnyo olw'obutafa ku kye nnali mpulira mu mutima olw'akamyu kange!

Ewa taata Domazo twasangayo abooluganda abalala abaali batusooseeyo, ko abantu abalala be twali tetumanyi, nga buli omu olutalo alulojja bubwe. Eŋŋambo zaali ziyitiŋana mbu abajaasi ba Amin buli Muganda gwe basanga batta bussi mbu kuba Amin yali akitegeddeko mbu Abaganda baali bawagira *Abakomboozi*. Abakazi nga bali ku bunkenke, mbu anti nga abajaasi babakwata lwa mpaka, agaana basala musale! Abamu nga bagamba nti Amin ajja kuzzaayo Abatanzania entyagi kuba yalina eggye nga teriwunyikamu wonna mu buvanjuba bwa Afirika, kyokka abalala nga batutegeeza nga Amin bwe yali yadduse edda mu Yuganda mbu nga n'ebisumuluzo by'obwa Pulezidenti akuunye nabyo. Buli omu nga ky'ayagala ky'atyeebekawo. Olwo olugambo nga lukaziddwako lya *Leediyo Katwe*. Leediyo Yuganda, eyaliwo emu yokka mu ggwanga, nzijukira lwe yalangirira nti abantu bonna abali mu bitundu bya Masaka ne Kyotera babyamuke mbagirawo kubanga gavumenti yali egenda kubikunkumulako bbomu nga efutiza omulabe! Nkugambye twasattira, ng'omukunku eyeekoonye, nga buli omu ajugumira nga nnabbubi n'okutitibana ng'ow'amayuuga ayita ku lutindo. Zo emmundu ne bbomu nga ziboggola, nga amasasi geesooza wamma ggwe ne gujabagira ng'omunafu azadde kaliira.

Amaka ga kitaffe Zirindaba nga gafuuse nkambi ya babuundabuunda. Entanda abantu gye baali bazze nayo n'egenda ng'ekeewa kyokka lwo olutalo nga lugenda mu maaso nga bugolo. Nga

abantu tebalina we bayita kuddako waabwe kwenonerayo ka kuzza wansi wa nnyindo. Twali bangi nnyo mu maka era nga abasinga obungi basula mu lusuku mu nsiisira ze baali bakaabuze. Waaliwo enju omwasulaga abawala, abakazi n'abaana; nange omwo mwe nnagwanga. Emisana nga ffenna tukeera awo kunyumya lutalo. Siwabanga kukola, anti nga teri alina ndasi ezo! Ekikulu kye twakolanga olunye kwali kwegayirira Lugaba. Abasiraamu nga basaala, naffe Abakristo nga tusoma ssappule n'essaala zaffe endala wamu n'okusaba nga tusoma Bayibuli. Omubuulizi Keefa Kyaluzi ye yakulemberanga okusaba kw'Ekikulisitaayo. Kitaffe Domazo nga agereesa nga amaka ge bwe gaali gatafunanga ku ssaala zenkanidde awo!

Ente ze yalabangayo emu emu n'agiwa abantu ne bagibaaga. Naye nga emmundu lwe zaavuze obulungi, n'agalya ennyama ng'abantu gababula. Abavubuka abakulu n'abawala oluusi nga badda ebweru eyo mu nzikiza ne basalabatta. Oba baabanga bakola biki, sijja kukulimba, naye ekyo ky'olowoozezza nange kye nnalowooza! Emisiri gy'emmere kitange gye yali alimye okutunda gyonna ababuundabunda baagirya, awatali kulinda kugibawa. Obudde bwatuuka nga tetukyalina ssabbuuni, omunnyo wadde amafuta. Obumyu bwange nnabulwa we mbukuumira era bwe butyo ne busalirwa gwa kufa. Nze saalya era okuva olwo na guno gwaka sirya nnyama ya kamyu, mpozzi nga sigitegedde. Nzijukidde akalenzi akaagaana okulya enkoko sseggwanga y'awaka bwe yattibwa nga kagamba nti ebadde mukwano gwako!!

Ewa taata ku nnyanja twamalirayo ddala emyezi ebiri miramba ng'olutalo lukwajja. Lumu ekikangabwa kyatugwira ffenna ne tusannyalala olw'okuviibwako mwanamuwala gwe nnali ntegeddeko erya Zaina lyokka. Tuba tumaze okunywa obuugi ne nninnya etti ejjembe eryali awo mu mmwanyi nengere oluseregende lw'abajaasi, kabekasinge ndabe ekiri emitala eri gye twali tuwulira emmundu nga zisekebbuka kyokka ng'obudde obwo zaali zisazeeko. Tuba tuli awo nga teriri busa; nga ku bajaasi, abakomboozi, babiri abajja bakottoka. Abawala abakulu n'abaali balina amabeere agatuuse okusuna nga kizira kulengera mukomboozi, anti ng'emisinde batyeekula okukira enkula, nga bonna beeyiwa ensiko. Nnalengera abakomboozi nga balina bye babuuza abasajja abaali basigadde mu luggya. Naakugamba nti nnabimanya? Kyokka omu kirabika yali awulidde akagugumuko akaali emmanju nga abawala badduka, kwe kunuuka alingizeeyo. Aba tannaggyayo na maaso, omuwala n'atema omulanga nti: "Nnyabo nfudde nze". Nze eyali mu muti nnalengera ng'omusaayi guva mu

kugulu kw'omuwala, ng'eno bw'akuba ku ttaka n'omukono gwe ogwa ddyo.

Twakitegeera luvannyuma nti mu kuduma nga badduka, enkonge yali emuyuzizza ekisambi okuviira ddala ku vviivi okutuukira ddala eri waggulu, kumpi buziba. Yagwa bugazi ng'akwatiridde ekisambi kye n'omukono ogwa kkono, okugulu ng'akuwanise, afa obulumi. Yali muwala wa myaka nga kkumi na musanvu ng'ebbeere ku kifuba liweredde ddala. Omukomboozi bwe zaamuleeta, nnalaba awummuza emmundu ye, n'akwata ka bbulawuzi k'omuwala akaali akeeru, n'akamuyuzaako n'akasiba ku kiwundu ekyali kifuuwa omusaayi. Ebyaddirira binzibuwalira okunyumya, kuba nagenda okulaba ng'essajja lisumulula gukabuuti gwalyo nga lidda ku muwala nga limukolako ebyensonyi bye nnali sirabanga. Mukazi wattu yekubiiranga eno n'eri kyokka nga nnende tafaayo. Bwe lyeggya ne limuvaako ne lyesiimuulako omusaayi nga likozesa sikaati y'omuwala, olwo omuwala nga takyalimu keenyenya; oba kaalimu, nze saakalaba. Oluvannyuma lyabaka emmundu yaalyo ne gakunnumba ng'embuzi eyasizza entamu, ne gagenda. Nga ngalengedde gabuliddeyo nawamatuka mu muyembe ne nziruka, nga ŋenda ngwa, okulaga awaka mbabuulire nti omuwala ali wali teyenyenya era mbalojjere ogusajja kye gwali gumukoze nga ngwegese amaaso ntyi. Kyokka nga nabyo sirina bwe mbitandika kubinyumya! Abantu badduka mangu, naye okutuuka ku muwala bambi nga mufu wa jjo! Oba yafa lwa kuggwamu musaayi oba lwa nsisi na kikangabwa oba byombi, nange simanyi. Naye maama nnakyala yafiira mu bulumi! Oluvannyuma nnamanya nti yali ayitibwa Zaina Nazziwa, ng'era yali asomera mu ssiniya yakusatu e Kabukunge. Ye yali omwana yekka owa nnamwandu Safinah, nga kitaawe, Bulayimu Kazibwe omukinjaaji, yali yakamala omwaka gumu gwokka nga omusujja gw'olutentezi gumututte e Ttanda. Bw'etyo nno ekuba omunaku oluusi egaanira ddala okukya!

Oluvannyuma ng'embeera egenda edda mu nteeko, mpola mpola abantu baatandika okulaba eridda eka, anti ng'emitima gibalumira ebyabwe ate nga ne webaali embeera yali buli lunaku eyongera kubijja. Ekikangabwa ky'okufa kwa Zaina nakyo nga ffenna kikyatukubye encukwe, ekyobeera nga kinnyise emitima gya bonna, leero abawala nga basiiba mu maziga era ne bagasulamu. Emmere nayo ng'efuuse kamere, amazzi nga ga kkekwa, ate nga bangi ku mpunzi, bayite ababuundabunda, ng'emisujja gibajoonyesa, wamma nga tukondobye tukozze tuweddewo era nga buli omu ayoya kudda ka!

Abavumu abaasookayo badda ne batutegeeza nti bbomu nnyingi zaali zigudde mu luggya lwaffe kyokka ennyumba yali erutonze nga ekyaliwo. Twassa ekikkowe era mangu ne tusibamu ebyaffe, ye nno bimeka, ne tudda e Kyannanjula. Okutuukayo nga mu mmwanyi we twaziika ebintu byaffe ekikompola we kyakubira ddala era tetulina kiramu kyonna kye twaggyamu. Essowaani yange jjajjange Yowannina Nabiranda gye yali ampadde okunkulisa okumala omugigi, yansaala bya kitalo! Enju yo yali tekubiddwa wadde eminyolo gyonna mu nzigi temwali na gumu. Ennyumba yali efunye enjatika ez'amaanyi, ezaagireetera okugwa oluvannyuma lw'emyezi nga giigyo. Munnange nga tudda mu maziga kwekaabira. Ekibanja kyonna nga nsiko. Baliraanwa nga tetubawuliza gye baali bawungidde, ab'eŋanda zaffe abaali ku kibuga ne mu masomero nga tetumanyi obo baalwabula. Obudde obwo nga tewali masimu gano ga mu ngalo nga bwe guli kati nti munaawuliziganya.

Nga wayise emyezi esatu oba ena okuva lwe twava mu masomero olw'olutalo, twaddayo okukwazza omusomo. Essomero lyaffe temwali ntebe wadde emmeeza emu eti! Ofiisi y'omukulu w'essomero nga naye baagimenya era nga temuli kitabo na kimu. Kyali kya nnaku okumanyi nti ebintu by'essomero ebimu byali bibbiddwa bantu abaali baliriraanye. Kyokka mpola mpola abazira kisa bajjanga ne babaloopa era essomero ne lifunako ebimu ku bintu byalyo ebyali bibbiddwa mu lutalo. Abayizi ffenna nga tulabika bubi olw'enjala eyali mu byalo era nga bangi engoye twambadde za biraka bwe zitaabanga za bituli. Ekibiina kya Bakanada ekigabi ky'obuyambi ekimanyiddwa nga *CARE* kye kyatujuna ne kituwayo ku bitabo n'ekkalaamu. Abasinga obungi nga ebitabo byaffe mwetwali tuwandiika tetukyamanyi gye biri, nga abasomesa balina kuddamu buto bye baali batusomesezza. Mu budde obw'okuwummulamu nga tunyumya lutalo lwokka. Olwo nga Amin amaze okukunkumulwa omukono mu kibya, kyokka nga lwo olutabaalo lukyakwajja okweyongera eri mu bukiikakkono.

# 4. Ekuba omunaku: Maama atufaako

Wadde olutalo lwali lugenda lutuva ku mumwa, zo enkwagulo n'enkovu ze lwatulekera, naddala ezitalabika, zaali nkukunavu nnyo mu mitima gyaffe. Olutalo lwatukuba obwavu ne tufuukira ddala enkujje era empongabyooya, nga kitaffe n'ennusu ekuba ennyonyi talina w'agiggya. Ente zaffe ennusubulaaya zonna zaafa olw'endwadde n'ebbula ly'eddagala, sso nga mu kutunda amata mwetwaggyanga ensimbi ezisinga. Ebbeeyi y'emmwanyi yali ku ttaka ate nga n'abaguzi bakwegayirira bwe wabanga obalabye. Kitaffe olutalo okubalukawo yali atutte ensawo z'emmyanyi kinaana ku sitoowa y'ekibiina kyabwe eky'obwegassi era nga tannasasulwa. Eby'embi emmwanyi zonna zaayokerwa mu sitoowa mu lutalo era bannyinizo ne bafiirwa awatali kuliyirirwa kwonna. Enjala nayo yali etwezinzeeko wamma ggwe nga teri buddukiro.

Obwavu nga butusibyeko akanyaaga, titunnalaba ngeri ya kubwetakkuluzaako, maama eyali omuzito era ng'asuliridde, n'akwatibwa olusujjasujja kyokka ssente wadde egulira omulwadde *aspro* nga teriiwo. Maama yantuma ŋende nsime emirandira gy'omululuuza ngimufumbire anyweko alabe oba omutaka w'Engeye agenda. Akawungeezi ako yafaanana okuba ng'azzeemu olungubaanguba. Kyokka nga bwe bagamba nti obulwadde bukula kiro, ekiro ekyo yasulira ddala ku tebuukye. Enkeera taata yeeyazika akagaali, anti eyiye baali bagibbye, ne bakuluggusa maama okumutwala awo ew'omusawo mu kabuga k'e Bukunda. Bwe nkulimbanga nti mwalimu wadde ekkerenda erimu ery'eddagala! Enkeera bampaliriza okugenda ku ssomero kyokka nga nze njagala kusigala ku lusegere lwa maama. Wadde nnagenda, natwala mubiri ku ssomero kyokka omutima nga gundi ku maama. Saalinda na kututa okuva ku ssomero ne ntolokayo, era okuweera nga ndi ku kalwaliro. Nasanga maama tafaananika! Yali asumulukuse kyokka nga ali mu bulumi bwa kitalo. Yali atuuyana nnyo era nga yenna apeeruuse. Yankwata ku mukono, wabula ng'ayokya nnyo, n'aŋamba ebigambo ebyasuula ewala emmeeme yange n'ennennyika, era ebyasimba amakanda mu mutima gwange nga na buli kati bye binviirako okukola bye nkola.

Ng'omukka awambira muwambire era ng'ebigambo biva wala yaŋamba nti: "Mwana wange, okimanyi nti nkwagala. Ggwe mulenzi omukulu mu maka muno. Beera wa buvunaanyizibwa, tewetwalanga nti

oli muto. Bannyoko bonna tebaliiwo naye obagumyanga era obaagalanga nnyo. Sookanga kweyagala ggwe kennyini n'okweyagaliza ebirungi, olwo olisobola okwagala abalala n'okubaagaliza ebirungi. Buli ky'okwatangako okukola nga kirungi, kikole n'omutima gumu era kimalireengako amagezi go. Buli kirungi ky'okola bulijjo fuba okulaba nga ggwe osinga okukikola obulungi. Ebiruubirirwa byo olisobola okubituukako singa oliba mukozi era omutetenkanya. Tosibanga busungu, kuba bulwaza ggwe abusiba oluusi nga ne gw'obusibidde tamanyi. Tobanga na mpalana; n'akukoze ekibi omalanga galeka ne weyongera mu maaso. Tososolanga mu bantu olw'enzikiriza zaabwe oba amawanga gaabwe oba enfaanana yaabwe. Kimanye nti bonna bantu nga ggwe era tolina ky'obasinza, nabo tebalina kye bakusinza, ng'omuntu. Wadde ekyo nkikugambye, manya nti kirungi nnyo okuwasa mu ggwanga lyo era ne mu nzikiriza yo kuba ekyo kiyamba nnyo okukuuma obufumbo. Nga tonnawasa, wegenderazanga nnyo abawala, n'amaka mwe bava. Era mwana wange, towasanga omukazi atasomye. Nga olina by'okoze ebitatuuse, tomalanga biseera nga weesaasira n'okwekubagiza, kuba ky'okoze oba okikoze era oba tokyasobola kukizzaayo. Awo nno kigasa ki okudda ku kiyise n'otalowooza ku ngeri yakukolamu bulungi omulundi omulala? Happy, totyanga kwenenya". Wano yasirika ne ndaba ng'amaziga gamuttulukuka. Nnagamusangula, n'asika omukka mungi ng'aguzza munda, n'ayongera mu ddoboozi ezimeevu nti: "Tom, mmanyi ojja kusoma otuuke n'e Bulaaya. Kwananga emikwano emirungi. Wewale abantu ab'amayisa. Obeeranga wa kisa naddala eri abaana abato n'abanaku abeetaaga okujunwa. Toboggoleranga muntu n'omu. Buli muntu omuwanga ekitiibwa kye ng'omuntu. Bato bo mubalabiriranga bulungi. Abaana bange abawala ndabye obutabasiibula naye kale ggwe…" Ebyo ebigambo teyabimalaayo n'asirika!

Kitange naye awo we yatuukira ng'aleese obutunda n'ebyenda bye batera okufumbira ba nnakawere. Gye yakuba eriiyo ng'omukono gwa maama ogwa kkono gugudde eri ggalabanja ate ogwa ddyo nga ngukutte ngusika nga eno bwe mmuyita nti : "Maama, maama…" Kitange yagwa eri n'akuba omulanga nti: "Iiii nnalongo wange onnanze ki nze…" Nkimanya luvannyuma nti maama yali ayabulidde obulamu bw'ensi eno, nga atulekedde ebbujje eryali lyakazaalibwa. Bw'atyo olutalo olwatukuba obwavu n'atasobola kutwalibwa mu ddwaliro naye n'alugwamu atyo! Nze ya muzira wange.

Bannyinaze abaali mu massiniya baanonebwayo ku bugaali ne bajja nga bakazi battu tebamanyi na kiguddewo. Baamanyira waka nga nnyaffe yali yasomose! Enkuyanja y'abantu okuva e Bule n'e Bweya bajja okuwerekera omukadde maama. Mu bulumi n'okwaziirana okwali awo, ebiwoobe n'emiranga, mwe mwali n'omukazi omukadde eyakaabanga ng'agamba nti: "O oo sso mukyala Gyagenda, nnyabo omukazi ow'ekisa, eyasalawo okulonda enfuuzi n'agifuula omwana wa boobwe, yii Mukama lwaki abalungi obaddukira mangu…" Wadde twali mu maziga na mu kukungubaga, ebigambo by'omukadde oyo byasigala bibbulukuka mu bwongo bwange okumala emyaka mingi, okutuuka lwe nnabiggukamu ebbanga ttono ddala eriyise, ne neewuunya!

Faaza Kasule eyayigiriza mu maziika yatendereza maama ng'omukazi munnaddiini ddala, abadde ayolesa ekisa eri abantu bonna, naddala abato, ate nga mujagujagu ebitagambika. Yamwogerako nga abadde luwagga w'ebibiina by'abakyala eby'okwekulaakulanya, omuzadde wa bonna era omufumbo omutuufu ddala, abadde atakabanira embeera y'abaana ennungi. Omwawule w'obusumba bw'e Kabuwoko n'omuwalimu nabo baayogera kumpi ebigambo bye bimu ebitendereza maama ne bagattako eky'okuba nti yali tasosola bantu lwa ddiini zaabwe oba amawanga. Ekibinja ky'abalokole kyayimba ennyimba ezitendereza Omutonzi olw'ebitone bye yali yawa maama, wamma ggwe ne batunaazaako ennaku n'ennyiike eyali etubuutikidde akaseera ako. Bingi ku bantu bye bamwogerangako nze nga nasangibwa sibimanyi na kubimanya. We nnali ne bannyinaze, ate ne mpulirira ddala nga tufiiriddwa omuzadde abadde ayagalwa ennyo abantu era abadde abagasa obwenkanidde awo. Amaziga ne gayiika buto! Awo wennyini we nnasalirawo okukola ebintu nnyabo by'abadde akola, nga nkuze.

Ng'omwagalwa waffe atuviiridde ddala ku maaso, tumulesse emagombe, enviiri gye zittira g'omuddo, gye batambulira ku mugongo ng'eryato, nga n'abakungubazi baabuse bazze ewaboobwe; nga maama we yatuulanga tulaba kifo era nga tufuuse ba mulekwa, waaliwo abantu bangi naddala ab'omuliraano n'ab'ekyalo abaatubudaabudda ennyo, nga mu bo mwalimu n'omukyala omuwanvu, okusingako ku mugenzi maama katono, nga munenenene wa maaso matonotono meeru, era nga malungi, ng'ayogera ayanguyirizaamu. Mu ndabika nga muto katono ku maama. Mbu yakoleranga ku kibuga, kyokka nga maama okufa yasangibwa azze ku kyalo okulaba nnyina, Namwandu Lulenti,

ennyumba mukaaga okuva ewaffe, era mbu yali ku luwummula lwe lwe bayita *liivu*.

Omukyala oyo yanfaako nnyo ne bato bange abalenzi ababiri, era n'aleetera obugoye n'amata ebbujje maama lye yali alesse. Oluvannyuma ebbujje yalitwala mbu mu basawo abaali bajja okusobola okulirabirira obulungi. Omukyala oyo nnamwewunya olw'omutima ogwo! Bwe nabibuuliramu mwannyinaze Flora  n'ankayukira, kye yali takolangako, nga bw'aneesammulako nti, "Tombuulira mbu mulungi, mulungi ki oyo?" Flora olwo yali mu Siniya yakubiri mu ssomero ly'abawala e Bulinda. Ekyamuggya mu mbeera nga mmubuulidde ku mukyala eyatugirira ekisa nga nnyaffe atufuddeko kyannema okutegeera. Kyokka olw'okuba nti yalabikira ddala nga munyiikaaavu ate nga nange neesisiwadde olw'okumboggolera kwe saamanyiira kuva wuwe, saakimubuuza.

Ng'ennaku ez'okukungubaga ziweddeko naddayo mu ssomero. Bayizi bannange bonna baali bazze okuziika era bansaasira nnyo n'amataaba ne bampa. Mu bonna eyasinga okunfaako n'okunnyamba ennyo yali omuwala oli Solome Bangissibanno. Emirundi mingi yajjanga n'atuula wendi n'ateeka omukono gwe ku kibegabega kyange, omutwe gwe n'agussa ku gwange n'akaaba nga bw'ansaasira okufiirwa maama. Olw'okuba nga nnali mpitiddwako ebintu bingi ebyali bisomeseddwa, yampa ebitabo bye ne nkoppolola ebyali bibaweereddwa era oluusi nga ankoppolorerako, ate ekyo bwe kyaggwanga n'ampisizaamu. Yafuukira ddala musomesa wange, sso nga bwe nnabagambye, twali tukuulana mu kibiina. Mu kulaba kwange, yandibadde afunye kakisa okunsinga, era yandibadde tafaayo kulaba nga ntuuka we bali. Nnamwewunya okulaba nga ekyo si kye kyali ekirowoozo kye! Nzijukira lwe twakola ebigezo ebyali bitutwala mu kyomukaaga. Natuula ne Bangi era mba nneetakula omutwe nga nnemeddwa omuwendo mu Kubala, n'addira olupapula lwe kwe yali atadde *ansa* ze n'alunsindikira ng'ayagala nkoppeko!! Nze nnali simanyidde kukoppa, kuba be nandikoppye nze nnali mbasinga bulijjo, kyokka guno omuwendo gwali gundippye, laba mwana muwala bwe tuvuganya bw'ampa olupapula lwonna!

Bangi yanjagalira ddala ate olw'okuba bannyinaze, okuggyako Nansamba, bonna baali mu massiniya, ye yadda mu kifo kyabwe. Nga ŋenda okusoma ku Ssande, nga tugenda ffembi ye ne yeeyongerayo ku Kkanisa gye yasabiranga. Olw'okuba okusaba kwabwe kwalwangawo, bwe nnavanga mu Mmisa yaffe ku Ekeleziya nga ŋenda ku Kkanisa nga mmulinda tudda ffembi eka. Ku luzzi nga tuutwo, mu nku nga ffe baabo,

wamma nga tufuuse kkovu na ssonko. Nze wadde saali muyimbi ate ye nga bw'alya mu ndago n'emigga giyimirira ne gimuwuliriza, nnayingira kkwaya y'essomero, si lwa kwagala kuyiga kuyimba *so- lo- fa*, wadde nnaziyiga, wabula lwa kwegomba kubeera kumpi na Solome, anti nga saagala kuva wemmulabirako. Yammalako nnyo ekyoobeera n'ekiwuubaalo, era mpola n'atandika okunneerabiza maama, akaseera ke twaberanga ffembi.

Hmmm, kale omuntu gwe saalabangako kalungi ka nnyo kamunneegombya laba bw'afuukira ddala enfiirabulago yange. Tolabanga nno oli nga ali n'omuntu we ne weebuuza kye yamwagalako ate nga ggwe olaba tasikiriza. Lugaba ng'atugabira ebirabo yatuwa bya njawulo, bwe tutyo buli omu asobole okubaako munne. Oyinza okusanga omuwala omubalagavu kyokka ng'eddoboozi lyamusaakaala n'empisa nga zaamusiiwuuka; n'osanga eyasena akatono ennyo mu luzzi lw'obulungi, nga ekisa ky'alina kizibu. Osanga omuwanvu omugoogofu ng'amagezi yagaleka wansi ate nnakampiginya nga gamwesera. Omuzannyi w'akapiira ebya katemba biyinza okumugwa kkono ate omuzinyi nnakinku nga okuyimba akooka bukoosi! Wamma ekyagaza omubi, omulungi takimanya. Kale lwaki odda mu kwekubagiza n'olemwa okweyagalira mu birungi by'olina, n'obikuza era ne bikuyamba okweyimirizaawo n'okuyamba abalala? Ebitone tulina bya njawulo kyokka Katonda abigaba ye omu.

# 5. Milly, Muka ssebo

Ebiro nga byezingudde bingi nga n'ennaku ya nnyaffe etandise okuzimeera mu birowoozo byange, anti: "Obujja dda", baabugamba nti: "bukuyisa ku malaalo ga nnyoko ng'oyimba", kitaffe n'atugamba ekigambo ekyaggya bannyinaze mu mbeera. Tuba tumaze okulya ekyeggulo era nga n'essaala ez'olweggulo ziwedde, nga twabuka tuti buli omu agende mu kiriri kye, kitaffe n'atugamba nti: "Abange, musooke mulindeko okugenda nnina kye mbagamba". Ffenna twaddawo ne tutuula mu ntebe, anti obutafaanana baana balala ku kyalo, ffe taata teyatugaananga kutuula mu ntebe, era n'okulya twaliiranga ku mmeeza. Twamwegeka amaaso, amatu ne tukunkumula, kuba kino yali tatera kukikola. Nze nno eyali ayise ku mukadde Nzereena, muliraanwa owo mu ddembo, nga ssimulamusizza, omutima ne gunzira ku kamwa nga ndowooza nti omukulu agenda kunvunaana. Wadde teyatukubanga, naye ng'okukuvunaanira mu banno kuswaza. Akataala ka *munakutaadooba* akaamuli mu maaso ku kameeza awo yakasembezaayo katono, n'agogola emimiro n'agamba nti: "Baana bange, mbeebaza okweyisa obulungi ennyo okuva nnyammwe lwe yatuvaako, era munnaazizzaako amaziga. Omanyi tosobola kubeera muzadde mulungi okuggyako ng'olina abaana balungi. Era Katonda mulungi kuba muto wammwe, Kirabo Lutalo Muwonge, omugenzi gwe yaleka, nnali simanyi kya kumukolera, laba bw'aleeta mukyala Milly, amulabiridde obulungi; omanyi muto we musawo e Mulago. Omukyala oyo alina omutima tegusangika, baana bange. Nnammwe njagala mubeenga n'omutima ng'ogwo".

Nze emmeeme yanzira mu nteeko ne nzisa ekikkowe nga ntegedde nti tatuyise kunvunaana. Yakololamu n'ayongera nti: "Njagala okubategeeza nti oluvannyuma lw'emyezi gino gyonna nga tukungubaga kirungi mufune nnyammwe omulala, abalabirire, ababudeebude, abayigirize eby'ekikazi, abakyalire ku masomero, nammwe muddemu okusanyuka era n'okubeera ng'abaana abalala". Wano yasiriikiriramu. Ng'asimbye enkokola zombi ku kameeza, amaaso ge yagawummuza mu bibatu bye, mpolampola, engalo ze ne ziyita mu nviiri ze, ezaali ez'omunguuba, n'awagaanya amaaso wakati w'ebibatu bye n'atutunuulira. Ffenna nga tugamwegese, nga kkapa eguumiise emmese, yassa ekikkowe n'ayongera nti: "Baana bange ŋenda kuwasa

mukyala Milly. Mwetegerezza bulungi, tajja kubajuza. Teggya kuba mbaga; tujja kugattibwa mangungu mu Mmisa ey'olunaku olwereere".

Mwannyinaze Flora teyalinda taata kumala bigambo mu kamwa, n'abaguka mu ntebe mwe yali atudde, ne yeekwakkula nga yeekandula agende, nga bw'ayogera nti: "Oyo Milly nze okumuyita maama, bambika; ssiya!" Nnali sirabanga Flora nga avuddeko waya atyo n'atuuka n'okweyisiza obubi atyo mu maaso ga taata, kye nnali sirowoozanga nako nti kikolebwa omwana eri mukadde we. Yali mu ssiniya yakubiri, ndowooza nga ne kavubuka amuwaga. Juliet Namatovu eyali mu ssiniya eyokusatu, ye yayogeza bukkakkamu nti: "Taata omukazi oyo totuleetera mpozzi oyagala ffenna tufe tuggwewo". Wadde taata yatukwasanga kisa nnyo, naye bwe byatuuka wano n'akalala, n'akangula ku ddoboozi, n'alagira abaali bayimiridde nti: "Mutuule mangu nga nkyaseka. Oo, nga ani yabawa obuyinza okunziramu mutyo? Hmm, kale Juliet mbuulira, okiggye ku ki okugamba nti mukyala Milly okujja wano mpozzi nga ffenna tufa? Baakugambako nti aloga? Oba alina obulwadde obutulira? Juliet yali tannaddamu nga Flora yabakidde dda nti, "Yee, waliwo omukyala eyatugamba nti Milly ye yatta ne maama, ng'ayagala akufumbirwe. Oba taliiko bizibu kiki ekyamugaana okufumbirwa, ndaba wuuyo mukazi mukulu?" Flora olwasirisa ebyo n'atandika okusikondoka nga bw'akaaba. Taata yasiriikirira, oluvannyuma n'atulagira nze ne Nansamba tugende twebake.

Ebyaddirira saabimanya. Wadde neegayirira nnyo Flora ansunireko, yeerema, ne mmanya nti yali wa mmizi nnyo. Wabula kirabika mukulu waffe Jane Nabukenya Alisaba, ataaliwo, kuba yali yasigala ku ssomero nga basoma, engeri gye yali mu ssiniya ey'okuna nga basuliridde okukola ebigezo, ye yali ku ludda lwa taata, kuba bakkaanyanga bulungi nnyo. Wadde nze ne mwannyinaze kwenzira, Alibatafudde Fleria Nansamba eyali mu kyomusanvu, tetwanyega, ne bwetwandinyeze akakisa tetwakafuna, nze muli eky'okubeera ne mukyala Milly nakisanyukira, kuba yandabikira nga muntumulamu. Omukazi ye yali atutte ne muto waffe abasawo basobole okumukuza. Ye Nansamba yaŋamba oluvannyuma nti naye yali akyagadde, anti nga atamiddwa okufumba okwa buli lunaku, kyokka nga akitiddemu mbu kuba abaana ku ssomero banyumyanga nnyo ku ngeri baka kitaabwe gye baabayisangamu obubi ennyo.

Mu luwummula olwo mukyala Milly yatwegattako mu maka gaffe. Yali mukazi muyonjo ate nga alina engoye nnyingi nnyo ez'ebbeeyi. Nzijukira lwe yaggyayo ebiteeteeyi ne sikaati nga kkumi n'abiwa

bannyinaze, kyokka Flora ne Juliet ne babizira. Olulala yagula eby'okulya n'apangisa emmotoka n'atussaamu, nze ne Nansamba, tugende kukyalire bakulu baffe ku ssomero. Ekyanziggya enviiri ku mutwe, era ne njagala ettaka limmire, ebyokulya byonna bannyinaze baagaana okubikwatako, mukazi wattu n'abiwa abaana abalala. Twava ku ssomero nga bambi yenna ayongobedde ajjudde ennyiike n'okusobrwa, era mmotoka bw'etutuusa awaka, n'atukwata ku mikono n'atubuuza mu ddoboozi erijjudde okunyolwa n'okukabirirwa nti: "Nnammwe temunjagala?" Nnasitula amaaso ne ngasisinkanya agage, ne ndaba nga gajjudde ebiyengeyenge, era akataayi tekaasala kkubo amaziga ne gayiika. Nawulira bubi nnyo okulaba omukazi omukulu akaaba nga tafiiriddwa, ne neetoolooza emikono gyange ekiwato kye, ne ndalamira gyali ne mugamba nti: "Nze nkwagala kuba oli wa kisa". Amaziga gannyunguka,n'agansiimuula nga bw'ampeweeta ku kibegabega. Yasekamu, n'asangula amaziga ge, nga bw'afeesa n'agamba nti, "Kale tugende mu nju".

Omukyala ono eyafuuka nnyaffe yali ayitibwa Emiriina Nabankema, ow'Omusu, muzzukulu wa Muyingo e Ssama mu Mawokota. Baganda be ne bannyina nga ku Kyannanjula be basingako obuyivu, mpozzi ne taata. Baali bagagga ba bifeekeera, mbu abamu nga bali mu Amerika. Enju ya nnyabwe, Nnamwandu Lulenti nga ya ttegula, amadirisa n'ensigi nga bya ndabirwamu, ng'erimu n'ettaala ez'amaanyi g'enjuba. Mukyala Milly nga musirise nnyo era nga tapapira bigambo. Yali yegendereza nnyo, nga atya okutujjukiza maama era nga tayagala kutunyiiza. Nze ne Nansamba ne bato baffe abalala abaali basigala awaka, yatugulira engatto, nga n'ebitabo oluggwako atuwa mangu ebipya. Twatandika okunywa ku ssukaali, amafuta nga agula kidomola, nga ssabbuuni takyali wa kwegayirira; wamma obulamu ne bugonjooka.

Kyannumanga nnyo okulaba nga bannyinaze abakulu bayisa bubi omukazi muka ssebo ono sso nga ye teyabalinaako ndibu oba muloboli gwonna. Baamuziimuulanga n'okumuyisa mu mannyo, nga tebamuwulira era nga bamulaga nti bamujooga.Taata nga takolaganira ddala na muntu mwavu wa mpisa kyokka kirabika mukyala Milly teyabaloopanga. Olumu kata mbaloope ewa taata naye ate nga okuloopa Flora mba mmuliddemu olwa Yuda, kuba nnali mmwagala nnyo. Nakanda kubagambanga nti maama ono si mubi, wabula olumu Juliet n'ambwatukira nti: "Kitiza ggwe ne nnyoko oba nnyoko tomanyi we baamuziika", ate Flora naye n'ayongereza okwo nti: "Happy ng'onjagaza emirembe tonnyumiza lukazi olwo. Kimanye nti lu maama lwo olwo

lwantama, lwankeeta, seetaaga. Olulaba okwemwentula, okumwenyereketa ng'ekkovu eriridde akatiko n'okwesirisa oluyita luntu? Tomanyi nti lulinga musota, gunyirira ku ngulu nga gujjudde busagwa! Obugulu bululinga obuti obusokoola amannyo". Ne baseka. "Baluwe okwambala ebiwanvu mbu balutende empisa sso lukweka bugulu okutali ntumbwe. Nze buli lwe ndutunulako mbula kusesema! Leero nno ggwe kitawe okukubuulira mmala bya mu bulago, anti kati osigaddemu kasala kkubo, lumaze okukuwungutula".

Omukazi baamukyawa okumusiwuula ennyindo sso nga bambi teyabakijjanyako wadde okubakiinako. Baamulima ampindi ku mabega, nga
bamukimba, bamukiina, bamubigula, bamuzoola, bamuyisaamu emimwa, bamutenguwa, bamunyoomoola, nga bw'aba tabawulira n'okumuvuma bamuvuma. Nze ne mukulu waffe Nabukenya ng'omukyala tumwagala, ye Nansamba nga nnampawengwa, ng'ejjinja ly'olusalosalo ate nga Juliet ne Flora bo naye tebalabagana. Kirabika waliwo ow'olugambo eyabatuuza n'abagamba mbu mukyala Milly ye yatta maama, nabo ne bakikkiriza era ne kibaziba amaaso n'ebirowoozo nga tebayinza kulaba birungi bye. Olw'okuba nga nze nnali ku ludda olwagala mukyala Milly, Flora yatandika okunneesulubabba, nga nnasswi w'embwa, era omukwano gwaffe omungi gwe twalina okuva obuto ne gugenda nga gusereba lwa nsonga eno.

Nga wayise amazooba nga gaago nga mukyala Milly afuuse nnyaffe, taata yatutegeeza nti tutandike okusiibula mikwano gyaffe kubanga yali afunye omulimo ku kibuga era nga ebula ennaku ntono tusitule. Yayita banywanyi be n'ab'omuliraano okubasiibula. Baakolawo akabaga okwali ne keeke, maama Milly gye yafumba. Nange nagenda mu ba Solome ne mmutegeeza nga bwe twali tugenda ku kibuga. Wewaawo ekirowoozo ky'okubeera ku kibuga kyancamula kyokka eky'okuleka Solome kyancankalanya. Solome nga bw'ayoza ku mmunye, yanzigulirawo katono ne nningiza ku byamuli ku mutima. Yaŋamba nti mu maka mwe yali baali bazirakisa abaamukwata ku mukono okumwola. Nnyina yali yamufaako nga wa myaka munaana ate kitaawe yali tamanyiddwa. Yayogeranga nga bw'akaaba nti: "Tom, ggwe obadde mmwannyinaze, nga bwe nkulaba mpulira essanyu mu mutima gwange. Olina amaaso malungi, olina akaseko akalaga amannyo go agamasamasa, oyogera bulungi, oli mugezi, era mbadde mmanyi tulibeera ffembi. Era Tom…." Yali akyagenda mu maaso ne bamuyita, nange ne mmusiibula, kyokka nga nsigadde nnyolwa nnyo, kuba guno

gwe gwali gusoose omuntu atali wa mu maka gaffe okuŋamba nti ndi mulungi ate nnali simanyanga nti Solome yali munaku okunsinga!

# 6. Ensi ekyuka

**O**lunaku lwe twasimbula ku Kyannanjula ndujjukira ng'olwabaddewo jjo. Lwali Lwakutaano nga kkumi na nnya, mu mwezi gwa Muzigo mu mwaka gw'ekinaana. Enjuba yali evaayo eti, empewo yo ku makya ng'etutintimya, ekimotoka kya Haaji Juma Makenke, ki Toyota *Sitawutu* ne kigoba mu luggya lwaffe. Twasuulako ebintu byaffe, ye nno twalina bimeka, anti byonna byali bitokomokedde mu lutalo, naffe ne tukirinnya, nga tumaze okusiibula abaaliwo, n'okugakaabamu aga jjulujjulu. Ssenga Rooza ye yasigala mu nju n'okulabirira ekibanja.

Ekimotoka kyakubamu emyasi nga giigyo, ne kituumuula erikka, olwo ne kikuula, ne kisimbula, banno ne tusigaza kutambuza maaso. Kyagendanga kyewuuba nga kisala ebinnya, ebirala nga bwe kibyekkatamu nga kibigwamu, nze emmeeme n'ensiikuuka era ne mbuuza embuga. Omutwe gwannuma olw'erikka ly'ekimotoka era ne ndwala; olugendo saalunyumirwa. N'okuba lwali luwanvu luzibu, anti nga situtuuka. Buli lwe twalinnyanga akasozi nga nsuubira nti okukavvuunuka nga tutuuse, nga buteerere. Ebitundu ebimu nnasumagiramu ne sibiraba, kyokka ate bwe twakubanga ekinnya ne mpawamuka. Wadde ekkubo lyali lya kkoolaasi naye nga agannya agali muli osobola  n'okusimbamu ebitooke! Ng'oluguudo lubadde lulungi, olugendo luno baluvugira essaawa bbiri naye ffe kirabika twalumalako essaawa enzingu nga mukaaga mulamba. Twayimiririrako mu kifo ekimu ne batugulira ggonja n'omubisi. Bandokola nno, kuba nnali njaba, enjala ng'ejula kunsowola lulimi, ng'omutemampola gummugunya, gumpa obwala. Gwo omubisi saagunywa nga ntya nti gwaliba nga amazzi gaagwo si mayonjo ate nga ku ssomero n'awaka baali batugaanidde ddala okunywa amazzi agatali mafumbe, olw'okwewala endwadde. Naye bo abakulu baagunywa; kale nze kiki ekyaŋaana! Enjuba eba egolooba ne tutuuka.

Ennyumba mwe twayingira yali kumpi Buganda bulamba! Nga ebisenge ebisulwamu birimu bina, nga mulimu ekinaabiro, omwali ekibakuli omutaggwa mazzi, kye nnamanya oluvannyuma nti kyali kaabuyonjo! Yii, bannange, ate aka Mugwanya (akayu) okubeerera ddala mu nju nga sikirabanga! Abalenzi twawebwa ekisenge ekyaffe n'abawala bwe batyo. Olwamala okutereeza byonna ne batuyita ne tudda mu ddiiro okusoma essaala n'okwebaza Omutonzi eyali

atutambuzizza obulungi. Omuwala omutoototo gwe twasanga awaka yatuwa ka caayi ak'amata nga kuliko n'omugaati n'omuzigo gwe bayita *Blue Band,* ogugendera ku mugaati. Nze ogwo omuzigo gwe balya nga mubisi saagulya anti nnali sigulabanga! Emmere omuwala yagifumbira awo mu nnyumba ku masiga amazungu ge nnatunuulira ne ndozoolera. Yanyiga bunyizi kapeesa, eyanonye amazzi emugga aba tannadda nga emmere eyidde! Yii Kazooba!  Nze munno nga ebyo byonna ndaba byewuunyo, nnyamaaliridde, ndi mu kunyenya mutwe ng'embuzi etenda enkuba!

Emmere olwagiggya mu kamwa ne tutuulako awo mu ddiiro ne bassaako ttivi, ne tulaba ebifaananyi ebitambula nga n'okwogera byogera! Oyinza okulowooza nti olugendo lwali lutumenye, wewaawo, naye nze wennatuula saaseguka wadde okwenyenya era nga amaaso ntaddeko emmambo sikulwa nga wabaawo ekimpitako. Nkugambye ttivi yamala kuggalawo ku mukaaga ogw'ekiro ne ndyoka ndaba erintwala mu buliri. Ye nno mbe nga nnabyebakayo! Anti obudde bwonna nga ndi mu kwewunya embeera  ennungi gye twali tuzzeemu, kyokka ate ebyo bwe nnabizzanga ku bbali ne nneeraliikirira essomero eppya bwe linaabeera. Musajja wo nnali nva mu kyalo nga n'Oluzungu sisobola ku lwogera, ate nga baali baŋambye nti mu kibuga abaana Oluzungu bafuuwa lufuuwe, wamma ne ntya. Ebirowoozo bwe byawamatukanga eyo ate ne bisibira ku Solome ne mikwano gyange be nnali ndesse e Kyannanjula; amaziga ne ganzitulukuka.

Ennyumba eno amakula yali ya mukyala Milly nga yagisikira okuva ku kitaabwe eyali omugagga ffugge. Wano we nnasookera okusula mu nnyumba erimu amasannyalaze n'amazzi, nga ekinaabiro ne kabuyonjo nabyo biri munda, nga mulimu n'essimu ey'olukomo. Mu mutima gwange nalayira obutaddamu kusula mu nnyumba ya mutindo gwa wansi ku eno okuggyako nga nkyadde bukyazi ne ngisanga ku bugenyi.

Enkeera Ddunda yabuggyako bulungi eddiba era tuba tutudde awo ku bbalaza eddene, ng'omukozi ategeka caayi, ne ŋamba Nansamba mu lulimi lwaffe lwe twakozesanga nti: "Mwana *siisi* kino kika! Omwana w'omuntu awonye okwereega n'enkumbi nga alima, okumenyeka ensingo ng'akima amazzi, okufumitibwa amaggwa ng'atyaba enku, nokukwata emisota mu maaso ng'asala essubi. Essi, kakubye!! Kati nze ŋenda kukwata *book* era *first grade* bw'ekulema towoloma, kuba Katonda tolina ky'omubanja! Kyokka ggwe nkusaasidde kuba si kw'eno *geeti*, tolina w'ojja kuyita kugenda kulaba…" Mba sinnakijja na mu

kamwa n'abimmizisa, kyokka era mu kusaaga nti: "Jejemba nno nabyo, olugambo olukuli; olinga gwe baaloga olologe; leero mpozzi kyotolabye. Mwana wa nnyabo ojubisa, ye singa wali mukazi wandibadde nnakamwantette aluggya emitala n'alukooyesa okulutuusa emitala! Oh, olokompoka!" Ko nze: "Yee, ka mbikugambe oba wali olowooza sibimanyi" Twatunuuligana ne tutulika ne tutyetyeemuka nnyindo yankolera.

Omukozi, Teddy Tumusiime, eyali Omukiga, ng'era Oluganda ajobojja lujobojje, yatuyigiriza okussaako n'okuggyako ettaala, enkozesa ya kaabuyonjo ey'amazzi, engeri *koyiro* ne *kuuka* gye bikolamu okufumba ne kalonda omulala eyali omupya ennyo ku ffe.

Taata ne mukyala Milly bo baabukeereza nkokola kugenda, ndowooza ku mirimo, ate bakulu bange bo baasiiba mu kisenge. Nnateebereza nti oba baali bali mu kwekobaana kulaba ngeri empya gye banaajoonyesaamu muka kitaffe, oba baali bafa ensonyi okulaba ng'omuntu gwe baali bakijjanya yali abatuusizza mu bulamu obwegombesa, oba baali mu kulanga nviiri oba mu kutegeka bya kudda ku masomero, wamma saamanya kituufu kye baaliko. Naye nze ne Nansamba olunaku lwatugendara bulungi nnyo, twabaalabaalako mu luggya, emmere twalya nfumbire era nnimire, tetwakwata ku mpeke ya kalimo konna kw'olwo, anti n'essowaani Tumusiime ye yazitegula.

Omulimo taata yagufuna mu Kampuni ya mukulu wa mukyala Milly gwe baayitanga Cate Nansimbe nga ne Kampuni eyitibwa *Nansimbe Estates.* Buli lwaggulo nga taata adda n'omugaati omunene wamu n'ebipakiti by'amata bibiri. Bwe yabanga si y'abireese nga mukyala Milly y'ajja nabyo. Kirabika baateesanga, ani anaaleeta.

Natandika okusoma mu ssomero eryali awo okumpi ddala n'awaka. Ennaku ezaasooka zampisa bubi nnyo ne njulirira Kyannanjula Primary School. Abaana baanjerega mbu ng'Oluzungu ndwatula nga Luganda ate nga n'embogo nkuba nzibu! Ha, abaana baanjonyesa ne nejjusa ekyandeeta. Kino kyandeetera okusirikanga mpone okumpoowoola n'okunsekerera. Olusoma olwasooka saakola bulungi; ggwe omuntu eyali amanyidde ekifo ekisooka okubeera ow'ekkumi n'omusanvu ku bayizi 54, kyankuba wala era ne lipooti kata nneme okugitwala eka. Mukyala Milly ye yanzizaamu amaanyi bwe yaŋamba nti nnali nkoze bulungi kuba ye yali *term* esoose nga nvudde mu kyalo, era n'aŋŋumya nti nnali wakukola bulungi olusoma oluddako. Era mwattu bwe gwali. Natandika okufuna emikwano, n'ebintu byagenda binfuukira

bitangaavu, era omwaka okuggwako nga bangi ku abaali banseka banneegomba.

Oluwummula olwaddako nga ffenna weetuli awaka, kitaffe yakolera baaba Nabukenya ne Nansamba akabaga okubakulisa *UNEB*. Nabukenya yali atudde ebigezo ebya ssiniya eyookuna ate Nansamba ng'amalirizza ekyomusanvu. Taata yali ayagala nnyo okukola obubagabaga okutusanyusa ate ne maama Milly nga naye tayagala kutujuza. Kano akabaga kaali kanyuvu nnyo, ebyokulya twasindisa bigere ate sooda nga n'ow'emmindi asena. Ebitamiiza byo byali muziro awaka waffe, nga abakulu bwe baba banyweddeko banywerayo tebabireeta waka, ate baanywangako katono nga kizibu okubamanya nti bakombye ku ntabaazabakadde.

Buli omu ku ffe yawa abajaguza akalabo oluvannyuma lw'okubasuulayo obugambo. Maama Milly ye ate yakolawo ak'enjawulo, anti ffenna yatutonera ebirabo. Nze yampa Enkuluze y'Olungereza (*dictionary*) gye nnasanyukira ennyo era gye nasomanga ng'asoma ekitabo ekirala, nga ngiva ku ddiba okugituuka ku ddiba, nga nkusuwaza ebigambo by'Olungereza. Okugenda mu ssiniya n'okutuuka okugimalako nga ndi omu ku bayizi abaali basinga okuwandiika, okusoma n'okwogera Olungereza. Fleria ye yawebwa kiteeteeyi eky'ebbeeyi ennyo n'akatabo ka Omukenkufu Michael Nsimbi Bazzebulala akayitibwa *Kagenda ne Banne*. Bwe yatuuka ku baaba Jane, yamwebaza obunyiikivu; ekirabo yamuwa kya mulimo mu budde bwe obw'oluwummula oluwanvu.Yali wa kufumbiranga bakozi caayi mu ofiisi za *Nansimbe Estates*. Yamubuulirira nti teri mulimo mubi, nti era e Bulaaya abavubuka nga ye baali ssente baziggya mu kuweereza mu wooteeri, ne bafunamu ensimbi ezibasobozesa okwegulira n'emmotoka. Wadde baaba kino teyafaanana kukisanyukira nnyo kyokka yakisiima, ate nga bwe bagamba nti “akutwala ekiro omusiima bukedde”, yaganyulwamu nnyo oluvannyuma. Yamusuubiza okumuwola ssente ez'entambula, n'amuwaayo n'engoye mwanaakoleranga. Yamutonera n'akatabo ka Ben Carson, *Think Big* n'akalala aka Dale Carnegie, *How to Win Friends and Influence People*. Ebitabo bino baaba yabinjazika ne mbisoma emirundi n'emirundi era nsuubira nti nga nnyongereza ku birala bye nzize mpitamu, nga seerabidde na bigambo bya maama, nange mwe najja amagezi kwentambulizza obulamu bwange okutuuka kati.

Maama Milly bwe yatuuka okuwa Flora ne Juliet ebirabo, nze we nnali emmeeme n'enneewanika, anti kye baali bamukoze lwe twagenda

ku ssomero okubalabako nnali sikyerabiranga. Yayimirira mu maaso gaabwe, anti baali batudde kumu nga baliraanye, n'akwata mu kiboxi mwe yali aggya ebirabo, n'atoolamu engoye ezaali ku mulembe obudde obwo, buli omu n'amukwasa lumu, n'agattako obutabo, *Ndikumma Okulya*, n'akalala mu Lungereza, *How to stop worrying and begin living*. Baayimirira ne bakwata ebirabo byabwe, ate ne bafukamira mu maaso ge ne beebaza. Ebigambo "Webale nnyo nnyabo weebalire ddala" byayogerwa Juliet, ye Flora, ng'addidde olugoye lwe bamuwadde olukwatidde mu maaso ge yatulika n'akaaba bukaabi! Maama yafukamira n'amuwambaatira nga bw'amusiisiitira. Mu bigambo ebijjudde amaziga n'okwemenya bino bye nnawuliramu, anti yayogeranga ajjonkera: "Maama nkusaba kutusonyiwa…"; ogwo gwe gwali gusookedde ddala Flora okuyita mukyala Milly "maama". Yayongerako nti: "Nze ne Julie tukuyisizza bubi okuva lwe wajja kyokka ggwe n'otokitwala ng'ekikulu era n'oyongera okutufaako n'okutukolera eby'ekisa. Obulamu buno obulungi ggwe obututuusizzaako ne muto waffe, Kirabo, maama gwe yaleka nga muwere n'omulabirira. Mpulira ensonyi mu maaso go, nnyabo, nkusaba otusonyiwe". Wano yayongerera ddala okukaaba ennyo, taata n'asituka we yali n'agenda afukamira abawala we baali, n'abeetoolooza emikono gye, n'assa omutwe gwe ku gyabwe nga bw'abasirisa. Nga bamaze okumira amaziga, maama Milly yasigala awo mu maaso gaabwe, naye ng'amaziga gamujjudde. Bwe yaweera, mu ddoboozi lye eritapapa n'agamba nti: "Ensi eno erimu ebigezo ebitujjira era bingi situsobola kubiziyiza. Okubinenyeza abalala n'okumala obudde bwonna nga twekubagiza tekituyamba. Baana abange, kati mukuze, mulina okuyiga okusigala nga muli bantubalamu wadde mu buyinike, eno nga bwe munoonya amagezi ag'okusomoka ebikalubo ebiba bibajjidde. Obugumiikiriza buwanguza bingi, ettondo lisima ejjinja. Oli ne bw'akukyawa n'akusibako ebigambo, nga mu mutima gwo okimanyi si bituufu, tomusibiranga busungu era tomukoleranga bubi. Ekyo n'eddiini ekituyigiriza. Obusungu bulwaza abusiba, obuggya buluma abulina, ettima lifumita alirina; naye oli gwe bakyayira obwemage, gwe bakolera ettima, gwe bakwatirwa obuggya, asigala mulongoofu, oluusi nga n'obusanyufu musanyufu. Temuwooleranga ggwanga; okwesasuza kwongera njawukana na bukyayi, mirerembe na mineene. Nga wabaddewo ebikulumya n'okukucankalanya, lekanga kiruyi kukimalira ku ba-ssaalumanya. Temutulugunyanga bantu naddala abaana abato, kubanga ky'okola omuto takyerabira, kibe kirungi oba kibi. Katonda asasula bulungi

ab'omutima omulungi n'emmeeme omutali kko. Mubeerenga ba kisa. Mukoze bulungi okusaba ekisonyiwo, kyokka nebwe mutaalikinsabye nze nnali nabasonyiwa dda. Ebbanga lye mumaze nga munneeyisizaako bubi, mbadde mbasabira. Kyotosobola kukyusa okikwasanga Katonda. Kale temuvanga ku ddiini. Ekisembayo, omuntu ng'omusonyiyе lekanga ate kubeera ng'omujjukiza bye yakukola bye wamusonyiwa. Njagala mumanye nti mbaagalira ddala". Yabasiimuula amaziga, buli omu n'amunuunako ku ttama. Taata n'aŋamba nteekeko oluyimba tuceeze.

# 7. Akalulu ka 1980 n'abayeekera

Emirembe gyasikirwa emirerembe nate oluvannyuma lw'akalulu ka 1980, akaategekebwa ng'omumpembe Obote, *Nyamurunga,* akyusizza obuwufu okuva e Tanzania gye yali awaŋangukidde, oluvannyuma lwa Idi Amin okumukunkumula omukono mu kibya mu busambattuko n'obujagalalo bw'ebyobufuzi obwaliwo mu 1971. Oluvannyuma lw'olutalo lw'Abakomboozi, abantu baali balowooza nti lwe bawonye Naakyemalira, Kijambiya, Filidi Maasho, Idi Amin, Dada, eyali ababuzizza embiibya olw'effuga bbi lye, banaafuna akalembereza ne bakkalira okunyiga ebiwundu n'okulaba engeri y'okwezza obuggya n'okwekulaakulanya nate. Kyokka bambi baakoma ku njokye anti bannabyabufuzi abazoole tebaabaganya kutebenkera!

Akalulu akaakubwa mu Ntenvu w'omwaka ogwo, wakati mu nnamutikkwa w'enkuba eyatonnya okuzibya obudde kyokka abantu ne bagigumira nga basuubira okwerondera gavumenti gye baagala, eneebakolera ku byetaago byabwe. Obudde obwo nga ebintu nga ssukaali, omunnyu, ssabbuuni, ebibiriiti, amafuta, nga bisimbirwa nnyiriri okubigula era nga waliwo ne Minisitule ya gavumenti nnamba ekola ku kugabanya ebintu ebyo. Buli kantu nga ka kkekwa, ate bwe kaalabikangako nga kagula  buwanana. Mu byalo ng'abaana tebamanyi kye bayita ssukaali oba omugaati. Engoye nga bazoozesa bikoola bya mapaapaali. Abagezigezi nga bafumba amasavu ne bagagattamu ebiwata bye baakazanga ne babisekula, nga oyo ye ssabbuuni. Ye mbuuza nti zo engoye nga balina mmeka! Bangi nga bambala olugoye lumu lu *kalibakambwa* oba *munnoomulesseewa*! Abaalina ebikajjo nga babisekula ne bassa mu caayi okufunamu ku kye bagamba ekizaala enkenku, ekiwoomereze. Wamma ggwe embeera y'ebyenfuna nga ngootaamu nnyo, ng'eggwanga teririna ke likola, wadde empiso. Amakolero gonna Amin yali agagabidde banywanyi be abalumampagi, abagwagwa abataalina kye bamanyi mu ngeri y'okuddukanya amakolero ago. Bwe gatyo gonna ne gagwa era Amin okugenda okukwatibwa ku nkoona, nga agaali amakolero ga ssukaali, seminti, ebibiriiti, engoye, nga nsiko y'eramula, nga gaafuuka mazaaliro ga mmese na misu. Abanywi ba ssigala nga bwe batamukukusa mu magendo kumuggya mu mawanga ag'omuliraano, nga banywa bikoola bya taaba. Mu bitaalirumye bantu ge makolero ga ssigala, anti baawonako okumukommonta okuleetera abamunywa n'abatamunywa okukwatibwa kkookolo w'amawuggwe. Kyokka era n'amakolero ga

ssigala wadde ssigala wa bulabe eri abantu, gaawanga abantu bangi emirimu n'okuleeta ensimbi mu ggwanga.

Abasajja abaweesi ab'e Kaamugenyi be baakwatirira ennyo abalimi nga baweesa enkumbi, ebiwabyo, ebifumu, amajambiya, nnajjolo, n'ebintu ebiralalala ebikozesebwa mu kulima ne mu bulamu obwa bulijjo. Olaba ne sipeeya w'eggaali nga bamuweesa! Ng'okufuna enkumbi *kyapa ggoonya* oba *kyapa nkoko* nga oba oweereddwa nnyo, ate ng'egula busanga. Abasomesa mu masomero nga bambala lugabire; okuyiga nga tekukyafiibwako, nga eŋombo eriwo egamba nti, "Nasoma wa"; anti ba *Mafutamingi*, abanene b'obudde obwo, nga tebaasoma. Nga ekyo kitegeeza nti teweetaaga kuyiga okusobola okuba obulungi. Omuntu okugenda okuyiga obusomesa mu nsangi ezo ng'ensi emala kumukwata n'emunywereza ddala nnyo. Abasinga obungi babanga baagwa ebigezo, anti nga atagudde bigezo tasobola kugenda mu busomesa, ate abandi abaabanga bayise baabugenangamu lwa kubulwa nsimbi ezibatwala mu masomero aga ssiniya. Olw'okuba nga amatendekero g'abasomesa gaayitibwanga TTC (*Teacher Training College*), abantu nga bageeyitira *Taata Talina Cente* (TTC)! Olabye, ako obadde okamanyi! Mu malwaliro nga teri ddagala. Ng'abantu ab'amaanyi aboogera ku gavumenti babuzibwawo obutaddamu kukubwako kimunye. Embeera eyo embi ennyo mu bulamu obwa bulijjo yasindika bangi okugumira enkuba bagende beerondere gavumenti mu 1980. Jjukira nti okuva mu 1964 Bannayuganda baali tebaddangamu kulonda mukulembeze.

Wabula ky'otonnalya nga bw'otolina ku kyesunga, abangi bambi baakoma ku munaabo. Aboobuyinza baasalawo okuwuwuttanya obululu ne balangirira nti Obote ye yali awangudde! Awamu, okubba kuno kwali kwa nkukunala, nga obuboxi omwalibadde obululu bw'ekibiina ekyali kivuganya Obote nga musangwamu bisasiro. Awalala mu bisenge omwali mulonderwa ng'eriyo abajaasi abaali babagalidde n'emmundu, abaatiisa ennyo abantu, abamu ne babawaliriza okuwa Obote akalulu si kulwa nga bakolwa akabi. Awandi ababaka abaali ab'ebibiina ebivuganya ekya *Congress* baagaanibwa okwesimbawo, olwo nga omubaka *Munnakonguleesi* ayitamu bulaambalamba. Mu bitundu UPC gye yalina obuwagizi obungi, nga obululu obuvaayo bungi okusinga n'abalonzi abaaliyo!

Akakiiko k'eby'okulonda bwe kaatandika okulangirira ebivudde mu kalulu, nga byonna biraga ekibiina kya DP kiwangula, era nga ssentebe w'akakiiko amaze n'okukubira omukulembeze wa

*Bannademokulaasi* essimu okumuyozaayoza, nga n'abantu baggyeyo embuuto bakaada mu nguudo nga bwe bayimba olw'essanyu, eyali akulira akakiiko k'ekijaasi, era nga ye mukulembeze w'eggwanga ow'ekiseera, Pawulo Muwanga, yavaayo n'alagira akakiiko k'eby'okulonda obutaddamu kubaako kye kalangirira nga takakkirizza. Obudde okugenda okukya nga ekibiina kya *Congress* kirangiriddwa nti kyali kiwangudde akalulu!

Waaliwo okwesala akajegere, okwegugunga n'okwekalakaasa mu bitundu bya Yuganda bingi, naddala mu Buganda ne mu Busoga. Abantu beeyiwa ku nguudo mu bibuga nga bawakanya ebyali birangiriddwa. Kyokka nga bwe bagamba nti akusinga akukubya omuggo gw'okutte, Pawulo Muwanga ne basajja be baayungula abakambwe nga n'emigemerawala gibali mu mikono, abandi nga balina agatolima, omukka ogubalagala, ebiso n'ebissi ebirala, ne baambalira abeekalakaasi, era okukkakkana nga ba mwoyogwaggwanga bangi balusuddemu akaba. Gavumenti empya yalangirirwa era n'etandika okufuga abantu ku kifuba. Wadde osobola okuwalaawala embuzi n'ogitwala ku ttale kyokka wadde mbuzi, tosobola kugiwaliriza kulya muddo nga teyagala. Mu Buganda abantu baagaanira ddala okukkiriza gavumenti enzibi y'obululu, ate baali baakyawa Obote ne bazimula, olw'okuba ye yali alagidde okulumba Olubiri lwa Kabaka lwonna ne lusaanyizibwawo, mu 1966, era ne Kabaka wa Buganda, Sir Edward Muteesa II, n'awaŋanguka, n'oluvannyuma n'akisiza omukono mu Bungereza gye yali, nga era kigambibwa nti gavumenti ye yakola olukwe, n'egulirira omukazi Omuganda eyamuwa obutwa. Abantu ba Buganda oyinza okubakola ekirala kyonna naye n'otobakwatira ku Nnamunswa.

Nga enjogera bw'eri nti Buganda bw'erwala ssennyiga ebitundu ebirala byonna ebya Yuganda bikwatibwa omusujja, awo nno okukulembera obulungi Yuganda, omukulembeze yenna aba alina okuba n'obuwagizi bw'abantu ba Buganda obumala. Obote teyabulina. Abantu nga abeekakaatikako bwekakaatisi bamwagale; nga afuuse nga Nnakkwale e Kyebando. Nnakkwale yali mukazi nga tazina akwenyuka, kyokka nga tayagala kuva mu ddiiro. Abantu ne bamwetamwa kyokka ye ng'alemeddewo. Bwe yalaba biri bityo n'afuna agalenzi ge ga kanyama, nga abagaana okumukubira mu ngalo gabatulugunya, okubafuntula, okubafutiza n'okubawumiza agakonde, okubapacca empi n'okubalya ensambaggere. Ne gavumenti ya Obote mu budde obwo ng'efuuse etyo!

Eddembe ly'obuntu lyatyoboolwa, ery'amawulire lyalinnyirirwa, nga teri kwogera ku mukulembeze wa ggwanga kintu kyonna kitali kya kumuwaana. Nga ne bw'olaba nga omukulu ali bukunya, olina kusaakaanya nti anekedde, ayambadde bulungi, awoomye! Ebitundu Obote gye yali talina buwagizi ng'okubibonereza babimma ebyetaagisa mu bulamu, nga: ssabbuuni, amafuta, omunnyo, ebibiriiti, ejjirita n'ebirala. Ate okugula obuwagizi era nga bakozesa ebintu bye bimu. Nga okufuna omulimo omulungi gwe wakugukamu olina kuba muwagizi wa *Congress*. Abantu nga babuzibwawo emisana ttuku ne babulako amabulire, kavuna gavumenti yabateeberezanga obutagiwagira!

Embeera yeeyongera okusajjuka, ekiwundu ne kisamba eddagala, omukulembeze w'ekibiina kya *Uganda Partriotic Movement* (UPM), ekibiina ekyali kifunye omubaka omu yekka okugenda mu Lukiiko lw'Eggwanga Olukulu, Paalamenti, bwe yasalawo okuva mu gavumenti mwe yasooka okuwebwa Minisitule y'Eggwanga ey'ebyokwerinda (*State for Defense*), oluvannyuma n'azzibwa wansi nga bamuwa Minisitule y'enkolagana n'amawanga agatuliranye, etaalimu muzinzi era nga terina kitiibwa, bwe yasalawo okuyingira ensiko okuyeekera gavumenti ya Obote ng'agiranga okubba obululu n'enyakula ku bannannsi eddembe ly'okukulemberwa gavumenti gye beerondedde. Bo abaali mu gavumenti nga babiyita bya mannyo wenu, kyokka ye Kaguta Museveni ne basajja be enkwatangabo, n'abakazi ba nnalukalala ab'olubatu be yagenda nabo nga bamalirivu ng'effumu, nga bavumu ng'enkula era nga banywevu ng'olwazi. Baali abiri mu musanvu.

Emyaka gya kinaana gyali gya kanyamberege na kasandali, nga buli olukedde owulira woowe yaaye. Amagye agandibadde gakuuma abantu n'ebyabwe ate gaabaddako kubawolomya na kubakaabya kayirigombe, okubanyaga n'okubamalako eddembe ly'obuntu. Poliisi nga nayo matuusa; anti nga kumpi terina ky'ekola okuggyako okukenula bannansi abaddukiranga gy'eri ebajune. Nga bw'otomala kuwa wa poliisi "caayi" oba "ekikonde", omwabanga enguzi, nga omubuukako bukumbu, enkuyege ku ggi! Mu kibuga nga enjuba okukkirira gy'eriira ebiwata oteekwa kuba waka. Bino eby'abantu okudda mu bufunda ne banywa akawungeezi, ne babinuka amasejjere nga babiibya ku galiba enjole, nga muziro. Olwaggalangawo oluggi ate amatu nga gasigala bweru. Obudde bwonna mu matumbi, nga abajambula balumba abantu okubanyaga, okubakolako ebikolobero n'okubamiza omusu. Amawulire ga *Munno*, *Ngabo*, *Mulengera*, *Munnansi*, *Taifa Empya,* n'amalala nga tegata kuwandiika ebyennyamiza, amagye bye gaakolanga ku bantu.

Lwo olupapula lwa *Uganda Times*, olwali lukubira gavumenti endere, ng'ebyo terubiwandiikako n'akamu. Oba oli awo abakuŋaanya baalwo tebabirabanga wadde okubiwulira, anti omanyi alina emmere mu matama tayogera! Kye nkakasa baali babimanyi naye nga tebaguma kubyanika nga baagala okukuuma emirimo gyabwe n'obulamu.

Bangi baabuzibwangawo ne babatwala eyo gye baabacucumizanga n'oluvannyuma ne babakuba ku ssekalootera. Emirambo oluusi baagisuulanga ku makubo oba mu migga ne mu nnyanja mbu nga bwe babereeja n'okukinnagguka nti: "Ka tugabule ggoonya, ate zirina olusuku"! Emisanvu gyasuulibwanga mu makubo okuwenja abayeekera. Egyali gimanyiddwa egy'akabi ennyo nga giri Bulenga, ku lw'e Mityana; Busega, ku lw'e Masaka; Kakiri, ku lw'e Bbombo; Katabi, ku lw'e Ntebe ne mu Nnammanve, ku lw'e Jjinja. Wano ng'abantu bonna baggibwa mu bidduka nga baazibwa. Amasaawa nga gatwalibwa, oba nga be bayeekera b'oku mikono! Ensimbi nga agasajja gazezza, oba nga be bayeekera bo mu nsawo! Engatto, ndowooza nga be bayeekera bo mu bigere! Nga galabye omukazi gwe geegombye nga gamuwalaawala, gamuwalabanya, ga muzza ku mabbali awo nga geekola ekigenyi. Gaasobolanga okumuta oba okumutta! Omuntu yenna gwe gaateeberezanga okuba omuyeekera nga oyo entamu efumba emmere eyiye bavuunika. Abantu nga batambula lwa mbi. Abo mu byalo nga bw'eteba nsonga nnyo tebaviirayo ddala kugendako ku kibuga.

Nzijukira agasajja gano e Busega awo lwe gakwata taata ne gamusikaasikanya nga gamulanga okubeera n'ebimulaga, bye baayitanga *ebitambuliiso* ebibiri. Ssente ze zonna, okwali ne ze yali atwalira jjajja mu kyalo agulemu akanyama ka Ssekukkulu, agasajja gaazeezoobeeka ne gamwambulamu engatto n'essaati ye ne gasigala nabyo. Gaali gabi nnyo era nga gabbi nnyo. Bino byonna nga gabikola googera Luswayiri. Lw'otobuuzanga nno nti lwaki abantu ba wano tebaagala Luswayiri sso nga lwangu, kuba lulina ebigambo bingi ebifaanana eby'Oluganda. Naye oyinza otya okwagala okuyiga olulimi abaakutulugunya n'okukuliisa akakanja lwe baakozesanga ate nga waliwo endala era nga terulina na walala wangi gye lukutwala, wadde nga lugasa? Abantu nga balutwala okuba olulimi lw'abatemu, abanyazi, ababbi, abakwasi b'abakazi, era okulwogera nga bakwekeka n'okukwekengera.

Ŋŋenda okumaliriza ekyomusanvu, ng'olutalo lw'ekiyeekera tuwulira luwulire era nga tulina abantu mu kitundu kyaffe

abaagambibwanga nti baava Bulemeezi nga badduka nnawookera wa lutalo. Ffe tugenda okulumanyira ddala nga ndi mu ssiniya yakubiri.

Olwali olwo, awo nga mu ggandaalo, emmundu gye twali tutawulirangako n'esekebbuka, emizinga ne gibwatuka nga ate biri kumpi nnyo. Olwo nga enkambi y'amagye e Kasijjagirwa ewambibwa abayeekera, abaagizinda ne bagyetoolola ne bakekeza ennyago okutuusa abaagirimu lwe baapondooka ne bawanika. Ffe twali mu bbanga lya mmayiro mwenda zokka okuva mu kibuga Masaka. Abayeekera nga bamaze okwezza ekibuga, baanyaga bbanka, ssente z'abantu zonna ne bazikukumba ne bakuuna nazo, okwo ne bagattako okunyaga ebidduka, ne loole y'essomero lyaffe ey'ekika kya TATA eyali empya ttuku n'erugenda.

Embeera bwe yagenda egonjooka, abasomesa baatuta tudde eka, kyokka abo abaali batalina webayita nga ba ddembe okusigala. Nze obusente bwange bwonna bwansulanga ku lukugunyu nga obudde bwonna neerinda okucenca, okudduka ekibabu. Nnalina mukwano gwange eyali ava e Bukomansimbi nga ye Bob Kabuye, eyaŋŋumya nti tujja kudduka tudda waabwe, nti era ewaabwe bajja kumbudamya; anti nze nnali nvudde Nsimbiziwoome ku kibuga ate nga n'e Kyannanjula gye twava okutuukayo olina kuyita mu kibuga Masaka, omwali omuzibu okuyita olw'amasasi agaasiibanga geesooza n'ebikompola ebyakubwanga okuva mu nkambi omwali abataayize. Emmeeme ng'ennumira ab'ewaffe. Bato bange ne bakulu bange, ssaako jjajjange Yowannina eyali awedde ku mpagala nga n'enkoko asigadde kukuba za ku magi. Kati yali ludda wa? Baali bakyali balamu? Ye singa ŋenda, mbasangayo? Oba balowooza nti nnafa dda? Wamma ebirowoozo nga tebiŋanya kwebaka. Amawulire g'okututa tuve ku ssomero gaatuuka e Kyannanjula era mba ndi awo nga muliranwa anzirukidde. Okuva ku ssomero okutuuka e Kyannanjula nga waliwo mmayiro nga abiri mu ttaano, era olwo lwe lugendo olukyasinga obunene lwe nnali ntambulidde ku ggaali. Nnyiniggulu yatuwerekera kuba tuba tuyingira ekibuga tuti, tugenda okuwulira ekikompola, be dduuu! Twekanga nnyo, ne tusooka twewogomamu okumala eddakiika nga ziizo. Bwe twaddira olugendo nate, twasanga bbomu ekubye n'okusesebbula omwami eyatuli mu maaso mmayiro nga emu yokka era ng'afiiriddewo mbulaga, kyokka nga yenna emusazeesaze obulere n'obufiififi. Katabani ke akaali mu ssiniya esooka bwe twasomanga mu ssomero lye limu nga ka kitawe nako kagudde eri mu kisalosalo kataawa. Ekifaananyi ky'omuntu gwe mbadde nnengera mu maaso ku ggaali okumusanga ng'afuuse obulele

mu kadde mpa we kaaga kyankuba wala era kyalwawo nnyo nga nga kingugumula n'okumpawamula. Wamma ggwe ekibi tekirinda agenze mugga!

Abayeekera abaali bambadde amagetesi agalimu ebituli, engatto zi *ntangireenyana* oba ziyete lugabire, n'ebigattogatto ebiralalala, nga abamu bali mu nziina era ddala enjwenge, baatandika okulabibwa mu byalo nga bakumaakuma abantu n'okubalagira balonde obukiiko obufuga ebyalo, bwe baayitanga "*Obukiiko bu bantu mwenda*". Mu kaseera katono abantu baatandika okwefuga n'okwegonjoolera ensonga zaabwe. Kino kyali kyafaayo nnyo eri abantu abaali bafugibwa obumbula ba ssentebe ba UPC mu bitundu, era ne kireetera abayeekera ba *NRA*(National Resistance Army) okuganja amangu mu bantu. Nga abayeekera beezira mumenyi w'amateeka, anti nga bamusiba akandooya, emikono nga bagisibira gye gitaliira ntungo, ne bagisika, obubegabega ne bwegattira emabega ku mugongo. Nga oluusi be basiba akandooya baabika ebifuba. Kale buli kitundu abayeekera gye baatuukanga ng'obumenyi bw'amateeka bufumwa, ng'emirembe gitojjera. Wadde ebikozesebwa byali bikwasa abantu ku bako, anti ng'oluguudo oluva e Kampala okujja e Masaka abayeekera baaluggalawo era nga Katonga tasomokwa, embeera yo yali yeeyongera okudda mu nteeko. Bo abaali ku kibuga ng'akamere bakakonga lusi, anti oluguudo oluva e Masaka nga lwe lutwala emmere eyali esinga obungi ku kibuga.

Abayeekera bano nga wadde baali balabika bubi, nga banyalavu, bakovvu nnyo, baalina empisa ezitalabwangako mu bajaasi. Nga bantubalamu era nga tebalina n'omu gwe batulugunya wadde okukijjanya, okuggyako ga ssempala agamenyi g'amateeka. Baatandika okutalaaga mu masomero nga basomesa enkola yaabwe, wamma ffenna ne tuwulira essuubi, wadde baalimu eky'obutayagala ddiini, ekyaleetera abantu abamu okubeekeka.

Mu Gatonnya wa 1986, nga ennaku 25, abayeekera baawamba obuyinza, kyokka olw'okuba baabuwamba ku lunaku lwe lumu ne Idi Amin kwe yali abuwambidde emyaka 15 emabega, baasalawo okulangirira olwa 26 nti lwe baali bawambiddeko obuyinza. Emizira gyatta, abantu baajaguza anti nga bawonye olumbulege era olunnabe lw'Obote ne banne ate nga balowooza nti bano abaali bazze baali bantu bayivu era nga bategeevu. Naye munnange, ky'otonnalya tokyesunganga era tolabanga omusota okunyirira ku ngulu n'olowooza nti si gwa bulabe!

Gavumenti ey'ekintabuli yakolebwa mangu era abayeekera ne basuubiza okuwaayo obuyinza mu myaka ena gyokka. Eyalowoozanga nti baali balimba nga ayitibwa na mulalu! Gavumenti empya n'ereeta ab'ebweru okubalaga obuwanga bw'abafu gavumenti be yagambanga nti bonna baali battibwa basajja ba Obote. Naye abange, bo abayeekera sibattanga bantu? Anti obukookolo bugeyana, nti: erya munnange lye lisinga okuwunya, ate n'obuteeraba, buleetera ebbinika okuvuma ensuwa okugubaasiira. Wempandiikira bino nga abayeekera abo obuyinza baakabukulungulamu emyaka 24 era nga tibafaanana kuseguka! Ye Pawulo Muwanga eyaleeta akavuyo yafiira mu kkomera.

Olutalo lw'okuddaabiriza ebyadobonkana lwaggulwawo, abantu ne bakoowoolwa badde okwaboobwe. Abayindi abaali baagobwa ne baleka ebyabwe gavumenti yabaperereza badde era n'ebaddiza ebyabwe byonna. Oluvannyuma ennyo n'ebimu ku bintu bya Buganda ebyanyagibwa gavumenti ya Obote kwakomezebwawo n'obwakabaka ne buddawo mu 1993. Naye abaffe, abagwira lwaki bo ebyabwe byabaddizibwa mu bujjuvu ate mu bwangu kyokka ebya Buganda ne biteebwa musoolesoole, ku misinde egya nnawolovu, nga n'okutuuka kati bingi bikyawagamidde, biwambiddeyo, nga n'ebitundu bya Buganda ebimu gavumenti efaanana okubiwamba! Ebyo leka mbireke baana bange, ate mbanyumize obulamu bwa ssiniya.

# 8. Mu nkyamu mwe muva engolokofu

**O**musomesa waffe gwe neenyumiririzaamu ennyo, Mwami Ssali Ddungu, omuzira Nkima, muzzukulu wa Mugema, yatugambanga lunye nti: "Ogezangako waakiri ne birema naye tolemanga kugezaako". Era nti: "Totyanga kugeza ku kintu mbu olw'okuba oyinza okukola ensobi kubanga atakola nsobi talina ky'agezaako kuba atalina ky'agezaako talina ky'akola, ate nga eyo nsobi nnene okusinga agezaako n'asobya oluusi, kyokka ekikulu n'ayiga. 'Mu nkyamu mwe muva engolokofu"' Yali musomesa wa Lungereza eyampa ennyo amaanyi mu ssomo lino wadde mu kagezo ke yasooka okutuwa nga kye tugye tutuuke mu ssiniya, yampa obubonero busatu bwokka ku kkumi eddamba, nga annanga kugwa mu mpandiika. Yali musajja wa liiso jjoji, nga yeekenneenya nnyo empandiika, era nga lw'otogamba mbu katonnyeze kokka ke saataddewo ne weeyibaala nti ojja kumuggyako akabonero. Yali musajja mumpimpi ati, muggumivu bulungi, ng'ayogera amwenyamu katono. Amannyo ge nga ga ntalaga, ekyenyi kiwanvu, ennyindo ŋŋanda, amaaso ga kigero, ekifuba nga kyamubambaala ng'eky'Omusese, nga alinamu n'ebitege. Ng'ayogera ananaagira era ng'obusungu bwamutimbye nga tomusala mu maaso. Yali akwata bulungi abayizi era nga abaagaza okusoma ennyo n'okukola ebintu mu butuufu bwabyo sso si bino bi nneemalidde. Nga omulimo omuyonjo aguwaayo n'obubonero bu genda bakulye!

Yatusomesa obutabo bw'Olungereza buyitirivu, era okugenda okutuuka mu ssiniya eyokuna nga nsomye obutabo obusukka mu makumi ataano era nga mmanyi omulamwa gwa buli kamu nga n'omuwandiisi naye mmumanyi. Twasoma obw'abawandiisi Abazungu abaatiikirivu nga Shakespear, Charles Dickens, Mark Twain, George Orwell n'abalala, ssaako abawandiisi Abafirika nga Chinua Achebe, Ngugi wa Thiongo, Okot B'Tek, Robert Sserumaga, eyali aviira ddala ku mutala kwe nzaalwa, n'abalala bangi. Mu butabo bwonna nnasinga kunyumirwa *King Solomon's Mines* olw'omukazi ganyegenya, Gaguulu, omukadde bukuku, eyali ow'ebyewuunyo. *Julius Caesar* nako kaalimu obugambo obusengeke obulungi wadde nga kaali kakwasa ennaku okulaba nga abantu balya olukwe mu bannaabwe olw'okugujuubanira obuyinza. Ate *Animal Farm,* kayite *Amaka ga Bawansolo* nako kaali kanyuvu nnyo kuba obudde obwo nga tulabira ddala ebyali bigenda mu maaso mu ggwanga nga bye biibyo ddala ebyali mu Maka ga ba Wansolo. Mu ssiniya eyokubiri twanyumirwa nnyo *The Lion, the witch*

*and the wardrobe*, omwali mwami Tamunaasi, nga okuva ku mutwe okutuuka mu kifuba muntu kyokka nga okudda wansi mbalaasi!! Naakakimanyi nti Abazungu bwe baagenda mu nsi z'Amerika ey'Obukiikakkono nga bali ku mbalaasi, abantu baayo olw'okuba baali tebalabanga muntu yeebagadde mbalaasi, baalowooza nti kyali kikulekule, ekiriko omutwe gw'omuntu ate nga wansi nsolo! Ako nako okafunidde wano; kale olaba okusoma bwe kugasa?

Nga buli lw'osoma akatabo owandiika ebigambo ebipya by'oyigiddemu era nga obikozesa mu mboozi. Buli eyamalangako akatabo nga ajja mu kibiina akanyumiza banne. Awo nno nga tuli mu kuvuganya okulaba anaddako okunyumya. Wewaawo nze nnabusomanga mangu ne mbukuba wali kyokka olw'ensonyi nga ntya okudda mu maaso ga bannange okubanyumiza, kale emirundi mingi nga nsirika.

Wadde nga sakkirizibwa kukola Lulimi Luganda ku ssiniya eyokuna, nnanyumirwa nnyo obutabo bw'Oluganda nga: *Kagenda ne Kitagenda*, *Kagenda ne Banne*, *Zinunula Omunaku*, *Nketta mu Bizinga*, *Bwali Butamanya*, *Ndikumma Okulya*, *Kikonyogo*, *Basajja Mivule*, *Siwa Muto Lugero*,*Amannya Amaganda N'ennono zaago*, *Omulimi wo mu Uganda*, *Ebitontome eby'amakulu, Tuula Tuwaye* n'obutabo n'obulala. Obutabo buno bwonna eka bwaliyo era nga tubusoma ekiro. Nga nkyali e Kyannanjula, mu budde obw'eggandaalo mu luwummula nga ŋenda n'akatabo ku lukooto, ekibanja gye kikoma, nga nkaddako nkasoma okutuusa obudde okukunira. Sirema kwebaza bakadde baffe abaatuguliranga ebitabo era ne batusigamu omutima ogubisoma wadde nga tebigenda kutubuuzibwamu mu bigezo. Nakizuula nti ebintu bye nnasomanga okuyita ebigezo, ebibuuzo olwaggwanga nga bingi mbyerabira kyokka bye neesomeranga mu kwagala ebyo nga tebifuumuuka.

Ennaku zino abayizi basomerera bigezo; ekyo ekitasuubirwa mu bigezo tebalina budde bwakyo, ne beerabira nti ne by'osoma olw'okwagala nabyo bigasa mu bulamu, sso si biri byokka eby'okugezebwamu. Abalala oluva mu masomero nga eby'okusoma byonna babivaako, ng'embwa bwe yava ku nseko, bwe batyo nga bafaananira ddala ne bali abataasoma! Olwo kiba kigasizza ki omuntu okumala ebiseera n'ensimbi ng'oyiga okusoma ate n'ofaanana abataalinnyako mu ssomero?

Mu ssomero lyaffe, twazannyanga omuzannyo gwa *scrabble*, nga gulinga akakunizo oba akasisinkano. Wassanga ennukuta ku kabaawo

nga zikola ekigambo, era nga buli nnukuta erina obubonero bwayo. Omuzannyo guno gwatuyigiriza ebigambo by'Olungereza, nga asinga okumanya ebingi kimwanguyira okuwangula. Era mwami Ssali, omusomesa waffe, nga azannya naffe *scrabble* n'emizannyo emirala gamba okukuba ttena wo ku mmeeza (*table tennis*) ne mu luggya (*lawn tennis*), ssaako omupiira ogw'akasero (*basket ball*). Okuzannyanga naffe kwatumwagaza nnyo sso tekwamuggyako kitiibwa kye twamuwanga.

Abasomesa baatukuutiranga lutatadde nti ky'osiga kati ky'okungula, omunafu atalina ky'asiga akungula ssere. Akaseera ke twalina mu ssomero ke kaali ak'okusiga. Nnagezaako okukuba ennanga kyokka olw'okuba abaali bagyagala twabanga bangi ate nga saagalira ddala kugendera mu nsindikano nnalwa edda ne ngitungamu olukato, ne ngiwummula. Nnayingira ekibiina ky'abayizi ekiyigiriza obukulembeze(*Young Christian Students' Movement*) era emyaka okuyita ebiri nga bannange bannonze ku bwa ssentebe bwakyo. Twakyaliranga abakulembeze b'abayizi mu masomero amalala era essomero lyaffe lyatutwalanga mu misomo gy'obukulembeze. Twakola obubiina bw'okuyiga; nga bw'oba omanyi nti Okubala kukubaza bbiri ku ssatu nga olaba akutegeera n'akusomesa. Mu kabiina kange twalimu ne Bob Kabuye, ng'akulira bya Saayansi, Frank Yiga, nga wa Kubala, Nkonge Bazannye, nga wa Byafaayo na Nkula ya nsi (*Geography*), nze nga ntwala Lungereza na Kubala bitabo(*Book Keeping*). Twalina ne bannanffe abalala abeegatta ku *guluupu* yaffe nga balaba yo tedda mu muzannyo mu kifo ky'okuyiga. Guluupu zino nga zaakola omulimo abasomesa gwe batandisobodde! Mu mazima teba kuba gguluupu nze sandiyitidde mu ddaala lisooka kuba Okubala kwali kuntigomya n'okunjoonyesa, ate ng'atakuyise tebamussa mu ddaala lisooka. Bakulu bange wewaawo bannyambangako mu mpummula naye akabiina kaffe ate kannyamba okusingawo.

Ebigambo bya mwami Ssali nti: "Atagezaako takola nsobi kyokka era talina kirala ky'akola", byasimba bwanda mu mutima ne mu bwongo bwange, ne nsalawo okugezanga ku bintu bingi. Nagezaako okuyiga Oluswayiri, Oluyitale, Olugerimani, Olufalansa, Olulattini n'Olusipanyola. Nga ntuuse mu yunivaasiti, nagezaako Oluhebuleewo n'Olugereeki. Wadde mu zonna tewali lwe nnakaza, naye mu buli lumu nninamu obugambo bwemmanyiimu era nga ndulabye nsobola okukugamba amangu nti olwo lulimi gundi. Ekyo nakyo kikulu, anti omubi akira ebbanga. Mu za Yuganda nagezaako Lunyankole na Lusoga. Omanyi jjajjange omukazi, muka muganda wa jjajjange omusajja yali mukazi

Muyima, ate nga ne omu ku bakitange yali awasiza mukazi Munyankole. Olusoga nalugeegenya kuba lwali lulinga Oluganda olumenyefumenyefu! Oluchooli ndutandise luno jjuuzi bwe nnafunayo abaana be najja mu Achooli ne mbaleeta e Buganda basomereyo era bayige Oluganda kuba balwagala. Naye sijja kukulimba nti okuggyako okulamusa n'okwebaza, nnina ekirala kye mmanyi mu Luchooli. Ggwe awo w'onsingira!

Nnayagala nnyo okwogeranga Olungereza, bwentyo ne nnyingira ekibiina ekikubaganya ebirowoozo mu Lungereza (*Debating club*). Buli lwe neesowolangayo okwogera nga entegetege zinfamba, akatuuyo nga kanzika, anti nga ntya *okukuba embogo,* abaana okwesisiwala n'okunsekerera. Lumu nga tukyadde ku ssomero erimu nga era nze mwogezi w'oludda lw'essomero lyaffe, nnakuba embogo bannange ne banjeeya, ne mbeera nga nti saalina kalungi ke nnali njogeddeyo, sso nga mwana mulenzi nnakolondola Oluzungu bali ne ndeka nga bannyeenyeza mitwe! Mu kifo kw'okugamba nti "*Uganda is developed*" nze nnagamba nti "*Uganda is development*"! Mwattu si lwa kuba nnali sikimanyi, naye okujugumira ng'oli mu maaso wali, buli omu akutegedde okutu era akwegese amaaso, nga kukukozesa n'ensobi zotokola bulijjo. Wadde bayizi bannange banjiira olunyata olw'ensobi eyo, nnali njize nti tosunguwaliranga akuyeeya bw'oba oyagala ekiyeeyo kiggwewo era bwe nnakola, ne ntandika n'okubyegamba nzekka nga tuli mu kakuukuulu ka banywanyi bange, ffenna ne tuseka, nange ne neesekerera! Akakodyo kaakola mangu, era olwo ne luggwa.

Kyokka okuva mu kwogera okwo mwe nakolera ensobi eyo nga tuli ku bugenyi, saddirira wadde okusereba, nagenda mu maaso nga bugolo; si mu kwogera nsobi, wabula mu kuwawula n'okuzigula Olungereza lwange. Nga sigwa kuwuliriza mawulire ku leediyo ya Bungereza, *BBC*, n'ey'America, *VOA*, ko eya Bugerimani, *Deutch Welle* (yatula: *doocu vella*). Nga *ttivi* zitandika ku ssaawa kkumi na bbiri, anti nga tulina omukutu gumu gwokka ogwa gavumenti. Mu luwummula nga emirimo gyange ngikola mangu, essaawa ya ttivi okutuuka nga nteredde bubya mu katebe kange, njota buliro ebiweerezebwa. Nga seebaka nga aba ttivi tebannagenda kwebaka, manya, nga tennaggalwawo. Bino ebyesisiwaza ebiriko ennaku zino tebyabangako, sso nga kubaako eby'okuyiga bingi. Nayigirako amasomo amalala naye ng'ekisinga lwali Luzungu. Engeri abasomesa baffe bonna gye baali bazaaliranwa ba wano nga Oluzungu balwogera mu ngeri yaffe naawe gy'omanyi. Ekyantwalanga ku leediyo ziri kwe kuwulira bannyinilwo bwe

balwogera, nange ngeegenye, anti okugeegenya nga tebaakunkubira. Kyokka ekyannakuwazanga nga bwe ngezaako okwogera nga bali, nga nsekererwa era nga abamu bagamba mbu nnina olugezigezi, neeraga. Bwe nabibuuliramu maama Milly yaŋamba kimu nti: "Tofa ku boogezi, omwogezi mutambuze, bw'akoowa awummula; ggwe yiga Luzungu lwo tobafaako. Oli wa bigendererwa byo nabo balina ebyabwe. Baleke ggwe balijjukira okwebikka nga obudde bwabakyako dda".

Ebigambo ebyo byanzigya wala era byanzizaamu nnyo endasi. Neeyigiriza Oluzungu nga sikyafaayo oba bagamba mbu neeraga oba kiki, kuba nze ekyo si kye kyali ekigendererwa kyange. Nnayiga obutakkiriza bantu balala kunzigya ku mulamwa na ku kigendererwa kyange mbu olw'okuba bo bakiraba bulala. Osanga kino ky'ekirabo Kabigaba kye yali ampadde okumpisaamu! Kale nga nzira ntya ku talenta yange okugituulira? Muli nagambanga nti abasamba omupiira basambe, abayimba bayimbe nange bandeke njogere. Ee, nze nga saabayeeyanga nga bakola obukodyo n'obukolomooni bwabwe mu kisaawe? Natenderezanga batendereze na kubeewunya! Abantu ggwe wamma bazibu nno!

**OMUNTU MUZIBU**

Omuntu wa kuno ggwe asobeza
Sikulimba mwattu aswaza
Mwetegerezza, nga awubisa!
Atannamumanya wa mukisa.

Akuwa emmere ng'ayomba
Akulangira eno obunafu
Bw'ogirekawo nti olimba
Agikunyigira ne mu mba!

Bw'oliba naye mu ssomero
Bibuuzo n'oyita nti okoppa!
Akuseka okkola mu kkolero
Ensimbi olufuna nti nkoppa!

Obwana bwe obuto n'obwoola
Obubwo n'agoba, oyo aboola
Bw'omugambako ng'agaana
Nga muneneŋana olw'abaana

Bw'oliwanvuwa bakulojja
N'abayimpuka babasojja
Bw'ogeziwala bakukocca
N'asiriwala bamupacca!

Bw'okola ofune bakusunga
N'afunye akoze bamukunga
Bw'osoma oyige bakukanga
N'atasomye *ffala* bamucanga.

Nnafuba ngule eby'eka eyo
Nnakola nkubye n'akeeyo
Sso tikaali ka keeyeeyo
Ssebo ennusu erumya ekyoyooyo.

Bwe nazifuna zamperera
Bwe twabonaabona saabalaba
Nazo tezaasiba zambadala
N'emikwano nga ppepperere!

Obwavu bwannuma bwannyweza
Abaazirya luli nga bagejja
Banzirako luno baansojja
Naccoppoka ssebo bwanjeeza.

Abantu bazibu banjerega
Ng'empale nzitunga ebiraka
Bansekerera olw'obunyaga
Bannyiwa naye ne mbayiga.

Nafuba okubanga omutala
Naguma okulyanga obutula
Nakola ekiro n'emisana
Nanyiikira nfune ne mbifuna.

Mukama yanjuna n'annunula
Nayiga kati eky'okukola
N'ebiragiro ne nkuuma
Mwoyo we andiko ajja awuuma.

Mukama nkutya wantonda
Nkwebaza kuba wannyamba
Nkwagala mmanyi tonnimba
Nsaasira mmanye gyeŋenda.

Emirundi egyaddako nga buli lwe wabaayo abagenyi ntera okulondebwa bannange okuba omu ku boogezi ku ludda lwaffe kubanga bannange baneesiganga mu kuteregga Olungereza nga n'ebirowoozo nnina bitaangavu era nga mmanyi okutulugunya ab'oludda olutuvuganya nga njuzaayuza ebirowoozo byabwe awatali kusikkattira mu lulimi, nga mbookya obubuuzo ate nga njize n'okutta, wamu n'okusattirira obubuuzobuuzo bwe beebuuzisanga. Nnali njize n'okuzannyisa ebigambo obugambo ne nkolamu ensonga. Waliwo lwe nnali ku ludda oluwagira nti: "*The thirty years of Uganda's independence have been fruitless*". Bannaffe ku ludda oluvuganya baaleeta ensonga okulaga nti okwefuga kwa Yuganda mu myaka asatu kwali kulina ebirungi ebyali bikuvuddemu, nga balowooza nti ffe tugamba nti: okwefuga kwa Yuganda mu myaka asatu tekwalina kalungi konna. Bwe nnasituka okwogera, nanokolayo akagambo kamu, "*fruitless*" kokka, ne nzannyira okwo. Nabategeeza nti ebirungi byonna bye baali bawadde nti Yuganda yali ebiggye mu kwefuga byali bituufu. Awo abamu ne bakuba mu ngalo nga bagamba mbu mbawagira, n'olwekyo bawangudde, sso nnali mbabba magezi. Nnayongera ne mbategeeza nti ekigambo "*fruitless*" baali bakitegedde bubi, okulowooza nti kitegeeza butabaawo bibala byonna. Amakulu gaakyo ge nnabawa gaali nti kitegeeza nti: ebibala bibaddewo naye nga bitono, *"fruit-less"*. Awo nno ffe twali tugamba nti bye baali bawadde by'ebyo ebibala ebitono ennyo, ebyali bitagya mu bbanga lya myaka asatu gye twali tumaze nga twefuga. Abaategeera ekigambo ekyo n'engeri gye nnakikozesa nga nkiggyamu amakulu agatali ga bulijjo okusobola okuyamba oludda lwaffe, baasigala bantenda! Okwogeranga kuno kwampa ettutumu lingi, nga n'abayizi abato abali mu bibiina ebya wansi bammanyi. Neeyongera okukakasa nti tewali atalina bw'ali, nti buli omu alina ky'asobola okufuundiikiriza n'akikola bulungi era n'ayitira ku kyo okweyimirizaawo n'okuyamba abalala.

Kyokka wadde nnnayogeranga mu kukubaganya ebirowoozo nga okwo, nga nnali mukuŋanya w'akatabo k'essomero era nga nnaliko n'omukulembeze w'abayizi bannange bonna okumala ebbanga, zo ensonyi tezaagenda; zanzimbirako ddala akayumba ne zituula muli ne zisalako n'okusalako. Nnamanya nti ensonyi tezirina gye zintwala wazira okunfeebwa n'okunzibika mu ddubi, ne be nsinga okubawa omwaganya okumpitako nga ndi awo ndozooledde, neeveera neekwata omusoobooza. Neevaamu lumu ne mmira omwoyo ng'enkoko emira ensanafu ne ntandika okulinnya ku *siteeji* okuzannya katemba. Nnali nnina wensomye nti okwegomba obwegombi ekintu tekimala, olina okwevaamu n'okola okukituukako. Eyeegomba okuyita ebigezo ateekwa okwevaamu ne yeerekereza kano ne kali n'akola ebyo ebiyinza okumusobozesa okuyita. Singa okoma ku kwegomba okusula mu nju ennungi n'otogikolerera, okoma ku kugyegomba kwokka, n'ofa ng'omutima gukwennyise. Ekirowoozo kino kyannyamba okwevaamu. Nayiiyaayo n'oluyimba lumu lwe twayimbira Omusumba Ssentongo ng'azze okutulabako, wadde mu kibiina kyaffe mwonna tewaali ammanyi nga omuyimbi. Nagezaako bugeza nga batugambye nti omusumba ajja, buli kibiina kitegekeyo oluyimba. Waaliwo ennyimba eza bulijjo bannange abamu ze baaleeta, kyokka bwe nnaleeta olwange lwe nnali nfumbye nga lulombojja obulamu bw'omusumba, bonna ne bawagira lwe luba luyigibwa.

Natandika okutontomanga ku mikolo ng'essomero lyonna likuŋaanye. Okusalawo okutandika okukola bino nnamala kusoma butabo obuyigiriza omuntu okwezimba n'okubeera enkoba z'embogo, anti zeggya zokka mu bunnya. Obutabo obwo nabugulanga mu dduuka lya *St. Paul's Book Center* ku *Kampala Road*. Abandabanga neekaaliisa nga balowooza nti kyali kyangu sso nno bambi nga tebamanyi nti lwabanga luggumuggumu. Leero bwe waabangawo abawala nga buggayeggaye. Nga neeraliikirira okukola ensobi yonna mu maaso g'abawala. Bannange okuswala mu balenzi banno kiruma naye okuswala mu maaso ga ba gundi abo, haa, oba oweebuuse. Naye mpolaampola nga bw'ayiisa obusera, natandika obutatya kwogera mu bantu wadde okuyimirira ku siteeji okubazannyira emizannyo. Bwe nnalabanga essanyu lye nsobodde okuwa abalala wamma ggwe nange omuzannyo ne gunnyumira Wadde sitwafunangamu ssente n'emu kyennafunamu kinzaalidde ssente ggwe z'otomanyi na bungi ko n'ebirungi ebirala njolo! Awo nno tekwali kulya ggi…

Nafuna amannya mangi olw'ebitundu bye nnazannyanga. Olw'okuba essomero lyaffe lyali lya balenzi bokka nga buli muzannyo ogujja sigwa kuzannya kitundu kya bawala. Mwattu nno sirabika bulungi, naye neesiiganga erangi ne mmyuka, ne nkuba engatto y'akakondo, emimwa ne mmyusa, ne gikirako egy'akatululumi akalidde omusota, obuleebeetera ku matu ne mbuwagikako, empeta ne nnaanika ne ndyoka nninya ku siteeji nga nzenna nsagala busagazi ntyi, ndeeze ebbeere liri eyo n'akabina ntisse, ne nkola obukolomooni nga ngeegeenya abawala, wamma abantu enseko ne zijula okubakuulamu amannyo! Ndowooza okukula n'abawala abangi kyannyambako, naye era nange okuba nga mmanyi okutunuulira abantu ne nekkaanya enneeyisa yaabwe ate ne mbageegeenya nakyo toyinza kukibuusa maaso.

Kale wadde nnali siri musambi wa mupiira oba omuddusi era nga saali muntu wa kiwago oba omulenzi omugoogofu omulungi nnyini, saabulwa bya kukola mu ssomero era saabulira mu bannange abaali ab'erinnya mu mizannyo ne mu kukuba ebivuga. Mmange kye yali yaŋamba nti: buli muntu aba n'ebitone bye, nnakikwatira ddala butiribiri era ne nfuba okuzuula n'okukuza ebitone Ssemanda Lugaba bye yampa, awatali kudda mu kwekubagiza ng'embwa erwaza ginnaayo, bambi nga teegiwe ddagala!

Abatuuka beerabira abaabatuusa, nze bayizi bannange ne mikwano gyange bampagira mu bingi, oluusi nga n'okumanya simanyi oba bbo okumanya! Abasomesa baffe nabo nga batuwa ekyanya n'ebbeetu okuyiiya n'okuleeta ebirowoozo ku bintu eby'enjawulo wano na wali. Ekyo nga kituwa obuvumu, nga tuggwamu n'entengero. Kati bw'otulaba tolowooza nti ffe twakubagananga empale nga batugambye okubaako ke twogera eri abantu. Toyinza kukkiriza nti twayambalako ku biteeteeyi ne tudda ku siteeji okwekonga n'okwemosola ng'enkima erya eryenvu. Ebimu byali nga bya lusaago na muzannyo naye byayamba abaabifaako mu budde obutuufu.

Wabula okutuuka eno gye tutuuse tekubadde kuseereza ly'emugga. Kubadde okussa mu nkola ebyo bye tusomye, okukwata ebibuuliriro, okukimanya nti tulina okulwana obwezizingirire, empogola bwe zirwanira mu ntamu, zigenda okuvaamu nga ziriko n'embale! Ekikulu si kutunuulira mbale, wabula okulaba nga tuvuddemu ne tusobola okwegasa n'okugasa abalala. Okuyiga okutayamba muntu kwegasa ye yennyini n'okugasa abalala okwo temuli! Kikulu okujjukira nti bazooka kwavula era nti mu kyamu mwe muva engolokofu.

# 9. Abalungi mbwa ya nnamaaso

**O**kunyiikirira okusoma obulungi n'okweyigiriza okwogera mu bantu, ssaako okwenyigira mu bikolebwa ebirala, byanteeka ku mwanjo nnyo mu ssomero lyonna era bayizi bannange bangi nga banjagala. Twetabanga mu bivvulu eby'ennyimba n'emizannyo eby'amasomero, tuutwo mu nkuŋaana z'abakulembeze b'abayizi, mu misomo egy'amasomo aga bulijjo aga ssiniya ne mu bibiina eby'enjawulo ebigunjula omuntu mu buntubulamu ne mu bukulembeze. Eno nno gye nagwira ku mwana muwala eyangwa mu liiso n'andya omwoyo, ebirowoozo byange n'abitabangula, n'atwala n'omutima gwange ne gufuuka muddu eri ye. Kyokka singa nnamanya nti okugguliirawo omwana ono omutima gwange, n'okumwewa nzenna kwali kubikkula lupapula olusooka mu kitabo ky'ennaku, okubonaabona, obuyinike n'okuswazibwa ebyali binnindiridde, sirowooza nti nandibadde neetantala!

Molly Nvannungi yali muwala wa kigero nga wa nnankobabbirye mutono. Yalina amaaso ga ndege, nga malungi okuzaama era nga gatunuza kwagala kusa. Ekyenyi kye nga kiwanvu, ebisige bya nnanda, obumwa bwa nsumbi, akayindo kalaalo, amannyo nga ga kasenge gatukula be ttukutuku; emba nga mpanvuyirivu, ng'alina akannya ku ttama erya kkono era nga bw'amwenyako ati toyagala alekere. Twasisinkana mu musomo gwa Saayansi mu ssomero ly'abawala eryali lyesudde eryaffe *kilomiita* nga abiri. Mu musomo ogwo nnali mwogezi, nga nnyinnyonnyola engeri obusimu bw'abantu gye bukwataganamu n'obwongo okututaasa oba okutuwa essanyu. Wadde twali mu *yunifoomu* y'essomero nayambala ne mpulira nga wamma ky'ekyo. Nayiwako essaati yange enjeru ey'emikono emiwanvu, etaalina egifaana mu ssomero lyonna, anti yali yava lugendo, ngerina n'obupeesa obwa bbululu obutangalijja ku magemo g'emikono; ne nteekako ettaayi kawojjolo oba *bbo ttaayi*, empale yange enzirugavu eyalimu akamasamasa, nga akakindo akagiriko kasala n'embaata, ne nsuulamu engatto kaswaswa, kitange, muto wa ssebo, gye yali anzigidde e Yitale, essaawa *Omega* eya zawabu gye nnali nfunye ng'ekirabo mu mpaka za

Disitulikiti z'okuwandiika ne nnaanika n'akaweta mwannyinaze gwenzirako ke yali angulidde ku mazaalibwa gange omwaka ogwo, ne neewagikako gaalubindi, wadde saali mulwadde w'amaaso, ne nkuba oluviiri wamma ne nnanna, era ndowooza abawala abamu we baali ne bafa amabbabbanyi.

Nga mmaze okwogera twawummulamu okulya ekyemisana, n'omuwala ono weyajjira we twali n'abawala abalala, ne yeesonseka mu kafo akaali wakati wange n'omuwala eyali ava mu ssomero eddala, n'ansiima olwa *presentation* ennungi ennyo gye nnali nkoze, ng'eno bw'anneewuunya. Yeyanjula nga Molly, owa ssiniya eyokutaano eya Saayansi. Nze nnali mu ssiniya ya mukaaga olwo, nga nange nkola amasomo ge gamu nga ye ge yali akola. Omuvubuka bwe twali tutunuuliganye bwe yava ku katebe kwe yali, awo mu muti mwe twali, ono omuwala n'akyuka mangu n'akaddamu era ne tugatunuuliganya. Yali atunula akenekamu. Yagiranga n'asikamu ensige ati ng'azibiina, n'akyusa emmunye nga aziggya erudda bw'azizza erudda, n'akwata mu kiwato kye ng'eno bw'anyenya ebisambi, ebbeere ku kifuba ne litekena. Yayogeranga asiira era ng'Oluzungu lwe lulungi kitalo. Engalo ze zaali za goonja, nga ntono, enjala nga mpanvu, njeru, enviiri nga za munyeerere nkwafu bulungi. Amabeere gaali ga mpummumpu era temwali kaleega anti nga gakyali matutu. Namuggyangako amaaso ate ne ngabbirira nnyongere okugaliiisa ku bulungi bw'omwana ono obwali obuka. Emirundi mingi nga tugasisinkanya ne tumwenyamu ate ne tugaggyayo mangu ne tuba nga abateerabye. Sikulimba nti nnali ndabye obulungi nga buno nga bundi awo mu maaso kyokka nga simanyi kya kubukolera kubulozaako!

Twayogeranga kino na kiri nga tewali mboozi ekwatagana. Abawala abalala abaali awo nga nabo bambuuza engeri gye nasobola okukwata ebintu ebyo ne mbiyigiriza nga sikutte na kapapula. Omu n'ambuuza gye nnasomera *primary*, omulala n'ayagala okumanya oba nnina baganda bange. Mukwano gwange Bob yali ammanyi nti siba na mirembe mu bawala be ssimanyi, kwe kuyingirawo n'akyusa emboozi, ye n'atandika okubuuza buli muwala kano na kali, ne mpeera. Akade bwe kaavuga tuddemu, Molly n'asonseka akapapula mu ka *fayiro* kange akaali awo ku kimeeza. Kwaliko endagiriro ye: *Maria Nvannungi, S.5 PCB/M,* erinnya ly'essomero n'akasanduku ka poosita.

Twatandika okuwandiikiragana n'okuweerezeganya ebifaananyi. Mu butabo bwe nnali nsomye nga *Romeo and Juliet*, *Hamlet*, *Song of Lawino*, nnali njize obugambo obulungi ennyo obuwaana bwe nnali

sifunanga kakisa kubukozesa. Okuwandiikira Molly kyali kisalidde mu ntamu, anti nnabumugiirayo bwonna ne mutenda, ne muwaana, ne mmusuuta ne mubiita wamma ggwe omukwano ne gutojjera era ne gulanda n'okusinga ennanda, n'amakanda ne gusimba. Nnakakasa nti obugambo nga "*My gentle angel*", "*You're precious to me*", "*You're the prime minister of my heart*" yali tabuwuliranga, anti ng'abayizi abasinga obungi bafa ku masomo ge batwala gokka, ekitali ekyo nga babeera awo tebabaako kye basoma kirala. Kyokka ffe abamu nga tusoma ne kalonda omulala, nga kati bwe twoogera abantu balemwa okumanya kye twasomera ddala, nga anti buli wamu tulina ke tumanyiiyo wadde katono katya.

Nga sinnamaliriza ssiniya ya mukaaga, twasisinkana ne Molly emirundi esatu mu kukubaganya ebirowoozo (*debates*) anti naye yali *mwogeraluzungu*. Ku kasente kange ak'ensibo (*pocket money*) nga kwe mmogola ne ntoola ne mutonera ssako okumugulira obulabo ne kaadi ez'ebbeeyi ze nnamuweerezanga. Nnamugulira obukomo, obutambaala, essaawa, ne twalatugendeki ankwasa ensonyi okwogera! Olumu nnalimba abakulu eka nti ku ssomero baali batusabye ensimbi okugula ebitabo ebipya ebya *Biology*, kyokka bwe baazimpa kumpi zonna nazipokera Molly okumukakasa nti ddala nnali mwagala bisoko, ate n'okumulaga nti ssente si zaali kizibu kyange, wadde mu mazima nga zaali za kaweereege ng'eddya ly'obukadde era nga zaali zineekubya mpi. Twali bangi awaka ate nga tuli mu masomero malungi, kale nga abakadde bazeekuula bwekuuzi, era twabalekanga beeyaguza luggyo!

Bannange omwana omuwala ono yandya obwongo, yansensera mu busomyo n'atandekaamu na kategeera era kata ankubise n'ebigezo. Leka maama ndeke kumuwaayiriza, nze nnali mbyekubisa kuba teyali awo nti yankwatanga amaaso n'annemesa okusoma! Emirundi mingi nga mbikkula ekitabo okusoma kyokka nga nnyinza okukulungula essaawa nnamba nga sinnabikkula muzingo mulala; ndi awo we nnabikkudde ndozooledde, ndiwo mubiri naye nga omutima n'omwoyo biri wa Nvannungi. Nagiranga ne nkuba obufaananyi nti oba kati akola ki! oba ayambadde atya! oba yeebasse atya! Bwe nnagiranga ne nziggyayo ebifaananyi bye, olwo ne nzigwamu! Mu *desk* yange n'emitwetwe wange nga eriyo ekifaananyi kya Maasombira kye nnanywegeranga enkya n'eggulo. Nga ye kiba kiki okwosa olunaku nga sikikubyeko liiso! Molly yanfuukira ssaala, anti nnali sisobola kugenda mu buliri oba okubuvaamu nga sisomyeyo ssaala. Yanfuukira ekizibawo ekyebikkwa, olugoye olwambalibwa era n'abeerera ddala kabaane ku

ndingidi mu mutima gwange. Ebirowoozo byagiranga ne biggya ne neebuuza oba nnali sikuuma lubugo nga lubaale mubbe, oba ddala ne munnange yandiko nga nze bwe nnamuliko. Naye ate nga sirabawo kiraga nti tandiiko anti nga mu mabaluwa g'ampandiikira andaga nga bw'anfa era nga we ssiri naye asigala awo kintuntu, kissassalala. Omuwala ono yali amanyi obugambo obumpoomera, obwanziba amaaso ne bunzigyako n'okwegomba omuwala omulala yenna.

Wabula sitwalabaganako ne Molly mu mpummula, wadde nnali nkyegomba, kuba nze nnawummuliranga Nsimbiziwoome ye mbu nga awummulira wa nnyina e Mityana. Twayogeranga kino na kiri kyokka nga njagala nnyo okumubuuza ebimufaako n'ebifa ku bakadde be, anti maama yali yankuutira okwekkanyanga mikwano gyange n'okumanya obulungi gye bava. Wabula kabiite eno emboozi nga tagyettanira, emuwunyira ziizi. Kyokka lumu, ndowooza nga mpitiridde okumuteeteza ng'essaawa, bw'ojja nti terisirika, yampandiikira ebbaluwa eyannyungula amaziga. Yagamba bw'ati:

*"Ow'omukwano ennyo T,*

*Munnange webale byonna. Nze onsuza mboyaana nga mazzi ga Lake Victoria, anti bwe nkulowooza otulo tumbula. Nagano amayinja amagattemu omuceere ge batuwa okulya mbulwa appetite egalya! Mwana ggwe oli wa njawulo era oli wa ddala; oli fit ate omanyi love. Wano abawala bonna bakukankana kuba mwana olya show! Ko nze mundekere omulenzi wange! Tom abakutenda bankanga! Yap! Cool!*

*"Mukwano bye wali ombuuza ku my parents saagala kubyogerako kuba binkomezaawo ennaku gye mbadde ŋenda neerabira. Naye nga bw'oli ggwe siyinza kukukisa; ekyo okimanyi. Ggwe wange wekka ate wenna from A to Z, from Aruba to Zimbabwe!. Munnange dady yafiira mu kabenje k'ennyonyi ya Uganda Airlines eyagwa e Rooma. Ensimbi ze n'ebintu byonna baganda be baabituwambako mbu kuba ye ne mammy tebaali ba mpeta. Flat mwe twali e Bukoto baagituggyamu nga batusuulira ebintu ebweru era bwe tutyo ne tugenda ewaabwe wa mammy e Mityana. Nze olwo nnali mu P.6. Maama y'atukwatiridde ffenna. Wadde alina edduuka naye era oluusi things are not easy. Muto wange omu jjajja e Busujju yali amututte kyokka teyawezaayo na mwaka jjajja n'afa, muto wange n'akomawo. Bassenga tebatufaako wadde bagagga era tebatwagala kuba bamanyi nti be babba ebintu byaffe dady bye yali alesse. Happy, sweet kammonde, nkubuulire? Buli lwe ndaba abaana abalina ba dady baabwe nga bazze okubalaba ne nfa ennaku era ne nkaaba. Kati Tom nkakasa nti olugenda mu Vac olina okujja okunkyalira anti kati ggwe dady"….*

Ebbaluwa eno yankuba wala n'ekisa kyonna Nnantalemwa, Ddunda kye yantonderamu n'ekisaanuula ng'akazigo akawulidde akaliro. Okumanya nti nnalulungi wange nze gwe nnali ndaba nga taliiko kimubulako yalina ebizibu ebyenkanidde awo, nnamusaasira nnyo era ne mmalirira mu mutima gwange okumuyamba mu ngeri

yonna esoboka. Olaba nnyamba bataambuze nti ate ono eyansuzanga nkulungutana era nga nsagaasagana ng'ekibiriiti ekitajjudde! Leka ggwe, olaba nkaabira gwe baambikidde nti ate ankutukidde mu ngalo!

Nga mmalirizza ebigezo bakadde baffe baagula emmotoka Toyota Kigaati eya tixi era ne bagimpa okugisoloozangamu ensimbi. Obudde obwo nga taxi ntono ddala era nga za kulwanira. Kale okukugamba nti twayoolanga omudidi mba sikulimbye. Twakeeranga nnawankya tuutwo Bweyogerere, Mukono, Namasuba, Zzana, Kamwokya, Bukoto. Nga tufuluma ku nsowera ne tuyingira ku nsiri. Omulimo nga gwa bulumi. Abaana b'amasomero nga badda ku nze ne bajerega n'okunvuma mu Luzungu, nga kwebatadde, nga balowooza nti buli akola mu taxi aba teyasoma! Nga mu birowoozo byabwe tebayinza na kuteebereza nti nnali mmaze ssiniya eyomukaaga nga nsuliridde kugenda mu yunivaasiti. Lumu waliwo obuwala obwali bungeya ng'eno buteesa engeri ey'okumpisaawo buleme kunsasula; kirabika bwali mu ssiniya nga yakubiri. Akamu ke kaasooka nti: "*How do we get a free ride here*?" Ko akalala nti, "*Since you have bigger boobs, just sit near the stupid guy, press against him and electrocute him, then say, 'see you when?', as we jump out with a big smile!"* bwaseka; nze ne neewugguusiza ddala era ne neewugulaza ng'atakutteemu. Akatego kaabwo bwakatega, kyokka tekaakwasa! Bwe butuuka okuvaamu ne mbusaba ssente zange mu Lungereza olukambwe era ne mbubuulirira nti: "*Never ever take any person for a fool, my dear smart girls, for appearances may be deceptive*". Nabuteeramu n'ebigambo by'Olufalansa, wamma bukazi bwattu ne bufa ekitiibwa. Ndowooza essomo lye bwafuna kw'olwo tebuliryerabira.

Nga ndi mu kupakasa kuno okw'okupatikana, okusiiba nga ozuŋŋana ng'enjuki awatali kuwummulako; okuwunya kagwigiri ng'embuzi ennume, anti nga tusiiba mu bbugumu na mu nfuufu, wenna n'oguba n'okirako abakola ku magalagi, Molly n'ampandiikira ng'antegeeza nga bwe yali talowooza kukola bigezo bya ssiniya ya mukaaga kubanga nnyina ensimbi ez'okwewandiisa okutuula ebigezo zaali zimulemeredde. Nnali nsobola okuleka ebintu ebirala ne biyita kkuutwe naye nnali siyinza kuleka Molly mu matigga. Kano si ke kaali akaseera okudda mu kukkekkera ng'omuwuulu omusawo agamba nti: "eddagala eryange lifunyisa abakazi", nti: "ggwe olina bameka"! Nnali nteekwa okulaba ng'omwana akola ebigezo, anti yali abulwayo myezi bwezi okumaliriza.

Engeri Molly gye yali anfunidde ka kaadi k'essomero akankakasa nti nnali kojjaawe era nga nzikirizibwa okugenda okumulaba, ebbaluwa

saagiddamu, wabula nagenda bugenzi mu bbanka ku akawunti yange, maama Milly gye yali anziguliddewo, ne nzigyayo ensimbi, kumpi zonna kuzikukumba kuzimalayo, ne mbiteekamu engatto okwolekera essomero lya muganzi wange. Lwali lunaku lwa kukyalira bayizi, kyokka nga ndimu ekiwuggwe nti, singa nnyina ansanga ne muwala we tuyinza okulya amatereke. Bwe nnabuulira ku Molly ekyali kinneraliikiriza yagamba bugambi nti: “Hmmm kyokka Happy, ng’olowooza ndi musiru okutuuka awo? Mukwano obwongo bukola era mbukozesa ogwabwo. Tokitya, maama saamubuulira lunaku lwa kutukyalira era talina na kaadi ya bagenyi. Kale beera mugumu, tayinza kubonekako wano”.

Nga emmeeme emaze okunzira mu nteeko, twatuula mu kafo akalungi bwa babiri ffekka ne tunyumya. Nze nga nkiraba ng’ekirooto okubeera awo ne Molly, nga amaaso ge amalungi gatyo agatunuuliza nze nzekka era nga yenna ndi mu kumwota buliro. Essanyu lyanzijula omubiri gwonna era n’obudde sikulimba nti nnabulabako nga bukulukuta, bukuuliita bugenda. Wadde twatuulira essaawa enzingu nga nnya nze nnalaba nga abaakawunyawo obuwunyi. Nga obudde bwewerekera, essaawa y’abagenyi eggwako, nnamukwasa ebbaasa enjeru omwali emitwalo munaana n’ekitundu yewandiise ate asigazeeko n’ez’okukola ku byetaago bye. Mwalimu n’akatontome ke nnali mmuwandiikidde:

Ow’omukwano gwe ntenda
Nnalulungi gwe nnyimba
Nvannungi gwe nsinda
Ow’omukago ogw’essimba.

Sikutenda ne mmalayo
Sikusuuta ne nsulayo!
Yanguwa eno ne ndabako
Yingira eno nensunako.

Ggwe ttawaaza gye ntwala
Ggwe omulisa lye nkwata
Ggwe ssukaali gwe nnuuna
Ggwe mulungi gwe nsaana.

Luliba olwo n’ojja eka
Nga ggwe mukyala ow’eka

Balungi bonna n'obafumya
Nange ebikonde ne mbifunya.

Yangwa mu kifuba, amabeere ge n'aganyigira ddala ku kifuba kyange, n'annyweereza ddala, era n'anywegera ku mimwa emirundi oba emeka? Siyinza kugikugamba kuba olwo nnali ng'atakyali mu bulamu bwa nsi eno. Ooo, kiri kyali kika! Munno nnali sinywegerwangako ku mimwa, ogwo gwe gwasooka. Awo naawe kyennaliko okitegeera!

Nakola buli ekisoboka okulaba nga Molly tajula kantu. Omusaala gwange gwonna nagumumalirako ate bwe nnalaba nga nazo tezimala nentandika okuzisomola ku z'omulimo bwe mmuweereza mu mabaluwa ge nnawandiikanga olunye. Buba bulimba okukugamba nti mu luwummula lwonna olwo oluwanvu neegulira wadde essaati emu eti ey'omulembe. Bato bange nga bambi n'egula ekindaazi tebagiraba, nga sibakombya wadde omunwe gw'ennusu, kyokka nga eza Molly zo tezibula!

Bwe nnali ntandika omwaka gwange ogwokubiri mu yunivaasiti, nga nsoma eby'okulongoosa emmere, *Food Science*, Molly n'ayingira yunivaasiti y'emu. Kale toyinza okwefaananyiriza ssanyu lye nnafuna. Najaganya okusinga ow'amalibu alonze erinnyo! Ow'omukwano nnamwaniriza era ne mmulaga buli kafo akasanyukirwamu abayizi ba yunivaasiti. Oluwummula lwali lumunyirizza okusinga we nnasookera okumulabira, wamma ggwe nga nange okutambulako naye ntambula ngaziwa era nga nkaada.

Nvannungi nnamutwalako eka ewaffe, nga bwe nnakolanga mikwano gyange gyonna nga mbatwala eka abakadde ne baganda bange ko bannyinaze ne babasisinkana. Maama mu kwogera kwe okwempolampola yagamba nti: "Tom, 'ejjinja eryeyoleka teryonoona nkumbi'.Omuwala mulungi naye engeri gy'avulungulamu amaaso eyo, tendabikidde kuba ya buntubulamu". Yagattako na bino nti: "Mwana muwala alejja, tasengejja bigambo ate alabika ayagala nnyo eby'obulungi ate nga bya ku mukeeka. Mu njogera ye yonna siwuliddeemu nti alina gw'alumirwa yenna; yeerowoozaako yekka…"

Maama nnamunyiigira olw'ebigambo ebyo kuba nze nnali mmanyi Molly anjagala era nga ye muwala gwe nnali nsoose okwagala, nga nninda kadde kokka tufumbiriganwe. Nnalowooza nti olw'okuba maama ono yali tanzaala y'ensonga eyamuleetera obutanjagaliza muwala mulungi nga Nvannungi. Kyokka maama yaŋamba nti kyandibadde kirungi ne ŋŋenda ndaba ewaabwe w'omuwala e Mityana,

nga bw'alumiriza nti awo tewaliirwa ntanda, kinnya na mpindi, ate nti egindi wala nga teri mumanye.

Natandika okwekuba ku Molly antwaleko ewa nnyina kyokka buli lwe namugambanga ng'awampanya, apalappalanya nga atatte mukago, awoza jjo jjuuzi. Waliwo lwe nnamala wiiki bbiri nga simukubyeko lya ngege! Banne be nnali mmanyi nga nabo tebambuulira kituufu wabula okuwoza mbu asoma nnyo, ayagala kufuna sikaala. Oluvannyuma bwe yaboneka ate ye yambikira bubikizi mbu nnyina yali afiiridde mu kabenje ka bbaasi akaali kagudde ku lw'e Mityana. Eggwanga lyonna lyali lisannyaladde olw'akabenje ako omwafiira abantu abasukka mu ana.

Nga mmaze okumusaasira nnamubuuza lwaki ddala yagenda bugenzi nga tambuulidde ne mmuwerekerako; wadde okugambako banne bantegeeze! Eno nga bw'akaaba yaddamu nti: “Tom, ekyantuukako tekigambika; kale nange simanyi lwaki, naye nagenda bugenzi kiwalazzima”. Namusiisiitira eno nga nange bwe gannyunguka, anti nga mmanyi okuviibwako omuzadde kye kitegeeza, ate nga ntegeera nti ono yali asigazizza nnyina yekka, kati eyali agenze mu ngeri ey'ekikangabwa era. Namuwerekerako okumutuusa ku kisulo gye yali asula, era ne mmuwa n'ez'amataaba okumukubagiza.

Molly essimu yagigyirako ddala nga sikyamuwuliza ate nga yunivaasiti nnene bulala, tosobola kulaba muntu nga temusomera wamu. Mu Ekeleziya nga nayo takyalabikayo. Bwe nnamubuuza lwe nnamusaangiriza, yagamba mbu yali asabira mu Kkanisa kuba nnyina yali Mukulisitaayo. Essande bbiri ezaddirira nange bwe nnavanga mu Ekeleziya nga ŋŋenda mu Kkanisa, anti bo baasabanga lukobo, nga balwamu nnyo, nga nsuubira nti osanga eyo gye nnaamukubirako ku kimunye. Kyokka emirundi gyombi teyalabikayo, wadde yankakasa mbu yaliyo. Bwe nnamubuuza ebyagenda mu maaso ku ssande ezo mu Kkanisa, nga atamattama, n'oluvannyuma alyoke ajjukire mbu yali asabidde mu balokole, mbu kuba banne baali bamutwalirizza agende nabo awone ekiwuubaalo n'ennaku ya nnyina eyali ejula okumutta.

Natandika okuwulira nga omukwano gwe guntamye, kuba nnali sitegeerera ddala kigenda mu maaso mu bulamu bwa Molly. Nze ate bannange onkola ekirala naye okunnimba ne mmala nkugwamu, nkuggyamu obwesige. Nnatandika okusuula enkessi okumanyira ddala ekigenda mu maaso. Lwaki Molly yali akyuse nnyo okuva lwe yatuuka ku yunivaasiti! Yanfaananira okuba ng'aneetooloola n'okuneetoolooza, kyokka ne sikitwala ng'ekikulu, anti nga nange mmanyi omusomo bwe

gumanyi okufuumbiikiriza abantu ne gubabuza embiibya. Emirundi ebiri nnamuwa ssente okubaako by'anguliza kyokka ng'ambala omufuulo. Ssimu nze nnali ngimugulidde, olwo nno nga kye zigye zijje, kyokka nga tankubira wadde nga nnamuwanga n'ensimbi ezigyogeza, zi *airtime*. Okwemulugunyaako nga agamba kimu kya kubulwa budde. Naye bannange wadde *message!* Etwala obudde bwenkana wa? Oluvannyuma n'ennamba ya ssimu yagikyusa n'atambuulira, ekyandagira ddala nti yali aneesammulako.

Olwali olwo, tuba tuli awo mu muti ku yunivaasiti nga tukola omulimo *pulofeesa* waffe gwe yali atuwadde; nga tukooye, ne tutandika okulasa emboozi. Omuvubuka, Joram, eyali avudde erudda lw'e Kyaggwe eyo yali awuuba akatabo ne muvaamu ekifaananyi ky'omuwala ne kigwa. Yakirondawo mangu ku busubi, n'akisiimuula n'akiwunyako nga bw'agamba nti: "Eno *deemu* yange mwana ya kabi eri *cool*. Ekyali *fresh* era *weekends* kati ssatu ekinkooneramu. Naye *boy*, erya *cash*, oba erowooza nti ndi *ATM,* buno obuuma obutaggwamu ssente!" Bonna baaseka, okuggyako nze, kuba olwo nnali njasaamiridde era nga ndozooledde ntyi, nga nkirako ekyennyanja, kuba eyali mu kifaananyi nnali mmumanyi. Bwe nadda engulu kwe kumubuuza omuwala ky'asoma ku yunnivaasiti, gy'asula, essomero gye yava n'amannya ge. Ko ye nti: "Tom nga obuuza bingi, oyagala kunkwata mu liiso? Vvaawo ggwe nange onsanze ndaba. Nkumanyi bw'omwenya bwoti teri muwala atakugoberera. Kyokka akawala kali *fit* singa si kwagala ssente bwe katyo". Baayongera okutendereza obulungi bw'omuwala n'okuwaana Joram olw'okuba n'ebbona, olwo naye n'atubuulira ebifa ku muwala. Yatutegeeza nti yali yamukwanira mu ssiniya yakuna. Yatubuulira omuwala gy'azaalwa, nti era mu ssabbiiti nga ssatu ezaali ziyise baali bagenze n'omuwala ewaabwe w'omuwala ku mbaga. Mu luggumuggumu n'amugamba nti nga mpulira omuwala oyo talina bakadde be, ko ye nti: "Oyo oyogera ku mulala naye si ono Molly owange. Owange bakadde be bombi gyebali e Buwama" Ko nze nti: "Oyo omwana si w'e Mityana?" Ko Joram nti: " Ee wa? Sirowooza nti e Mityana amanyi nayo!"

Eby'okusoma nabiggalawo ne ngogonoka wansi awo nga amagulu gaanzitowa ng'ennyondo, kumpi nkulula makulule, ne nkembakemba nga nzenna mu mutwe mulimu obunyenyenkule obunjiijiira, amatu nga gampaawaala, gampuuma, galimu obulege; akamwa nga kankambagga era nga tekakyalimu na tulusu, olulimi nga terukyasituka, olususu nga lunsusuukirira, luyiye olutiko era nga mpulira omutinti n'ekitengo.

Nayingira mu kasenge kange oluggi ne ndutaba, nga si ye nze! Naggyayo ebifaananyi bya Molly byonna ne mbiyuzaayuza nga bwe nkuba ebikonde ku mmeeza eno ng'amaziga bwe gampitamu, eminyira nga ginsowoka, ginjiika, entuuyo nga zittulukuka. Neevumbika mu kitanda kyange, olw'okukabirirwa amaziga ne geeyongera okunkulukuta! Kye nnali ntegedde nga sisobola kukikkiriza, ate nga ne bwe sikikkiriza sisobola kukikyusa. Natandika okwewuunaganya mu birowoozo nti: Iiii Molly! Abantu nga tebeesigwa! Ddala wali onkozesa bukozesa, tewandiiko! Obudde bwonna wali onnimba bulimbi na kundyekadyeka kundyako byange! Mazima tewandibadde ggwe n'onkola otyo! Ne nkaaba!

Nnali siguma kukikkiriza nti ne wennamulabira mu ssiniya eyokutaanu nga aliko empeekera era nga mukugu mu by'abasajja! Okugaana okuntwala mu bakadde be nga amanyi byonna bye yali aŋambye byali bya ppaa, bulimba omutali wadde ettondo ly'amazima erimu liti! Ebbanga lye yabulanga, ng'ali na mulenzi we bapepeyuka nze ng'anzannya buzannyi! Mazima n'atuuka n'okugamba nti bakadde be bafu sso nga magezi ga nkolya ga kulya nsimbi! Nnali sifuulibwangako musiru kutuuka awo. Bwe nnajjukira byonna bye nnali nkoze mu myaka esatu, olw'okuba Molly, wamma ne neetamwa emikwano gy'abawala. Nkimanyi n'abalenzi bangi abalimba abawala bwe bati ne babaleka mu lwayaba. Kyokka nga tekinnakutuukako tosobola kutegeera bulumi bwakyo, anti gwe kitaliiridde nnyina, y'agamba nti linda obudde bukye.

Ekiro ekyo saalonda ku mpeke ya tulo olw'ebirowoozo ebyali biteevuunya nga munyeera mu bwongo ne mu mmeeme yange. Nalowooza eky'okukola omuwala ono ekinaamulumya ne kimunoza nga sikiraba. Nalowooza okugulirira ga kanyama gamukwate gamutaaguletaagule, gamugajambule; oba okugenda okulelembuka naye muswazeswaze mu banne, oba okumwekubira ne mmuleka mu kkubiro. Kyokka bino byonna nga ndaba tebisaana kukola muntu gwe nnali njagala bwentyo era nga ne mu kaseera ako muli nnali nkyamwagala. Okugulirira omuntu kizibu okulowooza nti taakuyiweeyo; ate okukuba omuntu ku yunivaasiti nga musango gwa Nnaggomola, oguyinza okunsuula mu katyabaga sinakindi mu *mbuzeekogga*. Nnali nkimanyi bulungi nti omuntu omugunjufu ensonga ze tazimalira mu kulwana na kukozesa lyanyi wabula mu kuteesa ne mu mateeka. Nnali siyinza kwessa kutuuka ku ssa lya bali abataagunjulwa era abaavu b'empisa. Nasalawo okunoonyereza ewaabwe ŋende mbyokye bakadde be, mbabuulire nga bwe yabafiisa n'okubafiisa

asobole okunsimbamu oluseke okunnyunnyunta n'okundeka obuggo, nga musondera eza kino na kiri nga bwe yannimbanga. Nafuna ennamba Molly ne muwulugumiza ssimu nga neecwacwana, ntaamye bugo nkirako ensweera enkubeko, ne mutegeeza nga obulimba bwe bwonna bwe nnali mbwerudde era nga bwe nnali ŋenda mu bakadde be e Buwama okubategeeza byonna. Saamuganya na kunziramu kigambo, ssimu ne nginyiga ne ngiggyirako ddala.

Zaayita bbiri zokka, mba ndi awo ku kisenge kyange, ng'enjuba yeesolessa mu nnyanga gy'esula, nga nzimbye ng'obudde, nzijjagadde ng'ekibira, nfa ekiniga, ne mpulira akoonkona ku luggi lwange mpolaampola, be kko kko kko. Saayanguwa kumuggulira, kuba mu bbanga eryo nga saagala kusisinkana muntu yenna, nga mpulira bonna bantamye era nga bonna mbatwala nga balabe bange abajjudde obulimba n'enkwe. Yayongera okukoonkona. Mu busungu obwali buneetimbye, oluggi ne ndubandulawo. Kale teeba gwe nnaggulira! Kata nduggalewo ndumukube, naye ekyaŋaana okukikola kyanzita!

Yali Molly! Ng'ayambadde ka bbulawuzi ka kitakataka, nga kumpi kaveera, katangaala nnyo era nga kalaga omubiri gwonna. Mu mabeere ge agaali gatannagwa bulungi temwali kaleega,era nga bwe yali enkola ye. Yali mu ka sikaati akamiimo era akakete kati, nga ka jiini eya bbululu, nga ku mukono gwe ogwa kkono akwatiddeko ekkooti empanvu ey'ebbeeyi nga nzirugavu, nga mu ngalo mulimu essimu. Ku maaso nga awagiseeko gaalubindi ez'omusana, wadde gwali guweddeyo. Ndowooza yajja yeesuulidde ekkooti eri, kuba siraba muntumulamu bwe yandisobodde kutambula mu bantu mu ngoye Molly ze yali ayambadde. Ekkooti yagisuula galabanja ku kitanda kyange n'engatto ze yalimu ez'akakondo n'azisamba n'aziggyamu, n'ajja nga ajejemba nnyini, ayanjaza amagalo mbu angwe mu kifuba nga bwe yakolanga. Ko nze, tongaalirako mimwa gikulinga egiyita Aana! Ogabattukkira ku balala naye nze tondabanga! Nga olwo nzimbye nkirako ekkere essaata, omutima guntundugga, nzisa nga nte. Obusungu nga butuukuumye, bwesera, bubooga, ne nkasuka ekitabo kye nnalina mu ngalo, ne nkwata mu ka bbulawuzi ke, awo nga amabeere we gaawukanira ne nkataagula nga nkamususumbulako bbe kkwa. Yali awoza "Tom naawe" ne muviira mu luyi vvoomwange ne ndumubabika n'engalo ne zisigala ku matama ge yali ammesse pawuda. Bwe yatalantuka n'abaka leediyo yange aginkube, ko nze, tonjoogera mwange era manyiira sayizi yo bwe mulya amayenje. Namuwujja oluyi olulala, olwo waalaala n'amera ku mumwa. Abayizi mu kisulo

beekulumula mangu okujja okulaba ogubadde. Mangu ddala olwogoolo ne lukirako olwali ku njovu e Kavumba. Abaasookawo baamuntaasaako mangu, kyokka okutemya n'okuzibula nga ne Poliisi ya yunivaasiti egobye bumale. Omuwala ng'atulubira, asuukiira, awoloma, n'okuwooba nga bw'awooba, yabategeeza mangu nga bwe mbadde mukwata nga mmukaka omukwano. Waggulu yali bwereere ate nga n'akasikaati ke akasumuludde zzipu eyali mu maaso, nga akawale ke akaali akeeru kalabika. Mu mbeera eno nga ebyange tewali ayinza kubikkiriza yadde okubiwuliriza. Tewaali kubuuza kyali kimuleese mu kisulo kya balenzi , tewaali kubuuza oba twali tumanyiganye, tewaali kuwuliriza kye nnali mbagamba ekyavaako omujolimo. Munnange nga aba Poliisi bankwata, baampalaawala, baampalampya, bantwala sirinnya, nvunaanibwe ogw'obuliisamaanyi!

Bannange akwagaza ekkomera akira omulogo! Olwatuusibwa ku Poliisi nga mmaze okuwa *siteetimenti* yange, okubategeeza nga bwe gwali, omupoliisi omukyala n'ambwatukira nti; “Ggwe lukwata bakazi yanguwa wano”. Ggwe nno oba obadde olowooza nti omuntu taba na musango okutuusa ng'akakasiddwa kkooti y'amateeka nti agulina, byerabire. Owa poliisi yennyini ye yantwala nga nninga amaze okumeggebwa ogw'obuliisamaanyi! Yandagira engatto okuzinaanula bunnambiro, mwana ssaawa, musipi, ebisumuluzo, olwo ne baanjaza, oba ŋambe nti ne bampenja. Nga nsiindiikirizibwa, nnasindikibwa mu kaduukulu akaali kakutte kazigizigi nga kakirako emagombe. Seminti yali annyogoga ng'omuzira ate nga alumira ku bigere olw'ebitaka, nga akasenge konna kawunya ekigungu kikirako ssaabwe w'endiga. Nnali sineetegereza ne mpulira ansika omukono nga annyongerayo mu nzikiza, ne nninnya mu bizzi! Mba sinnategeera, abavubuka bana ne bangwako ekiyiifuyiifu, omugole ky'agwa ku nkyakya za bba, ne bambuuza akana n'akataanu, ekyali kindeese, amannya gange ne gye nnali nva ne gwe nnali nzizizza. Sikulimba nti bampa n'akadakiika okubaddamu, omu n'antandaggira omugere, omulala n'ampumiza ogukonde ssaako okunjokya oluyi, kata n'oluba aluwogole. Nga ndi ku seminti nvuya, ensambaggere zaayongera okudya. Nakanda kuleekaana abaserikale bajje bamponye nga waa! Natulugunyizibwa ekiro kyonna era ne nkolwako n'eby'ensonyi bye nnali mpulira obuwulizi nga sikakasa nti abantu basobola okubikola. Ka bulangiti ke bampa okwezingamu kaali kawunya ekkalalume ate nga kajjudde enkukunyi n'ensekere nga ziteevuunya. Mu kaduukulu temwali kaabuyonjo, wabula nga ekidomola ekisaleko ekya waggulu kye kidoli abasibe mwe

bakojoba. Ekyo nga nnina okukitwalayo gye bakiyiwa, anti nga omusibe omuggya ogwo gwe gumu ku mirimo gye. Ennaku essatu ze nnamala mu nkomyo zaali nga omwaka omulamba. Bye nnalabayo n'ebyantuusibwako nga ndi eyo na buli kati bikyasimbye bwanda mu mutwe gwange, n'ebinuubule bye nnasigaza ku mutima gwange na guno gwaka tebiwonanga. Ekisinga okunnuma eyabintuusaako yali muntu gwe nnali mpadde omutima gwange gwonna, gwe nnayagala ne neemaliramu ddala okusinga abantu bonna. Molly Nvannungi ndifa mmulojja!

Wadde amateeka gaali tegakkiriza muntu kumala ssaawa 48 nga tannasimbibwa mu maaso ga mulamuzi kuvunaanibwa, nze mu kaduukulu nnakulungulamu ennaku ssatu nnamba. Bakadde bange n'abooluganda, ssaako ab'emikwano beekubaakuba okuzuula ensimbi okuzisoonseka aba poliisi basobole okunta ku kakalu ka Poliisi. Nga nteereddwa, natuukira ka ewaffe. Nzenna nga sifaananika nno, nninga akajangwa, ngubye, kammunguluze aneetoolooza, emmeeme ensiikuuka. Bato bange ne mikwano gyange abatono abaaguma okujja okumbuuzaako nga nvudde mu kkomera nga ndaba beebwalabwala, tewali aguma kuntunula mu maaso. Amawulire gaali gampandiiseeko nnyo era nga gonna gakinteekako nga bwe nnali nkwata omuwala. Ekifaananyi kyange kyafulumira mu mawulire ag'enjawulo nga naakakwatibwa, enkeera ate ne lwe nnateebwa era amawulire ne gandaga. Egimu ku mitwe egyafulumira mu mpapula z'amawulire gyali gisoma giti: "*Ow'e…baamukutte atunuza omuwala mu mbuga ya sitaani ku mpaka*", "*Omuyivu omuliisamaanyi aggaliddwa*","*Omuyizi wa yunivaasiti omuliisamaanyi ateereddwa*".

Wadde taata amawulire gano nnakimanya nti yali alagidde muto wange agateeke wala kyokka ye yagassa wansi wa kitanda kyange gye nnagagwiraako mu kwegayaaza ne ngeesomera. Ennaku yajula okunjabya omutima. Nnali sirina ngeri gye mmatizaamu muntu yenna nti ekintu ekyo saakikola. Nnali nkimanyi nti abantu bangi buli kye balaba oba okuwulira mu mawulire, awatali kwebuuza kwonna, balowooza nti kiba kituufu. Nandiswadde mu bantu abalala, naye okuswala mu maaso ga bato bange, n'okuswaza bannyinaze kyankuba wala. Kale nga nnali ŋŋenda kulabika ntya mu bammanyi, be nnali nsoma nabo, abantu mu ssinzizo lyange gye nagendanga buli Ssande? Ne jjajjange e Buddu nnali nkikakasa nti gano gaali gamutuuse, kuba yali tagwa kuwuliriza mawulire, era nga ne ku Kyannanjula bateekwa okuba nga baagasoma oba okugawulira ku leediyo. Ensi wadde yali ngazi naye

nze yali enfuundiridde. Nnali nnyinza okuddayo ku yunivaasiti ne nsoma? Buli muntu yali ajja kuba ansongamu olunwe, nti wuuyo atamanyi kuteesa na bakazi, abakwata lwa mpaka! Waliwo n'eyanzibirako nti wonna mu bisulo by'abawala baali ebifaanayi byange babitimbyeyo nga bataddeko ebigambo bino: "*Beware, rapist*" ebivvuunulwa nti, "Mwekuume ono muliisamaanyi". Nze eyali asuubira okwesimbawo okuvuganya ku bukulembeze bw'abayizi mu yunivaasiti, ebyo nnali nnina kubiwummula, anti nga sirina bwe nnyinza kuyimirira mu bayizi kubasaba bululu nga mmetteddwa n'okusiigibwa enziro eyenkanidde awo. Emmere yannema, ne nsulanga nga ntunula ne nsiibanga nga neebuuza era nga neekaabira.

Oluvannyuma lwa ssabbiiti emu nasimbibwa mu maaso g'omulamuzi mbitebye. Ogw'obuliisa maanyi gwanzigyibwako ne nsigaza gwa kukuba muwala na kumuyuliza kagoye ke. Omulamuzi yandagira okuliyirira Molly akakadde ka ssilingi kalamba, olw'okumulumya, ate n'okusasulira mbu obujjanjabi bwe yafuna. Nkakasa nga ye engeri gye yalina ekitambo ky'okwagala okufuna ez'endola, muli yali asekera mu ttabi lya ngalo. Nze nga nfa ekkonda, n'eggimbi eryandi ku mwoyo. Ddala kiki ekyali kitutuusizza okubeera mu kkooti nga ngasimbaganye ne Molly! Kituufu omululu n'omulugube gwe ogw'okufuna ate n'ensonyi okuzifuula obusungu, kyali kimu. Ekyokubiri kyali ku ludda lwange. Singa nnali nkutte ebigambo bya maama yennyini ne maama Milly, osanga sandigudde mu ntata. Naye ekisinga obukulu singa nnali nfuze obusungu bwange, nga nsibidde wali we nnali mmanyi nti omugunjufu takozesa lyanyi kugonjoola nsonga, osanga nandibadde sigwa ku kyookya enkucwa eno kye yansuulako. Erinnya ebbi litta nnyini lyo, anti 'nva nnungi, tezirwa kugaga' oba kuyite okusaakaala. Ddala abalungi mbwa ya nnamaaso bweteyigga ebba!

# 10. Okutambula kulaba okudda kukola

"Tosibanga busungu kuba bulwaza ggwe abusiba oluusi nga ne gw'obusibidde tamanyi. Tobanga na mpalana; n'akukoze ekibi omalanga galeka ne weyongera mu maaso". Ebigambo bya maama ebyo bye yannaamira nnabyebuulirirako nnyo mu kadde kange aka kazigizigi era nkakasa nga byakola kinene nnyo okunsika mu nnyanga, gwe nnali mpita ow'omukwano mwe yali anyugunyizza n'andekamu nga mpammanta. Maama Milly naye yali tayosa kutubuulirira nti tekigasa kulemera ku kiyise, kuba ne bw'okirowoozaako otya, tolina ky'okyusa okuggyako okwerwaza wekka n'okubeera awo mu bunakuwavu. Ebyayita ku mpewo nnali nnyinza okubiggyayo? Ye abaffe amawulire ag'empapula gonna agaafuluma mu nnaku ezo, nnali nsobola okugookya ne ngasaanyawo? Bwe nnamanya nti eky'okuddamu kiri "Nedda", nga era mmanyi nti kkooti lwe yanzigyako ogw'obuliisa maanyi ab'amawulire tebaakiwandiika nako mu mpapula zaabwe wadde okukiyisa ku leediyo, nnasalawo ebyo okubisuula ennyuma. Naye kimanye nti kino kyangu kwogera naye si kukola, wadde nnali mmaliridde okukikola olw'obulungi bwange. Saali mwetegefu kudda mu kuwoloma na kuwooba nnaku zonna. Abo abatono abaali bategedde nti saalina musango, okuggyako ogw'okuvaako waya ne mpacca omuwala empi, ne mmutindiggira n'emigere, gwe nzikiriza nti gwansinga obutafuga busungu bwange, baakimanya, sso abangi abaali bakakasiza ddala nti omusango nnaguzza, nnali sirina kya kubakolera. Bw'entyo natandika mpola okugenda mu maaso n'obulamu bwange, wadde nnamala ebbanga nga ntambula neekookoota, neebwaalabwala ng'olubwa olubbi, omutwe nga ngukoteze ng'endiga era nga nsojjolimba busojjolimbi, nze omusajja eyali atambula awera, nga n'ettaka ndirinnyisa maanyi! Natandika okwetikkiranga entasoma okubikka amaaso gange. Mu bantu, nga mboneka bubonesi nga mwezi, nga sikyagenda ku binyumu era obudde bwange bwonna nga mbumalizza ku misomo gyange. Ekkalaamu terimba singa oba otaddeko omwoyo, bwentyo nange emisomo nnagimaliriza nga nkubidde waggulu nnyo, nga nfunye ne sikaala okugenda okwongera okusoma ennoongoosa y'emmere esibibwa mu mikebe, mu macupa ne mu mapaketi. Nnali wa kwolekera yunivaasiti entutumufu mu Amerika. Olabye Kakensa, Lugaba bwatalyazaamaanya!

Jjajjange Alibatafudde, enjogera ya 'kutambula kulaba okudda kunyumya' yali yeewa obuyinza n'agidibya, n'agisikiza eyiye egamba nti,

"Okutambula kulaba okudda kukola", nga agamba nti ataambula n'atabaako ky'ayigayo kimugasa era n'adda n'akikola, aba amaze budde na nsimbi ze bya bwereere okutambula. Jjajjange nnamuwagira mu ndowooza eno era nange olugendo lwange olwantolontosa obusiiriivu bwa mmayiro okuntuusa e Bulondogganyi gye balya ebikalubitaaka, nnalufunza mu bigambo bino eby'omudigido, bye nnawandiika nga nnakamalayo amazooba nga gaago.

**Olugendo lwo mu Amerika**

Olugendo lw'omw'Amerika mbatendera
Nalutandika ab'ewaffe nga baseka
Okugendayo ku Visa okugifuna
Saalina ddigi munnange natambula.
Abayaaye b'omu kibuga nabasala
N'abajaasi ba munnaffe omuseveni
Bwe nabakuba ekimmooni tebandaba.

Olw'okusiibula lwalwa nno, nga lugoba
Nze nnali mpapa bangi saabasiibula
Nalumizibwa ab'ewaffe okubaleka
Naddala omuto Joan gwe nayagala.

Bwali bwa kiro ennyonyi yaffe okusitula
Ku lugendo lwayo yiiyo mu London
Baatugabula, nga twalya ebitobeke!
Ennyama enkoko ne keeke kawoomera
Mwalimu bbiya, nnamuleka oyo saamunywa
Wabula nanywa ka chayi akanyunyufu.

Bungereza titwalwa twamusiibula
Okwolekera New York mu Amerika.
Bwe natuukayo bannange nayasama!
Ebizimbe ggaggadde nnyo biri biti
Ate wattu nga biyonjo okukamala.
Enguudo ziri obugazi sikutendera!

Amamotoka mangi nnyo okugabala.
Abattulafiki banene nnyo bali bati.
Ow'ekimala, kkomera, yo teri bino.
Ebitaala ku nguudo ziri bwe biyaka
Wonna wamema gy'obeera nti Wanjuba!

Abamerika ba malala tebawena
Kyokka bakozi, bo kumpi tebeebaka.
Balina ennusu abantu bali ebawulira
Okugifuna bagikeera okugikola
Eky'okugigaba ekitone ekyo tebaafuna!

Kye nnayagala mu Amerika kiwulire
Bo tebeemotya, n'abaana bakangufu
Buli mulimo gwa ttendo tebeevuma
Baatamwa asaba nkugambye tebagendeka.

Kye nnalabayo ekyannyiiza kye kiikino
Baagala kkapa okukira ggwe Omufirika
Okukwagala nga balina kye bafuna
Bakusosola olwa langi okukuguba!
Bazibuzibu abantu abo okubayiga.

Bye nnalaba n'okuyiga mu nsi esinga obugagga mu nsi yonna ate nga nnene bwaguuga, siyinza kubikulombejjera ne mmalayo wazira okukujabulirajabuliramu osobole okufuna ekifaananyi.

Amerika yalwanirira era n'ewangula obwetwaze okuva ku Bungereza mu 1776. Bw'obalaabala okiraba nti eridde emyaka! Enfuga

yaayo ewa abantu eddembe lingi okwogera ebibaluma, okuwalalira gavumenti awatali kubakuba ku mukono, okwerondera abakulembeze okuviira ddala wansi mu bubuga obutono. Olaba n'abalamuzi b'ebibuga abantu be baberondera mu kalulu ka bonna! Abantu balina eddoboozi ddene nnyo mu ngeri gye bakulemberwamu, ate jjukira enjogera egamba nti: singa gavumenti etya abantu baayo, obwo buba bukulembeze bulungi, *demookulaase*, kyokka singa abantu batya gavumenti yaabwe, omanya nti obulwa butuuse, eryo ffugabbi, bwa nnaakyemalira ng'eggalo essajja, lye likuba ennoga lye litta n'ensekere!

Omwana okuyiga okutuuka mu ssiniya ayigira ku nsimbi za muwi wa musolo era bawa emisolo mingi, kyokka ogiwa osiima kuba olaba kye gikola. Enguudo nnungi nnyo ate ngazi, emigga tebagitinda nga bagiziba n'ettaka, nga wano bwe bakola, wabula bagikolako ntindo ezigiyita waggulu gyo ne gisigala nga gikulukuta n'okukulugguka nga gigenda gye gitamanyi, awatali kutaataaganyizibwa. Ku nnyanja amaato kwegali agatambuza abantu n'okusaabaza eby'amaguzi. Ennyonyi, haaa, oba nkugambe ntya! Ku makya mu bwengula bwa Amerika mubaamu ennyonyi eziwera 5000, ezitambuza abantu okuva mu kibuga ekimu okulaga mu kirala n'okuva mu nsi emu okwolekera endala. Toyinza kukikkiriza, naye nga ne bw'ogaana okukikkiriza ekyo tekikiggyako butuufu bwakyo. Mmotoka, ezo ziringa binyinyi, anti amaka agamu osangamu emmotoka ssatu oluusi n'okusoba. Omwana okuweza emyaka 16 avuga mmotoka mu butongole era mu mateeka. Eri nga tekibajjira na mu birowoozo kubuuza muntu nti, owange olina mmotoka? Ky'osobola okumubuuza kye kino nti, wagisimbye wa? Mmotoka mu Yuganda kya muwendo nnyo, kiraga agirina nti asuumuseeko ku balala era asooloobye. Agirina atambula agaaga nga eno bw'awuuba obusumuluzo, ate bw'aba muvubuka n'olaba abawala abamwemoolerako nga basuubira okufuna akakisa okubatwalako bawone akafuufu n'okunyigirwa mu taxi! Ate bw'aba mukazi nga y'agirina, abasajja bangi bamuyita wala nga bamutiira ddala kuba aba abaleebezza. Si mu Amerika!

Kumpi buli wamu, n'eri ewala ennyo ku lukooto mu masosso, yonna eriyo amazzi mu buli nju, amasannyalaze n'essimu ate nga bya miwendo misaamusaamu okubisasulira. Abantu tebamanyi nti mu nsi eriyo abafumbya enku oba amanda. Ebibira balina bingi nnyo kyokka okuggyako okusalamu embaawo okuzimbisa n'okukola ebibajje, enku zivundiramu nga teziriiko azinyeze nti woowe ayi! Emmere balina kamaala, akaalaba Omusoga. Buli kintu bakirina mu bungi ate nga

kirungi. Obuyonjo bubali mu musaayi. Okumansa ebisasiro, oba okoze kivve, bw'okwatibwako engalo owa engassi nnene, bakumalemu essagaliko n'ettigimbuli. Olaba n'alina embwa atekwa okuyoola w'eyonoonye oba si ekyo etteeka limumyumyula limumalemu akabanzi mu mutwe ogwo akamugaana okuyoola obubi bw'embwa ye.

Mu Yunivaasiti mwe nnali twalimu abayizi abasukka mu 7000 kyokka nga Abaddugavu otubalira ku ngalo. Twali nze Munnayuganda, omuvubuka omu Munnaggana, omuwala eyali ava e Kameruuni n'abawala abalala babiri omu nga yali Mumerika omuddugavu ate omulala nga ava eyo mu bizinga bya Karibiyani, olwo nga tuggwayo! Mu kibiina mwe nnali nga nze Muddugavu nzekka era nga balindirira nnyo okuwulira kye njogera, anti nga bangi balowooza nti sitegeera na kye baliko! Olaba baambuuzanga engeri gye natuukamu mu Amerika! Nze nga mbeddiramu nga n'okulatta ndatta nti, nnatambula butambuzi, nga nange siri ku bagwagwa! Nze neezira kumbuuza kibuuzo kya kisiru, kuba nange mba nzija kukuwa *ansa* ya kisiru, egya mu kibuuzo kyo, olwo ne twenkanya evvumbe. Nga balina endowooza mbu ffenna mu Afirika tusula mu miti oba mu busiisira, tufumba ku mayinja era tetwambala. Okubagamba nti naffe tulya ennyama, nga bambuuza kye tugibaagisa oba tulya mbisi! Bali kale nga bawuda!

Lumu omusomesa waffe yeewunya okulaba nga nnali mmanyi okukozesa kompyuta, nga ate mu bayizi Abamerika mwalimu abaali batamanyi gy'eddira! Yambuuza engeri gye nnagiyigamu, ko nze nti, ng'abalala bwe bagiyiga! Kyanneewunyisa okwesanga nga nnali mpandiika Oluzungu olutuufu okusinga abamu ku bayizi Abamerika be nnasomanga nabo! Nnasomesanga abayizi abali ku ddiguli yaabwe esooka kyokka nga engeri gye bawandiikamu Olungereza ekukwasa ku mumwa, kuba lwabanga lukyamu nnyo! Okulwogera obulungi kwo kwali kuzibu ku nze, anti kumpi tekisoboka kwogera lulimi lutali lulwo n'olutuusa nga abazaaliranwa ate nga oluzzeemu luvannyuma nnyo. Kyokka okutendekebwa mu kwogera Olungereza kwe nnali nfunye nga ndi mu ssiniya kwankwatirira kinene era saasanga buzibu bwonna kutegeera kye baali bagamba, era nga nabo bantegeera bulungi, obutafaananako bannange abaali bava mu nsi endala, ng'Oluzungu luvuluga bali n'okubazannya, naawe wooli n'obasaasira!

Si mukulu si muto, nga beebuuza lwaki Abafirika situlina nviiri mpanvu; anti ezaffe zikonkomalira kuli tezigenda wala nga zaabwe. Toolabe bano abakazi abagula kafaankunaaye yenna, omuli n'ez'abafu oba, mbu kuba bafa nviiri mpanvu basobole okwefaananyirizaako

Abazungu. Abakazi abamu wano baansesa nga banyenya emitwe, ng'Abazungu bwe bakola nga baziyiza enviiri okubagwa mu maaso, kyokka bano abanyenya beerumiza bwereere mitwe kuba bo tebalina nviiri mpanvu zibagwa mu maaso! Kale bambi ba nnakyala ba wano n'obatunuulira, n'obasaasira olw'obutamanya n'okukopperera ebitabagasa, n'oleka awo!

Obwana obumu nga butya okubukwatako, abulala nga bw'omala okubukwata mu ngalo bwesiimuula, okweggyako enziro gye bwalowoozanga nti ogibusiize. Nze nno gw'olaba, wano bampita mumyufu oba mweru. Okumpita omuddugavu bakukuba essubi. Naye ebyo eri tebikola. Ffenna batulabira mu ttuluba limu lya baakaddugala. Olumu akalenzi kansaba kakwateko mu mutwe kawulire enviiri zange. Ko nze munnange omala kunsasula okuzikwatamu. Tekaali kabi ne kaggyayo omunwe gwa ddoola ne kaginkwanga; nange ne ŋamba nti Ddungu ayizze, ne ngikuba omufuko, ne nkakkiriza kayise engalo zaako mu mutwe gwange. Tekaajangula nviiri zange za bwereere! Byafuuka bya 'atakulekera naawe tomulekera', ennyanja ekutta naawe amazzi gaayo omira. Kaagenda essanyu kalisinza omwokyi wa goonja, anti nga kakoze ekyafaayo. Kasajja kattu tokanenya kuba mmanyi naawe oluusi weebuuza enviiri z'Omuzungu bwe ziri era osanga naawe weegomba okuzikwatamu. Oyinza n'okuba nga tomanyi oba omubiri gwabwe ddala gulinga ogwaffe nga ogukutteko! Mwattu tuli kimu ddala, ekikyuka langi ya lususu yokka!

Nga bwe nagambye, bye nnalaba ne bye nnayiga e Bulondogganyi mu Bazungu nzija kukubojjerayo bubojjezi kino na kiri kye nsuubira nti kiyinza okubaako kye kikuyigiriza, naddala okuyigiriza ba musaayimuto abasuubira okukolagana n'Abazungu mu bintu eby'enjawulo, anti kati ensi eringa kyalo kimu, sinakindi okugendayo ne bakolera eyo mu nsi za ba kyeruppe.

Abavubuka Bannayuganda bangi baloota lwe balitonnya mu nsi nga Amerika, nga balowooza nti olutuukayo ng'ebitaala bikutadde, otandika kuyoola ddoola. Wewaawo gye ziri kuba n'emirimo girabika era basasula, naye maama za kutuuyanira nnyo. Bangi balowooza nti kasita oba ne gw'omanyi e Bulaaya oba mu Amerika olwo ebibyo nga birungi. Mwana wange emirundi egisinga obungi sibwe guba. Ebuzungu buli kantu ka kugula, buli muntu ali ku lulwe. Nga tolina biwandiiko bikukkiriza kukolerayo, okufuna omulimo otuuyana n'enjala, anti tewali akuwa mulimo gukusaanira, kuba okwo kuba kumenya mateeka, ate nga

etteeka lissibwamu nnyo ekitiibwa era abantu balitya okusinga bwe batya Katonda!

Abamerika bangi baggaga ba byomere, naye biva mu ntuuyo. Bakola nga bulogoyi awatali kwebalira, wadde buli mwaka bafuna empummula era bazikozesa okubayamba okuddamu endasi ate n'okufuna ebirowoozo ebiggya. Batambula munda mu ggwanga lyabwe n'emitala waalyo, ne bayiga ebintu ebirala ebibayamba okwongera okukulaakulana. Okimanyi nti 'nnaantakyala, ennyimba ayimba nkadde', n'atannayita y'atenda nnyina okuboobeza eddigobe'? Mbuulira ebibuga bye wali otuuseemu mu nsi yattu ntegeere nga bwotolowooleza awo ku nnyindo!

Eri abaana abasoma mu ssiniya ab'emyaka 15, obasanga baweereza mu birabo by'emmere, basaawa empya za baliraanwa ne babasasula, bakola guno na guli, basobole okwefunira ensimbi ze beekoledde, kuba ekyo kya muwendo nnyo. Abayizi mu yunivaasiti bangi bava ku mirimo okugenda okuyiga. Omwana bw'aweza emyaka 16 akkirizibwa okuvuga mmotoka; kale nno bakola nnyo okulaba nga basobola waakiri okwesasulira ez'amafuta. Emmotoka nazo zigulika, anti za kibaanjampola. Okusasula mmotoka okugimalayo kiyinza okutwalira omuntu emyaka etaanu emiramba. Eri mmotoka si kya kwejalabya. Atagirina kizibu okubaako omulimu gw'akola, anti oluusi emirimo giba mu mayiro ezisoba ne mu 200 nga oli alina okuvuga buli lunaku. Mmotoka eyamba omuntu okukwata obudde, anti nga tajja kudda mu bya bbaasi yandesse, oba enkuba yatonnye.

Omuvubuka omuwala oba omulenzi oluweza emyaka 18 aba alindiriddwa okuva mu nju ya bakadde be agende yeepangisize asobole okwemalirira n'okukula. Kino tekitegeeza nti teriiyo bazadde batayagalira ddala baana baabwe kubava ku lusegere ne bwe baba basajjakudde oba bakaziwadde. Osanga evvubuka embulakalevu oba eggwalajjana nga ekyejo n'omutigi bye lirina tebirabwanga, era nga abakadde balitwala nga mwana muto! Aboonoonefu tebabulamu. Okutwalira awamu abantu bali tebeekaanya oba okwekanasa emirimo. Mu Yuganda omuwala ali mu yunivaasiti okumugamba okukola omulimo ogutali gwa kutuula na kusosola njala oba tokawaŋŋamudde! Ye omulenzi, k'amala okusiba ettaayi, n'akwata empapula z'amawulire, n'aluma emba, oba okyamugamba omulimo ogulimu okukuluusana n'okukabasana beppo nga gwa kudda wali n'alatta nga bw'aduumira abalala! Endowooza engongobavu eyo ya bulabe nnyo eri enkulaakulana y'omuntu kinnoomu n'ey'eggwanga lyonna. Eri mu Amerika, abantu

abakola emirimo gye wandiyise emicaafu ate mwattu be basinga okufuna, ng'oggyeko bali abaziyoola obuyoozi, gamba abayimbi, abazannyi ba ffirimu, ne bannamizannyo.

Mwana wange tebakulimbanga nti Omumerika amala nnyo obudde mu byayita. Ebyaliwo bamanyi nti tetukyabikyusa kale okubimalirako ebiseera kubanga okuvuga emmotoka kyokka mu kifo ky'okutunula gy'olaga n'osalawo kutunula mu kalabirwamu akalaba eby'emabega! Kirungi okukebuka n'otunulako emabega naye omwoyo olina kugumalira mu maaso gy'olaga, ekitali ekyo otomera, bw'otolemba lw'e Kaganga, otwalayo abalala oba okufuna obuvune n'ogongobala. Bali tibamala biseera nga boogera obulwadde omuntu bw'afudde mbu kuba kitiisa abalina obulwadde obwo ate era tekyetaagisa. Ne mu nnyimba zaabwe okufa tebatera kukuyimbako. Bali ku bulamu, abafu beewummulire!

Endowooza eno wadde erina ebibi byayo, kuba kizibu okusanga endowooza etuukiridde mu byonna, naye singa tulondobamu ebirungi by'erina, nsuubira twandibadde tusenvulako okusinga we tuli kaakano. Ebintu tebikyasobola kuba nga bwe byali, kyokka bisobola okusingako bwe byali. Abantu okulowooza nti Buganda oba Busoga oba Ankole oba Achooli, esobola okuddayo nga bwe yali mu gy'enkaaga gaba gabalimbye. Abaffe ka nkikinale mbuuze nti: mu gy'enkaaga abaali abayivu aba ddiguli mu Buganda baali bameka? Amateeka gaali gatya? Abantu batwalanga batya obwami? Luli ng'okuba omwana w'omwami, ooo nga ogambwako! Naye kati n'abakopi basobola okwetuusaako obulamu obulungi awatali kubufunira ku mukeeka. Abakopi basobola okusoma ne babeera abasawo, ba yinginiya, abasomesa, abalyoyi b'emyoyo, abasuubuzi n'embeera endala yonna. Mu ngeri eyo basobola okusomesa abaana baabwe, okwezimbira ennyumba eziteŋeenya, okugolomola amamotoka n'ebirala. Luli ng'enju y'omwami ewunyikamu! Nga y'esinga ekitiibwa mu kitundu era nga taddibwamu! Kati amateeka malala nnyo; wenkugambira nti ensi ekyuka! Ne bw'oba ggwe toyagala kukyuka weezimuukiriza ekukyusizza oba si ekyo nga ekulesseewo! Enswa bw'ekyusa amaaso n'otokyusa nvubo oba mugulike bw'otoba muloge oba omuzoole.

Abamerika bantu ba mazima nnyo, okutwalira awamu, wadde nga gwaka nga misana, ka kiro tabulamu. Omwana okuwaayo muzadde we oba omuzadde okuwaayo omwana we singa aba azizza essango kyangu, kuba bakula bamanyi nti amazima tegatuulirwa, naddala bwe kiba kikwata ku bulamu bwa muntu. Singa omanya asse omuntu

n'omuzibira, naawe ovunaanibwa wamu naye. Singa munnabyabufuzi alimba abantu, nga abaffe bwe basuubiza okukola entindo awatali na migga, obubwe mu byobufuzi aba abutemeddeko ettaka! Okulayira nti ogenda kwogera mazima kyokka ne kizuulibwa nti oyogedde bulimba nga weetyabidde akaku akalimu obuwuka. Obulamu bw'omuntu bussibwamu nnyo ekitiibwa k'abe ani oba ani, abe nga amanyiddwa oba nedda. Singa omuntu agwa ku kabenje tebasobola kulaga mulambo mu mawulire nga bwe bakola wano ewaffe, kuba kiba kityoboola ekitiibwa ky'omuntu, wadde mufu, ate nga kikosa nnyo abantu be. Simanyi oba ddi Bannayuganda lwe banaavaamu omuze gw'okujaajaamya obulamu!

Buli mukozi afuba okuba n'amazima ku mulimo gwe era n'okugukola n'obwesimbu ate mu ngeri esingayo obulungi. Okugeza: omufumbi w'emmere singa tajja alina okwetondera b'agifumbira sso si kugamba nti sirina gwe natwalidde sente ze. Omulimo gw'okola bwe buvunaanyizibwa bwo eri eggwanga lyo, awo nno oteekwa okugutuukiriza obulungi kuba gulina bwe guyamba eggwanga. Ekirala kye nnabalabako, baagala nnyo emirimo gyabwe ate kizibu nnyo okusanga alyazaamanyizza omukozi. Ye etteeka olidda wa! Abayimbi, abazannyi ba ffirimu n'abazannyi b'emipiira be basinga okufuna ssente ennyingi, nga oggyeko bali ba nnaggwadda ba Bill Gates ne Warren Buffet, abaali ba ssegaali, abagagga abavundu, mu budde bwe nnabeererayo.

Mu biro ebyo mu Yuganda nga kiyongobeza okulaba omuyimbi ategana n'oluyimba kyokka olulufulumya nga ba-mpulirakakubye balwokyamu kkopi nga batunda beefunira! Eri nga ekyo tekisoboka kuba tewali agula kkopi eyokeddwamu n'ebyuma tugambe ebiraga viidiyo, akatambi akakoppe nga bikawandula buwanduzi eri, tebyereetereza babbi!

Amazina amajingirire gamenya omugongo. Kya nnaku okulaba nga abavubuka Bannayuganda bangi bagezaako okugeegeenya abavubuka Abamerika be balaba mu bifaanayi ebya viidiyo nga bayimba n'okuzina amazina eg'ekigwenyufu. Bannayuganda kye batamanyi nti ebyo bye bakopperera, gamba enjogera, y'Olungereza gye bawulira mu viidiyo ezo, eri mu Amerika ye y'abantu aba wansi ennyo, abataasoma era abatalina mpisa! Wano tubayita bayaaye! Ago agagoye agabambala, agawale agagwa, ssaako okwambala enjegere mu bulago ng'embwa, okunaanika agaweta agangi, abasajja okussa empeta ku matu n'abawala okwefumita emikundi, ennyido n'ennimi, okwesiigako ebifaananyi bye bayita *ttatuu*, ebyo byonna mu Amerika obudde obwo nga bisinga kuba

bya bantu abagwenyufu, abajabangufu, abadwangufu, abajagalavu, abazobongole n'abazoolezoole. Abantubalamu nga teboogera batyo, tebambala batyo era nga beesittala okuwulira ennyimba n'okulaba amazina ag'okwetijjuula n'okwefukunkula nga ago agaabanga ku ntambi za viidiyo ne ku ntimbe za tivvi mu Yuganda mu myaka gy'ekyenda n'okweyongerayo! Nga eri ayagala eby'obuseegu alina kuba nga aweza emyaka 18 ate nga abirabira eri awatali baana. Ku ttivi ezirabibwa abantu bonna nga tebibaako. Nga ne kamala kakutanda n'obiraga abaana nga eyakwalula esiridde, anti nga ojja kubitebeza mu maaso ga mulamuzi era nga okukkakkana ekiwummulo mu nkomyo. Bali nga tibalina kisa kyonna ku muntu akola oba ayogera ekintu ekyonoona omwana, oba ekimulumya mu ngeri yonna. N'abaana nga bakula ekyo bakimanyi era nabo ne bakikwata awatali kukibengukako.

Naye mu budde obwo mu Yuganda nga bannamawulire bagenda awali ekimansulo, abakazi abaggyangako engoye kumpi ne basigala buswa, olwo ne balyoka bazina ffunduukululu ng'ekisaanyi, bannamawulire ne bakuba ebifaananyi ebyo ne baleetera abantu bonna mu mawulire, mbu babalaga ebigenda mu maaso mu nsi. Mu Amerika ekyo nga kimala okuggazaawo olupapula lw'amawulire. Ng'okuguza omwana akapapula omuli ebifaananyi ebitali bya buntubulamu, omwo otwaliramu n'eby'entiisa; oba okumuwa ebitamiiza, wadde okubimutuma, nga tannaweza myaka 21 nga ogwo musango muloope, ojja kuleebuukana nagwo era nga gavumenti ojja kugibendegera olw'okwonoona omwana waayo wadde nga ggwe omuzaala.

Nga sinnagenda mu Amerika nga ndowooza nti Abamerika boonoonefu era nti tebalina ddiini. Nakizuulira eyo nti endowooza yali kyamu nnyo nga nnajjolo! Abaali basoma nga basomera ddala. Ekibi nti abatono abaali batakkiriza Katonda nga bebasinga okukuba amaluguya n'okulejja ennyo ng'endegeya ne kirowoozesa abantu abali ebweru w'ensi eyo nti Amerika yali nsi etekkiririza mu Kawundaggulu. Kya mazima eddiini baali baagigoba dda mu masomero gaabwe ag'olukale, gayite ag'eggwanga, wano ge bayita aga gavumenti. Ekituufu gaba masomero ga ggwanga sso si g'abo abalikulembera abayitibwa *gavumenti*. Wadde gwali gutyo, eddiini yali esomesebwa mu masomero ag'obwannanyini, okusingira ddala ago agaali gaazimbwa ku misingi, ogw'Ekeleziya n'amakanisa, anti go amakanisa mangi nnyo ate nga ga njawulo. Eky'okugoba eddiini mu masomero ate nga n'awaka teriiwo kyaleetera abantu bangi okukula batyo muwawa nga ssettaala wo mu lutobazi. Awatali kubaamu mutima gwa ddiini, nga kye bassaamu

ekitiibwa olw'okukitya ge mateeka gokka ag'eggwanga, kuba makakali ate nga Poliisi egakwasisa butiribiri nga bwe galagira awatali kuttira muntu yenna ku liiso k'abe ani oba ani. Ke kakutanda n'omenya etteeka, wadde oli minisita wa ggwanga, ebyo tobabuulira, era ng'omulamuzi agukutyemulira nga talinaamu na kamuceekeera, kuba tolina ky'oyinza kumukola, amateeka gamukuuma.

Kyokka abantu okukola ebituufu olw'okutya amateeka g'ensi gokka okubakwata, kisobola okutegeeza nti singa baba aweesiifu nga poliisi tesobola kubalaba, baba basobola amateeka ago okugamenya nga mu mmeeme tebalinaamu na kabawuuna nti hhmu! Abakkiririza mu Katonda bo baba bamanyi nti wonna webabeera amateeka ga Katonda gakola era gasigala gabalagira kukola birungi kuba wadde tewaba muntu yenna abalaba ye Liisoddene ali wonna aba abataddeko eriiso! Awo nno bafuba okukola ebituufu si lwa kulabibwa bantu na kwewala kkomera wabula lwa kuba bye biibyo Kawamigero by'abalagira era by'ayagala bakole.

Bannayuganda bangi abalowooleza mu kuweebwa n'okufuna ebitali bituuyanire. Wennabeerera emitala wa Mayanja, nga buli bbaluwa gyenfuna ensaba buyambi obwa kino ne kiri, ate nga abamu bw'obawa bakufuula lusuku, lw'obammye ne bakwetikka n'efuuka mpalana! Mu Amerika nga kya nsonyi okusaba obuyambi bwonna era nga n'abantu abayambibwa gavumenti ng'ebawa emmere, bakikola mu bubba nga batya okubaseka nti tebasobola kweyimirizaawo! Ky'otolina nga okyetaaga olina kukyegulira, bw'oba tosobola kukyetuusaako, kyesonyiwe! Baalina eŋŋombo egamba nti, 'ky'oyagala olina kukikolerera'. Osanga kati ebintu byakyuka, kyokka mu budde obwo mu Yuganda nga okweyazika gwafuuka muze; nnyabo omuntu ne yeeyazika olugoye, engatto, ekikwaso n'empiso! Bannange muveewo tuswala! Mpulira mbu abakyala abamu beeyazika n'enviiri, anti nga tebasobola kuzeegulira mbu za buwanana, ate nga tebaagala kugenda na zaabwe ennyimpi ezitali nkolerere. Obulwadde bw'okweyazika n'okwewola ndowooza buva ku babikola okukeera okulera engalo ne babeera ba ngalobunani kyokka nga booya eby'ebbeeyi. Baagala okulya ebya ssava era bali kakejje nnantaggwa ku bikujjuko. Mu bivvulu byonna nga bebaabo, obuwoowo bakozesa bwa mitwalo sso tebakola, ate ne bava awo ne bajobojja mbu, 'buli ze nkola zimpita mu ngalo' nti lwaki totungamu amaliba ne zigaana kuyitamu buyisi! Mwana wange olekanga okweyazika n'okwewola kuba bitta omukwano ate bikumalamu ekitiibwa.

# 11. Nzira ku butaka

Nga e Bunaayira nkulunguddeyo emyaka ebiri era nga mpakasizzaawo ku busente, mu kusomesa, mu kwoza ebintu mu wooteeri, n'okulongoosa awaka w'abo abaali baagala mbalongooseze, nnasalawo okuddako eka mu luwummula olw'ekyeya ndabe ku ŋŋanda zange ab'emikwano n'enkulize anti nga n'ekiwuubaalo kindi bulala.

Ennyonyi nagirinnya ku ssaawa musanvu ogw'ekiro n'etolontoka okumala essaawa mwenda mulamba nga tennagwa mu kibuga Amsterdam ekya Holland, oluusi gye bayita Budaaki. Awo twawummulamu essaawa ssatu ate ne tubaka ennyonyi endala eyali etwolekeza ery'e Ntebe. Otuula nno emabega n'ekusiriira, omugongo ne gukutujja, ebigere ne bikubabirira nga muli eyo mu bwengula ennyonyi egenda buteesagga eri ku gya yiriyiri kyokka nga temutuuka. Okuva e Holland okutuuka e Ntebe twavugirawo essaawa ennungi munaana mulamba. Twatonnya ku kisaawe ky'ennyonyi e Ntebe ku ssaawa nnya ez'ekiro. Kitange ne bannyinaze baali bannindiridde. Siyinza kukunyumiza ssanyu lye nnawulira nga nzize ku butaka nate. Nakwata ku ttaka ne mpunya mu ngalo okukakasa nti ddala nnali ku bujjajja, okwa boobwe, oluvannyuma lw'emyaka ebiri nga nzaayidde mu Bazungu.

Nga wayise ennaku bbiri nga n'obukoowu bw'olugendo bugenze, nnayagala okulembaleembako ntandululeko ku bigere, mbaalebaaleko nnambule n'ekibuga, anti kyali kyeyongedde okukula akabanga ke nnali siriiwo. Mba naakessa mu taxi nti nga ku muwala gwe nnali mmanyiizizza amaaso nga nkyali ku yunivaasiti mu Yuganda, nga yali alejjesa ngoye ate nga asula kumpi awo. Yali muwala mumpi mweru, wa maaso manene era nga musanyufu.Yali ayogerera wagguluko, eddoboozi lye nga ddene. Yalina enviiri nnyingi nnyo era nga nnungi za masadde, nga wa bitumbwe era nga mukazi muggumivu bulungi.Yatambulanga aniigiina era ng'awuuba emikono. Yayambalanga nnyo bu sikaati obumpi obumumiima, ate olw'okuba yalina akabina nga n'amagulu ge manene, bwali bumunyumira okukamala. Ne ku luno yali akubye ka sikaati kaddugavu, wano mu maaso ku bisambi nga kalyebulemu era nga bw'aba tajjukidde ku kakwatako, nga olabira ddala ekisambi kyonna. Kyali nno kyamyuka ng'ettungulu! Oba kaamugendangako bugenzi oba yakikozanga ffujjo kuntengula mmeeme, naye haaa, yali yabala!

Yansanyukira, nga nno n'erinnya lyange alimanyi, n'anneeyanjulira nga Betty. Bwe nnatuuka we nnali nviiramu ne mugamba nti nnali ŋŋenda kumusasulira. Yaneebaza kyokka amangu ago n'akyusa ekirowoozo naye n'aviiramu awo. Twafuluma, ne mmubuuza oba yali ayagala okubaako k'alya tugendeko mu wooteri, anti ddoola zange nnali nnina ate nga ebintu bya nseko buseko, nga ngeranyizza n'eby'eri. Okusaba kwange kwali kusindika munya mu ssubi oba kubuuza ssalongo ndeku, anti yakkiririzaawo era ne tuyingira wooteri ennene mu kibuga. Namugamba asabe kyonna ky'ayagala, era mu kusasula naggyayo akavumbo ka ddoola za Amerika, okweraga, kuba mu mazima nnali nnina ssilingi mu kasawo kange, nga sikyetaagisa kuggyayo ate ssente z'Amerika. Omuwala eyatuweereza nnamulekerawo omutwalo mulamba, Betty n'ategeerera ddala nti mu bya ssente siwena!

Yambuulira nga bwe yali asanyuse ennyo okundaba nate era n'annyumiza nga bwe yali atera okundowooza. Mbu yali yeegomba nnyo okubeerako nange, luli nga kyali ku Yunivaasiti, kyokka nga tamanyi bw'antandika. Bino yabyogeranga muli ŋŋamba nti eno ngudde ku mbaki, siggwa! Yatandika okweyogeza nga asiira n'okusiira nti: "Hmmm kyokka Mukama muyitirivu, kale laba bwe nkugwako obugwi mwana ggwe. Kati nkitegedde ekikyo kiba kikyo ne bwe kyekweka ebuziizi kyekwekula".

Yantegeeza nga bwe yali asula ne muganda we kyokka nga ku Lwomukaaga muganda we asula wa muganzi we e Kireka. Yansaba ŋende mmulabeko nga amafuta g'ennyonyi sigannanzigwako! Ko nze, okwo kweriga n'akwagala era ddala okanaanise akaagala. Omanyi okuva Molly lwe yankola ebikolobero nnali siddangamu kulaba muwala mulala yenna. Okulaba Betty kwali kulaba ku ndaba ku ki, oluvannyuma lw'emyaka kumpi etaano miramba, nga ndakasidde. Omukwano gwakoleera nga luyiira lwa kyanda, amasimu ne gafuuka amasimu era ekyemisana nga buli nnaku bbiri tukirya mu wooteri ate olweggulo ne tugenda mu kkiraabu ne mmunywesa bbiya ne mmumutamya! Emirundi gyonna nga ndaga nti Muvabulaaya ennusu emuwulira, anti nga wetutuula tewaba avuganya mu kulaga ssilingi.

Nga wayise esabbiiti bbiri nga nkomyewo, baatutegeeza nti jjajjange, Alibatafudde, omulalu w'e Ttanda, Walumbe, yali amutadde ku mudaala era nga bye yali asiba byali bikutuka. Yantumira ŋende mmulabeko nga tannalamaga. Napangisa mmotoka, Corona, ey'obuyonjo ne nsaba Betty amperekereko e Buddu tulabe omukadde,

era naye teyassaamu kantu; nga tugolomola. Okutuuka ku jjajjange nga eehh. Yali mukadde omukankada, bukuku, atuulidde emyaka, egyali gikuunye n'obulungi bwe yali alina. Ggwe wamma obudde bubbi! Engalo zaali zimugongobadde, omutwe nga gwamutukula dda, amaaso nga gali eyo mu nkompo, enkanyanya nga zimubunye era ng'afuuse lukanyala. Wadde yali asigaddemu gasitula lulimi, yali tawusse. Bwe nnafukamira awo wansi ku kitanda kye, yakikijjana okusobola okuntuusaako omukono, nga gwonna gukankana, n'antunula mu mmunye, enkaliriza, n'amwenya, kyokka nga bambi oyinza okulowooza nti akaaba, anti nga mu kamwa musigaddemu amannyo nga mukaaga gwokka. Yankulisaayo e mitala wa Mayanja, n'agamba nti, "Wamma musajja wange ojja kuba mukakaalukanyi, ojja kusobola okuyimirizaawo amaka. Nnina nno kye nkugamba, wattu kya nsonga, era kye nnavudde nkutumira ojje nkikugambe nga sinnasomoka". Yatta ku ddoboozi n'agamba nti: "Omwami", ko nze, "Wanji jjajja". N'agamba nti: "Kino nno kyama, era okuumanga ebyama". Ko nze, "Wewaawo jjajja" Ko ye nti: "Muzzukulu, nnyoko yali mukazi nnyooooo, era ka nkubuulire…". Wano yasiriikiriramu, n'akololamu, n'asitula ku mutwe okwekakasa nti tewali muntu mulala amuwulira, n'alyoka aŋamba nti: "Mwannyoko oyo (gundi) mu butuufu si mwannyoko. Nnyoko olw'okuba omukazi omuzirakisa yamulonda eyo n'aleeta era n'amufuula mwana wa muno, naye nga situmanyi bamuzaala. Njagala okimanye, anti ggwe nnyini lugo". Jjajja okugenda okumalayo ebigambo ebyo nga muli mpulira akajugumo. Ddala mwannyinaze oyo teyali mwannyinaze ddala? Siyinza kwatula linnya lye wano kuba na guno guliko nkikakasa nti tamanyi ne baganda bange wadde bannyinaze abalala bonna tebamanyi nti mwanyinaze gundi oyo baalonda mulonde. Wano nnajjukira ebigambo by'omukazi omukadde eyali akaabira maama nga ayogera ebigambo ebyali bifaana okutegeeza kino jjajange kye yali ambuulira kati. Jjajja bwe yasirissa ebyo n'asika bulangiti ye ne yeebikkira ddala n'omutwe era waayita mbale ne batubikira nti yali akkiridde ewa Ssenkaaba!

Nga tumaze akabanga nga tucakala ne Betty neevaamu, ng'omusajja bw'abeera ne nsalawo okusulako ewuwe, erudda lw'e Mulago eyo. Namunyigira ku ssimu ne mmutegeeza nga bwe nnali ow'okumukyalirako. Nga bwe yali enkola yange, nnapangisa sipensulo ne tugenda mu *Kkiraabu Siriki* mu mazina era bwe zaali ziwera nga nnya ez'ekiro ne twolekera ewa Betty. Olwamala okusasula owa mmotoka nga atutuusizza, ne twesogga ennyumba ya Betty.

Kaali kayumba ka kanyigo ka bisenge bibiri: eddiiro omwali entebe ennungi era nga muyonjo nnyo ate n'ekisenge ekyali kitimbiddwa era nga kyonna kiwunya akaloosa. Ku bisenge nga kujjudde engoye, anti temwali kabada za ngoye. Mwalimu amakeesi, engatto, ebidomola n'amabaafu. Mwalimu endabirwamu ennene nga bw'oba ku kitanda weeraba bulungi wenna. Ekitanda kyali kigazi bulungi nga kuliko akabundula ka zaabu, essuuka zaali njeru nga zirimu obumuli abwa kakobe.

Betty bwe yeewungulako agende anaabe, ne ntambuza amaaso buli kanyomero ka kisenge, ne nsituka ne nkebera mu ngoye ze. Wansi w'ekitanda ku mugo gw'ebbaafu, kwaliko akawale ako munda akandabikira nga ak'ekisajja, kyokka olw'okuba waaliyo n'obulala nga bwa kikyala ako sikantwalira nnyo birowoozo. Mu ngoye mwalimu ettaayi, gye nasikayo ne ngiteeka ku ngulu era Betty bwe yadda kwe kumubuuza nti, "Owange, ate eno ettaayi ya munno?" Ko ye nti, "Munnange ani? Kyokka Tom, eyo ewammwe abakazi tebasiba ttaayi? Laba ggwe jjangu nkulage ekinaabiro. Ojja kutusonyiwa eno munnange y'embeera yaffe, biri ebyammwe situnnabituuka".Bino yabyogera asekereza. Naggyamu engoye ne neesiba tawulo eyali enjeru ne tufuluma emmanju eyo awaali awazijjagavu awajjudde obuyumba obw'omugotteko, nga nno okutuukayo kubuuka myala! Yandekera tooci n'essimu yange nga bw'aŋamba nti, "Mukwano bw'omala onkubirako ne nkunonako tobula ate ne bakuntwalako".Twamwenya, n'agenda.

Akanaabiro kaali kafunda nnyo ate nga ke kamu ke ka kaabuyoonjo. Kaali kazibu okunaabiramu, nga bw'okitegeera, kyokka olw'okuba nnali nsiibye mu nfuufu y'ekibuga, nnamala akabanga nga neegogola. Nga mmalirizza okwezigula ne mmunyigira ku ssimu annoneko. Yajja bunnambiro, nga yeekubye ddikini, ali mu kagoye akaseerevu akasulwamu, akaali akampi nga kali eno waggulu mu bisambi, n'ankwata ku mukono ne tudda mu nju. Nnalina eccupa ya *wayini* gye nnali ndeese ne tugisumulula ne tunywako era nga obuyimba obuseeneekerevu obuleeta otulo bwe bugenda mu maaso ku *CD player* ye, ne tulyoka twevumba obuliri.

Nga wayise eddakiika nga ana, obubaka bwajja ku ssimu ya Betty era n'abusoma, n'antegeeza nti muganda we, bwe baali basula, ye yali abuweerezza ng'amutegeeza nti yali tajja kuddira ddala okutuuka mu Lwokusooka. Yatandika okwekyusakyusa mu buliri nga alinga atateredde. Bwe nnamubuuza ekyali kimutuuseeko yaŋamba nti, "Mukwano twebake, nze otulo tunzita". Waayita akaseera mpawe kaaga

nga munnange afuluuta, otulo tuggyewo amangu ago! Iii, natandika okwekuba ebibuuzo nga bwe mbyeddamu. Ono bulijjo y'ampeeka nzije mukyalire era nsule, kati ekyali kimukooyezza amangu ago kyali kiki? Embeera ye yali nnungi nga tannafuna bubaka bwa ssimu. Ddala obubaka bwali nga bwe yali aŋŋambye oba yalina ky'ankwese? Ye abaffe omuwala omulungi nga Betty yali ayinza okubeererawo? Awo omwoyo ne gulaga ku kawale ne ku ttaayi bye nnali ndabye, emmeeme n'entyemuka, kyokka ne sitya nnyo. Nassa oluba wansi naye nga amatu gammagaladde gakirako ag'akamyu. Emmeeme yange nayo n'eralagga. Mba nkyatubidde mu nnyanja y'ebirowoozo ne mpulira ekikwabaaya ku luggi lw'emiryango kuba wakati tewaali luggi waaliwo lutimbe. Nanyenyanyenya munnange awulire, ye n'afaanana okuba mu tulo otuzibu era n'anziramu mu bigambo ebitakwatagana era ebitategeerekeka. Nnasituka nteekeko ettaala, kyokka eyali asoose okufaanana okuba mu tulo otungi ennyo, n'ansika omukono, n'aŋŋamba nti, "Naawe weebake, ezo mbwa".

Nga bwe tutamanya alirira nnyina, twanziba era okugenda okuwawamuka nga ettaala kweri, tugasimbaganye n'omuvubuka, kanyama, akutte ekiso, atasalikako musale. Nnali ntakiza nti enduulu, Betty n'akwata omumwa, olwo evvubuka ne liryoka limbuuza amannya gange ne gye nnavudde okujja okulijoogera mu nju gye lisasula, n'okulikwanira omukazi. Lyatusikako ebyebikkwa ne lindagira okutuula wansi, mu ddoboozi akkangufu kyokka nga lya kaama. Awo mu bbaafu mwalimu omusulo Betty gwe yali afuseemu, kuba yali atya okufuluma wabweru, ne ligunfuka mu kamwa nga eno lintadde ekiso ku bulago. Lyakyuka ne lituula ku buliri Betty kwe yali asigadde, ne limulagira asembere eri nga eno bwe limunyenyanyenya n'okumusuukunda nga bwe limubuuza nti, "Kino kiki ky'oliko mbwa ggwe, hmmm, obadde olowoooza sidde? Kati nno ka nkusaleko amabeere ago g'osunda obwenzi bukuggwe. Kyokka ebyo lyabyogeranga mu ddoboozi eritaali lya kkaaze nnyo nga bwe wandirowoozezza, era bwe nnabbirira eriiso ne ndaba nga liringa erimunyigira ku liiso. Lyandagira okuggyayo ssente zonna ze nnalina. Ekyo nga kiwedde lyalagira Betty yeebake nange tubeere nga abali mu kikolwa. Wano nnamanyira ddala nti ligenda okunsanjaga, nfiire awo mu nsonyi ezitagambika. Wabula ate ekiso lyakissa wansi ne liggyayo kamera ne likuba ebifaananyi nga kkumi, nga buli lwe ligenda okunasula ekirala liwa ebiragiro nti tukole bwe tuti oba tuti. Ekyo nga kiwedde lyakwata mu nsawo yange ne liggyamu ebiwandiiko byange byonna, omwali ne *paasipooti* gye nnali nzigye ku

kitebe ky'Amerika nga bava kunteeramu *visa*, kayite akapapula akalaga nti nzikirizibwa okuyingira mu nsi eyo. Omusajja yakwata paasipooti yange n'agissaako ekiso n'aba ng'agenda okugisalaasala. Namwegayirira, n'amboggolera, era mu ddoboozi erya wannsi nga kirabika tayagala bamuwulire nti, "Tonsesemera. Kati salawo ekibonerezo kye nkuwa olw'okusigula mukazi wange: nkusalako obwo obusajja bwoleega oba paasipooti ngisalaasala obulere". Ku byombi tekwali kye nnali nnindiridde kusalawo. Omusajja namwegayirira atwale ssente zonna kyokka n'agamba nti, "Ani gw'owa amateeka? Oba oyagala ntwale ssente zonna oba toyagala, si ggwe olina okumbuulira kye mba nkola. Olwo olujoogojoogo lwe wazze nalwo ŋenda kulukumalamu! Abaffe, yali amanyi nti nnali muzzi kuva mu Amerika oba yali ategeeza kujja mwa Betty? Oba yali amanyi nti nva mu Amerika, osanga yali ammanyi oba nga waliwo eyamubagulizaako nti nnalina enkolagana ne muganzi we oba si ekyo nga Betty yennyini ye kalunsambulira? Simanyi era oba oli awo sirimanya kituufu. Omusajja yawamba paasipooti yange n'andagira nfulume era enkeera mmuleetere obukadde bwa ssilingi busatu mu mpeke, nti ssinga luziba, ebifaananyi byange nnali wakubirabira mu mpapula z'amawulire enkeera. Yali amaze okutwala ddoola zange ebikumi bitaano biramba ze nnali nazo, okwo ssaako emitwalo gya ssilingi asatu era ezaali mu mpale omwo, zonna awamu nga zisukka mu kakadde akalamba!

Nnasuulako engoye zange mu bwangu ne nfuluma nga siraba na mabega, olwo essaawa nga ziri eyo mu mwenda ogw'ekiro. Mu mpale nga sirinaamu wadde ekuba nnyonyi nti nnyinza okufuna taxi okuntuusa e Nsimbiziwoome ekiro ekyo. Natambula nga ndi ng'omulalu era okutuuka eka nga busaasaana. Nga sirina na bwe mbitebya.

Nayokya mangu omutwe, mu bulumi obw'ekitalo ne nnimba taata nti waliwo ebintu bye nnali natikka ku mmeeri nga sinnasimbula kuva mu Amerika, nga nnali neetaaga ssente okuziweereza e Mombasa babikoleko. Nnamusaba obukadde bubiri nga nkimanyidde ddala tabulina. Yasala gonna okwewola, n'ampa ssente ne ŋŋenda okuliwa n'okununula paasipooti yange.

Nasigala neebuuza nti ddala omuntu gw'osigulidde omukazi ayinza okukukwata lubona n'akuyisa atyo? Okuggyako okunjiira omusulo mu kamwa, evvubuka teryantulugunya era obusungu bwe lyalina bulabika bwali si bwa ddala. Gamba gwali mupango gwa Betty kwefunira nsimbi! Obubaka buli obw'essimu, tebuba nga bwali bubagulizaako Betty nti akadde akalagaanye katuuse? Naye Betty oba

yali ayagala ssente yandizibbye bwe nnagenda mu kinaabiro. Lwaki yali ate yeetaaga omuntu omulala bwe banaazigabana? Oba yalaba ezo zaali ntono ate nga tayagala mmanye nti anzibye kwe kusalawo okukozesa omuntu omulala? Kituufu omuvubuka ono yali muganzi wa Betty oba yali mupangise? Akawale n'ettaayi bye nnali ndabye omwa Betty byali bibye oba byali bya muganzi wa muganda wa Betty oba omusajja omulala yenna oba byali by'ono? Wadde Betty yaneetondera nnyo naye era nasigalamu nnyo akakunkuna nga n'okuva olwo saddamu kumuwuliza. Nayongera okwetamwa emikwano, leero naddala egyo emironderere. Sso mmange yali ankuutidde okumanyanga obulungi mikwano gyange gye giva nga sinnagyemaliza.

Oluwummula olwali olw'okumalako emyezi esatu nalusazaamu ne nzirayo nsegulire ekibabu n'ekisiraani. Saalina munwe gwa nnusu ate nga n'abantu bange bangi be nnali nsuubira okulambula nnali sibalabye. Ekyasinga okunnuma ennyo kwe kulimba kitange n'agwa ku bbanja eddene eryenkanidde awo. Nnali nnina okuddayo bunnambiro ntandike okupakasa ndabe nga nfuna ensimbi mangu nziweereze kitange awone ebbanja. Era bwe nnakola.

# 12. Nkottoza ne nzirayo mu Amerika

**N**ze eyajja yeesunga okunyumirwa oluwummula bwe nnalaba nga ebintu binzaalidde leenya, kwe kusalawo okufunyamu nzireyo. Naddayo nkottoza, ennyindo nga y'enkata era ng'omutwe gunzimbye. Ensimbi zange zonna okuggwera mu bitaliimu, kitange okumuleka mu bbanja, n'abantu bange okuleka nga sibasiibudde na kubasiibula, kuba nnali sirina ke mbawa, byannuma ne binnenyiya abantu. Omusajja nnasiibanga nkuluusana mpakase obusente bwe ndiddayo nabwo eka naye laba bwe bugendera mu bintu katoole omutali, ate mu ngeri eswaza, gye saabuulirako muntu n'omu okuggyako mwannyinaze gwe saakwekanga kantu!

Nga ntakawadde mu Amerika, natandika okupakaasiriza, anti oluwummula lwali terunnaggwako. Neeyongera okwetegereza n'okwekkanya engeri z'abantu bali. Omumerika okuyita omuntu nti mwavu kivumo kuba okuba omwavu kikuba ensonyi. Bamanyi okutereka n'okulaba nga obusimbi bwabwe buzaala endala, mu *Luzuganda* kye tuyita *okuseevinga* n'*okuyinvesitinga* .Wano mu Yuganda omuntu olufuna ku busente abulya nga muvubi, nti ate ennyanja eraga wa! Bali bamanyi bulungi nti obuvubuka bwo bwe bulina okukolerera obukadde bwo, obulamu bwo bwe bukolerera obulwadde bwo, nga omwoyo gwo bwe gukolerera omubiri gwo.

Mu Amerika omuntu amanyi okuyiiya afunira ddala mu bintu by'ayiiyizza, ekisikiriza abantu okutuuyanya obwongo nga bayiiya ebintu ebitali bimu. Omusajja eyayiiya ebirungo bya sooda, Coca Cola na buli kati bazzukulu be bakyagaaya ku buloddo n'obumoome bw'ensimbi ezibavujjirirwa kampuni ya sooda eyo; ne yunivaasiti mwe yazuulira ebirungo ebyo nayo ekyaganyulwa. Abayiiya ennyimba nabo bazifunamu bya nsusso kuba eri teri bazikopperera nga wano bwe guli. Ebintu bingi eby'omulembe bizuuliddwa mu Amerika kubanga abasula nga tebeebasse nga bakuluusanya obwongo bwabwe okubizuula bafunamu nnyo omuganyulo. Ebyuma ebyooza engoye, ebyooza ebintu, ebyeera enguudo, ebinnyogoza, ebibalusa emberenge n'ebilala ebyakolebwa Abamerika bimanyiddwa era bikozesebwa mu nsi yonna, okwo kw'ossa amagezi aga kompyuta. Bannayuganda abalina ke basobodde okuyiiya nabo bandifubye okulaba nga tebaviiramu awo nga Nalweyiso ababula olugave, anti mukazi wattu aba tajja kulyako! Kyokka wadde amateeka agakugira okukoppa eby'abalala nga oli tafunye lusa weegali mu Yuganda, tegaakwasibwa era bwe batyo

abayiiya bangi nebataganyulwa mu kutetenkaya kwabwe, ekyo ne kimalamu amaanyi era ne kinafuya n'abalala abandisobodde okubaako eby'amagezi bye batetenkanya oba bye bawandiika okweyimirizaawo n'okuyamba obulamu bw'abantu abalala.

Sikutendera abantu bali baatereeza ensi yaabwe. Wadde ebya "mwana wa ani" bikola oluusi n'oluusi, kyokka era bikola olina ebisaanyizo. Mu Yuganda omuntu asomye okusiiga ebifaananyi omusanga mu bbanka ng'abala ssente, kuba alina omumanye eyamunyigayo, ate akuluusanye n'okusoma ebya bbanka n'asigala nga yeemagaza ng'eggongolo essibe akawero, nga talina mulimo! Eri atasomye busomesa talinnya mu kibiina kukonya baana ba ggwanga. Ataayiga kukanika mmotoka okwata ku y'ani! Kye wasomerera ky'okola, kuba kyotosomeredde toyinza kufuna lusa lwa gavumenti kukikola ate nga tolulina teri ajja wuwo ku nsonga gy'atalinaako bukakafu nti wagibangukamu. Okugeza, atalina lusa, luyite *layisinsi*, kusiiga langi ku nju singa yetulinkiriza n'akikola, amala awanukayo n'agwa ng'akola omulimo gw'atalina lusa kukola, oyo eyagumuwadde aba alina okusasulira obujjanjabi bwonna ate n'asimbibwa ne mu mbuga n'avunaanibwa. Kale okwewonya akasandali, kabasa n'akafeesaminyira, kumpi buli mukozesa amala kwekakasa nti gw'akozesa alina *layisinsi* era alina ne *yinsuwalensi* eriwa singa ebintu biba bizzeemu kigoyeweezinge. Kale mbuulira nga tewabisoma ani yeetantala okukuwa omulimu omuzaalire emineene, emiteeru n'akabasa! Ekirungi, omuntu asobola okusomerera emirimo egy'enjawulo, n'atabeera ku gumu, oluusi oguyinza okuba nga tegumusasula bulungi. Bakimanyi bulungi nti nnawolovu tafiira ku bbala limu! Era bamanyi nnyo okwetandikirawo emirimo nga bagikkakkalabiza mu maka gaabwe.

Naye mu budde obwo wano, naddala mu masomero g'obwannanyini, ng'obuuza abasomesa abatendeke abagalimu n'osangayo ba lubatu. Sso ng'abatendeke abatalina mirimo ntoko! Olwo baasomera ki? Neekanga bwe nasanga akawala ka Jean Turinembabazi, akaali kasoma okusiiga ebifaanayi we nnabeerera mu yunivaasiti mu Yuganda, nga kakangabadde ku mmeeza mu bbanka, ke kakwata ssente! Omulimo kaali kagufunidde mu bbanga lya wiiki bbiri zokka nga kye kajje kave mu yunivaasiti gye kaali katikkiddwa ddiguli eya wansi mu kusiiga ebifaananyi!! Nga nno nkulabira!

Ekirala, Abamerika tebamala gakola neemalidde. Buli akwata ku kalimo akakola n'omutima gumu, anti ng'ayagala okukuuma omutindo ate n'erinnya. Singa otwala mmotoka yo okugiddaabiriza oba

okugikyusa *oyiro* kyokka oba wakagiggyayo ebiziyiza ne bigaana okusiba n'ofuna akabenje, eyakoze ku mmotoka yo eyo avunaanibwa mu mateeka. Olw'okuba teri ayagala kugwa ku leenya, buli aliko ky'akola akikola mu ngeri esingira ddala obulungi.

Mu Yuganda otwala akagaali ko okukaddaabiriza ate ne bakasokoola busokoozi, bye baggyemu byennyini ne badda ne babikuguza. Oli okukuguza ekyuma ekikadde ku nsimbi ezigula ekiggya agamba nti "atetenkanyizza" era addayo n'anyumya nga takiruma namu, nga bwe yakuyisizzaawo. Oba abantu ba wano obukumpanya bayonka buyonke, osoberwa! Abafumba emigaati oluusi omuzigo bakozesa ogumaze okuyitwako ebiseera, nga gwonoonese. Omugaati gwe bagamba nti gwa *kkilo* mu mazima teguwera. Omusuubuzi atakumpanya gwe bayita mafeene, atalifuna. Kyokka eri nga singa ogula olugoye n'osanga nga kuliko awatatuuse oluzzaayo buzza n'ofuna olulala, awatali kumala kwezooba na musuubuzi. Leediyo, ttivi, kompyuta, mmotoka byonna osobola okubizzaayo ne bakuddiza ensimbi zo oba ne bakukyusizaamu ekirala.

Lumu nagula akuuma akalagirira amakubo, nga kagenda kakubuulira nti: "kwata ku kkono, vugako mayiro bbiri owete ku ddyo, oludda lw'oliko toluvaako okumala mayiro ana, otuuse" Akuuma kali okavaako mu kumanya amakubo, nnyabo tekalina wekatamanyi! Kabe nno akanene? Waa, kasirikitu kati kalinga ekibatu kyo, nga kalina akalawuli kalinga aka TV. Mu Luzungu kayitibwa GPS (*Global Positioning Systems*). Nakakozesa mu mmotoka yange kumpi omwezi mulamba, olwo ne katandika okuzimeera n'okweggyako kokka. Ko nze kano katuuse okundiisa engo, anti eri okubula kya layisi, ggwe olaba n'abazaaliranwa babula anti ate nze nsiyaleeta! Nalowoolereza omusimbi gwange gwe nnali nkaguze wamma ne nnumwa. Kyokka bwe mbuulirako munywanyi wange yaŋamba kimu nti: kazzeeyo! Ko nze nti: olwo mbeegayirire ntya? Ko ye: "Ate kwegayirira kwaki?" Munnange nga nessa mu ddene kudda mu dduuka. Olwababuulira ekizibu ky'akuuma kange baanzigyirayo buziggyi kalala ne bakankwanga ne nvaayo nga sikitegeera!

Bali abantu si bayonjo balwadde! Olaba n'enguudo bazooza n'amazzi agalimu ssabbuuni, olwo n'ogamba otya! Bakozesa nnyo obuveera buli wamu kyokka okulaba akaveera akayengetera mu nguudo nga kiki! Buli kapapula olina w'okassa mu nju mw'oli; ebipipa bya kasasiro ku nguudo kwonna kwebiri. Obuveera, amacupa ebipapula n'ebintu ebirala bizzibwayo ne bikolwako ne baggyamu ebintu ebirala

ebigasa. Okugeza empapula zonna ezisuulibwa mu masomero ne mu ofiisi zikuŋŋanyizibwa ne zikolebwamu ebikookooma eby'empapula *(toilet paper)* oba ebiboxi, ate omutwalirwa ebyamaguzi ebirala. Amacupa nga ago omuva amazzi, bagakolamu *pulaasitiki* akola bbambali za mmotoka. Kale ekikulu si kuwera kaveera kuba ate kataasa emiti egirina okutemebwa okukola ensawo ez'ebipapula, wabula kugunjula bantu mu nkozesa n'ekwata y'ebintu. Naye mu Yuganda leediyo ezisinga obungi n'emikutu emirala, okuggyako okulokompoka n'okumangalikwa n'ebitaliimu, zisomesa ki abantu ennyo?

Bannayuganda bangi bayigirize kyokka obugunjufu mmye! Olaba abantu abali mu mmotoka ennyimu, ennene, ez'ebbeeyi, ate nga be bamu abagenda basuula ebweru emisito kwe balidde ennyama, ebikuta by'amenvu, amacupa omubadde amazzi n'ebirala! Tebafaayo nti ekintu ekyo ky'oyisa mu ddirisa lya mmotoka kisobola okukola akabenje kuba kiyinza okukuba ali mu mmotoka ekuvaako emabega ne yekanga, akabenje ne kagwa, abantu ne bafa, ne baleka ezadde lyabwe, bakadde baabwe, abooluganda n'emikwano, kyokka obulumi obwo nga oyo akasuse ekintu y'abuleese! Naye bameka ekyo abakirowooza? Mbu baasoma! Kaabulaŋŋane okusoma! Mu mitwe bazitowa obuyivu naye obugunjufu bundage!

Leka ggwe nkole ku lugambo! Munnange olwali olwo nga Leverande omu ava mu Yuganda, agenda okukyalira ku banywanyi be mu katundu nange mwe nnali. Olumu baba bali mu mmotoka, bagenda okulambulako, eno nga balya amenvu, Leverande olwasusa eryenvu, ekikuta ng'anyugunya ebweru nga akiyisa mu ddirisa. Eyali avuga yayimirira, n'adda emabega, n'ava mu mmotoka, n'alonda ekikuta ky'eryenvu Leverende kye yali akasuse, n'akissa mu kaveera mu mmotoka! Laba okuswala okwali awo! Bino akaana akaali mu mmotoka ne kitaawe waako ke kaabinnyumiza bwe kaali kambuulira ku Mufirika eyali abakyalidde n'akola ekyewunyisa!!

Okubeera omugunjufu tekitegeeza kuyita buyisi mu masomero wabula kuyiga. Waliwo abantu abataasoma nnyo mu masomero kyokka nga bakola eby'amagezi era eby'obugunjufu; naye ate ggwe asomye, awo tewandisinzeewo nnyo? Era abantu okubulwa obugunjufu kye bava bagenda nga basuulasuula batyo ebintu ebireeta obujama okufuŋŋama ku makubo na buli kabuga mw'oyita wonna mu Yuganda kanyooka musowera.

Okugunjula abantu kulina kutandikira waka, kuukwo mu masomero ate ne ku leediyo wamu n'emikutu emirala ne kutuuka.

Kyokka amaka bwe gaba goongera kuziηηama na kufa, amasomero ganoonya nsimbi na bubonero kyokka, emikutu gy'empuliziganya gissaako ebyo ebikwata omubabiro, tegirina budde bwa kugunjula bantu; n'emikutu gy'amawulire egy'eggwanga giriwo kukuutira kadingidi bali mu buyinza kye kyokka, olwo omanya nti eggwanga lyolededde okusiiwuuka empisa n'okuvunda mu buli kintu. Bwe nkulimba nga Walusimbi si ye jjajja w'ab'Effumbe!

Kumpi abantu ffenna gye tufa twenkana tulinamu obusosoze wadde nga awamu kiyitirira. Mu 2009 Amerika yalimu abantu obukadde nga 350 nga ku bo Abaddugavu Abamerika bali obukadde nga 100. Bano be bazzukulu b'antu abaanyagibwa mu Afirika ne batwalibwa okukola ng'abaddu, emyaka kati gisukka 300 egiyise. Wadde guli gutyo, omuntu avudde mu Bulaaya oba awalala wonna, kyokka nga Muzungu, ne bw'aba nga tamanyi kigambo kya Lungereza na kimu, nga bw'atuuka mu Amerika yeetaaya mangu okusinga Omumerika Omuddugavu amazeeyo emyaka n'ebisiibo! Olw'okuba baayisibwa bubi mu mirembe gy'obuddu, Abaddugavu beetamwa Abazungu, n'Abazungu tobabuulira Muddugavu, kisiraani! Abaddugavu bangi si bayivu, tebalina mirimo gisasula bulungi sso ate baagala nnyo eby'okwejalabya, okwejajjatta n'okwejalabaata. Ekiva mu ekyo bubbi, bunyazi, bukumpanya, buyaaye bwamalaaya na butemu, ebibaleetera okujjuza amakomera. Ku batemu ekkumi abali mu makomera, osangako musanvu nga Baddugavu! Tekikkirizika kyokka nga kituufu nti mu Amerika abavubuka Abaddugavu abali mu makomera basinga obungi abo abali mu ssiniya! Weefaanaanyirize Buganda gy'eba eraga singa abavubuka Abaganda abali mu makomera basinga obungi abavubuka Abaganda abali mu masomero aga ssiniya!

Si kwe kugamba nno nti bonna obukadde 100 bali awo ntagasa. Waliwo abagagga ffugge, ba ttyagiri abatamanyi na kya kukola mu ssente ze balina. Bano basinga kuba bazannyi ba mipiira, bayimbi n'abazannyi ba ffirimu. Mu mwaka ogwo mu Amerika yonna mwalimu abagagga abavundu ebikumi bisatu, abalina ddoola obutabalika (*billionaires*), nga ku bo babiri bokka be Baddugavu: Omwami Bob Johnson ate n'Omukyala Ophra Winfrey. Mu Baddugavu era muzze mubaamu abantu abakugu, kyokka nga ba muswaba, gamba: Pulofeesa Carter, eyayiiya okukola amafuta ga mmotoka mu ssoya, Pulofeesa Ben Carson, kakensa mu kulongoosa ebwongo. Ono nga asaanukula omutwe, obwongo obulwadde n'abusenako, n'aguzzaawo, omuntu n'atambula! Omuntu eyavumbula ebitaala ebikozesebwa mu kulongoosa yali

Muddugavu, eyayiiya ebimotoka ebyeera enguudo, yali Muddugavu, n'Abaddugavu abalala bangi abaatiikirivu mu bintu eby'enjawulo nga: abasawo, bannamateeka, abasuubuzi ne ba neekoleragyange.  Naye ku Baddugavu ekikumi osanga omu afaanana atyo.

Omuntu bw'aggwamu essuubi by'asanga by'akola, nga bwe bagamba nti: "Eyaayonoonye bw'asanga bw'atunula".Oluusi obasaasira okubasanga nga be bali mu ffirimu ne mu nnyimba ez'obuseegu, kuba banoonya ssente ate baggwamu dda ensonyi olw'obukakanyavu bw'embeera mwe bakulira. Waliwo okukotoggera Omuddugavu kwotolabanga, kyokka nga nabo oluusi beereetera okusuulibwa ebbali olw'enneeyisa yaabwe embi, eva mu kukulira mu maka Ssebatta ge yayita, agawomoggose. Abawala bangi bazaalira ku mpya, oba ŋŋambe mu mizigo, anti eri tebalina mpya. Abawala bano emirundi mingi beesanga nga be balina okuyimirizaawo abaana baabwe awatali kuyambibwako basajja ba kazaala bulwa. Abaana bangi bakula tebamanyi ba kitaabwe, ne bakula batyo batyo, nga bamagalavu ng'ekyayi ekinaayiwa obugolo.

Kale ekitundu singa kisengamu Abaddugavu ne bawera ng'Abazungu bakisegulira, tebaasobole. Omuzungu agenda okugula enju mu kitundu amala kumanya oba tewali Baddugavu! Ate ne bw'oba Omuddugavu binojjo era omuntumulamu, n'ojja mu kitundu ekisingamu Abazungu era bakwekengera, oluusi ne bakulemesa n'okukibeeramu olw'okukucoccanya. Abaana Abaddugavu amasomero bagenda mu gali ga *bonna bakone* kuba ag'obwannannyini amalungi tebagayinza. Kumpi wonna we babeera be babeera abatono era basosolwa. Oluusi ne ku bbaasi ez'amasomero obwana Obuddugavu bulina kutuula bwokka si kuliraana buli Obuzungu mbu kuba buno Obuddugavu bujja kusiiga buli amayisa! Wadde amateeka kino gakigaana naye era kikolebwa oluusi n'oluusi. Yiii Kazooba!

Kya nnaku nti Bannayuganda abamu bwe batuuka eyo ne bakola ku lupiya, baagala kukangabala mu gamotoka ga-kabandole, kale gayite ga-kabandabe, nti anti twafa dda! Mpola batandika okweyisa ng'abamu ku Baddugavu baayo ne kirowoozesa abalala nti buli Muddugavu bw'atyo; abeera mu bya kuwemula, kwemonkoola, kumansula, kwambala atyo atyo, kwogera bubi Lungereza, mwattu ne kiweesa abantubalamu erinnya ebbi, anti omulya mmamba ommanyi!

Sikulimba ng'oyagala okweyagala n'okutwalibwa ng'omuntu olina kubeera wammwe. Kirungi omuntu okugenda ebweru n'afunayo omulimo nga ssente ze bw'azizza mu Yuganda, oluvannyuma n'adda

n’atandikawo ekintu eky’omutindo ne kimuyimirizaawo n’abantu be ate n’eggwanga nga bwerizimbibwa. Naye okubeera eri kumpi obeera nga muddu obudde bwonna ka obe nga wasoma era nga olina n’omulimo ogw’ebbeeyi ennyo. Kale oba ogamba nnimba naawe ojje ogendeyo olinzikiriza.

Ekyennyamiza Bannayuganda bangi si beesimbu. Oli n’abonaabonera ennusu nga akolera mu butiti obumeketa, mu buggumu ejjitirivu, mu biseera eby’ekyeya, mu kusosolwa, mu kutwalibwa ng’atali muntu olwa langi ye yokka, n’aweereza obusente bwe kyokka b’abuweerezza bamukoleremu eky’amagezi bwonna ne babuwemmenta nga bagamba nti kasita ye ali eri ewali ennyingi! Nze nga ndi eyo nnafiirwa obukadde bwa ssilingi abiri mu bubiri bulamba mu ngeri eyo! Mulimba nnyo nammwe, mulowooza nti eri baziyoola mu kkubo oba bazinoga ku miti? Kale nnamwe mugende muzinoge! Abalala bwe bamanya nti akomawo, nga obudde bwonna babadde bamulimba, bamusalira ga ku mumiza musu bamuwone! Ddala tuyinza okwekulaakulanya n’okuzimba eggwanga awatali bwesimbu?

Olw’obukumpanya ng’obwo, abali ebunaayira kye bakola kya busente bwabwe kubuzza ku mumwa ne babweriira oba okulinda lwe balidda ku butaka basobole okubaako ke beekoleramu sso si kwesiga muntu mulala yenna.  Nze mu nsi muno kati neesiga abantu babiri bokka; omu ye nze ate omulala si ye ggwe!

Abayindi wano batukubya kaga. Bo agenda n’ewa munywanyi we n’aggyayo ebintu ku bbanja oluvannyuma n’asasula. Ne mu Bazungu bwe guli. Olaba ekintu okigulira ku ssimu oba ku *yintaneti* n’osasula gw’otomanyi era gw’otolaba kyokka ne bakikuleetera ate nga kye kiikyo! Wano ffe tuli mu bya *kukola njawulo* eteri ntuufu na *kuyisaawo*! Eyo enkola nvundu era eteekwa okudibizibwa embagirawo bwe tuba baakusenvulako mu kwekulaakulanya, okuzimba Buganda ne Yuganda yonna. Bwe nkulimba nga Engabi ngyeddirako binuulo!

# 13. Ŋŋenda mu Haiti

Yunivaasiti zo mu Amerika teziringa zaffe mu Yuganda, abayizi mwe beemalira mu kuyiga okwo mu bitabo kwokka ne bakonera omwo, anti nga tebalabirako ddala oba okukwata ku kyebayiga ne bamanya oba kibagasa oba nedda. Eri twalina okugenda mu kifo buli omu kyeyeeronderanga okusinziira ku by'asoma, n'agenda abeerayo okumala ebbanga n'alabira ddala ky'asoma nga bwe kiyinza okumuyamba n'okuyamba abalala. Okuyiga eri si kwa kugamba bugambi nti nnina ebbaluwa, nga oziwanise mu nju, wabula kwa kulaba nga olina ky'okyusaako ku mbeera z'obulamu bwo n'obw'abantu abalala mu ngeri ez'enjawulo. Kigasa ki okuyiga okukola omunnyo mu *lab* ate n'ovaayo n'okola akeediimo mu ssomero olw'ebijanjaalo obutabaamu munnyu? Omuntu n'ayiga obutonde bw'ensi kyokka nga n'awaka waali tewali kiraga nti alina ekyawufu kye yayiga! Okwo okuyiga kugasa ki okuggyako okwonoona ensimbi n'ebiseera mbu abantu bayiga?

Nze nnalonda kugenda mu nsi ye Haiti, eyali esingira ddala obwavu ku ludda Amerika kw'eri, oba oli awo ne mu nsi yonna, kyokka nga ekinakuwaza eri kinnya na mpindi okuva ku lukalu lw'Amerika, anti mu nnyonyi olugendo nga lwa ssaawa ssatu zokka.

Ennyonyi bw'etandika okuleewa n'okukka, n'osooka okulaba agasozi ageereere okutali kimera kyonna, nga wansi tolengerayo kagga kakulukuta, ng'omanya nti otuuse mu Haiti. Ensi eno ya kizinga esangibwa mu liyanja Atilantika eyo wansi mu masekkati g'obukiikakkono bwa America(*Central Southern America*). Kasi kasirikitu, kalina abantu obukadde munaana bokka kyokka bambi nga basula bakukunadde nga lumonde mu ttaka. Wadde ekizinga kisangibwa eyo, abantu ba Haiti baddugavu ttibi nga ffe, era batufaananira ddala, bw'ojja nti baava kuno! Omanyi abantu abaafugibwanga obuddu eyo batwalibwayo bangi okulima mu masamba g'Abazungu ag'ebikajjo. Abalala baatwalibwayo Amerika oluvannyuma lw'etteeka eriwera okufuga abantu nga abaddu okuyita awo mu myaka gya 1860. Abazungu olw'okwekengera Abaddugavu abalina eddembe, baasalawo nti buli muddu ateebwa ave mu Amerika, bwe batyo abamu ne babatwala ku bizinga ebiyitibwa ebya *Kalibiyani*, abalala ne babazza mu Afirika mu bibuga Freetown(Sierra Leone) ne Monrovia (Liberia). Baababazza kubeegobako sso si kubawa ddembe! Ennimi entongole mu Haiti, Lufalansa *n'Olukuyolo*, olwava mu Lufalansa olukyamu n'ennimi

za Afirika ey'ebugwanjuba, awaava abantu abangi ennyo mu mirembe gy'okusuubula abantu ng'abaddu. Ekibuga kya Haiti ekukulu ye *Port au Prince*, kyokya nga muliro obudde bwonna. Wadde Haiti yeetooloddwa mazzi, amazzi ago ga munnyu omuka omuzibu agatasoboka kunywebwa oba kukozesebwa mu maka. Amazzi amalungi agakozesebwa mu maka gakwasa abantu ku bako! Emigga gyonna gyakalira, olaba mponkowonko. Okuba n'ekimotoka ekisomba amazzi oba olina *bizinensi* ya maanyi nnyo eri.

Natuukira wa Muminsane Omumerika eyali amaze emyaka egisoba mu abiri nga akolera mu kizinga kino. Yansuza okumala ennaku nga ziizo, oluvannyuma ne nfuna akazigo ke nnapangisa mu kibuga, ne nvanga omwo okugenda okukkakalabya egyali gitutteyo. Nakusuwaza mangu ebigambo by'Olukuyolo bye nnalina okweyambisa okulamusa, okwebaza, okwegulira akamere, okubuuza amakubo, n'ebirala bitonotono. Olw'okuba ng'abantu baayo Baddugavu, nze tebaasobolanga kummanya mangu nti ndi mugwira, okuggyako nga boogedde mu lulimi lwabwe, obutalumanya ne bunkwekula.

Embeera y'ebyobufuzi n'ebyenfuna nga eyungula ezziga**.** Haiti nga nsi ya busambattuko na busambagano. Ebyobufuzi nga byabalema okutereeza; gavumenti zijja bwe ziwambibwa. Mu kuwamba okwaliyo nga mbulwayo akabanga katono ŋendeyo, abayeekera baali bookezza olubiri lwa Pulezidenti nga n'Ekelezia lutikko ey'eggwanga eryo baagitisse omuliro n'eteta n'esaanawo. Omanyi Obukatoliki bwali bwe businga mu ggwanga eryo era nga bumazeeyo emyaka egisukka mu bitaano. Abakambwe abaali bawambye gavumenti, baamenya amaka g'Omuwandiisi w'Omubaka wa Paapa ne bamuggukako ne bamutyemulamu wabiri. Ebyambalo bye ne babyenaanika, ne bakwata omuggo gwe ogw'Obusumba, kale buyite obulabirizi, ne batikkira n'enkofiira ye ne bakunnumbira mu nguudo. Kyatwala emyaka nga eriyo abatujju abawalanya gavumenti era abatigomya abatuuze. Ffe twatuukayo nga amagye g'Ekibiina ky'Amawanga Amagatte (UNO) ge gakuuma emirembe mu kibuga. Ekyannewunyisa eri obuyeekera bukolerwa mu mayumba mu kibuga sso si mu nsiko, kuba teri nsiko!

Obwavu bwe nnalaba e Haiti nga bufuuwa malenge! Buli nnali sibulabangako! Eri nsi njavu yeeyaguza luggyo. Kumpi teri kye batunda. Nagendanga mu katale neegulire ako mu ntamu, naye ng'osanga abakazi abalenga ennyanya ezitawera kkumi, ekkiro z'omunnyu nga bbiri bu mukene nga buubwo, kyokka nga nabo bali awo beegayaaaza, balowooza bakola! Kirabika baalindirangawo budde kukunira balyoke

beeyanike ku nguudo, anti ogwo gwali mulimo mukulu ddala mu kibuga Port au Prince. Emmere nga esakibwa bweru wa ggwanga anti nga ebyobulimi tebisoboka kuba ettaka lyali lya nkalajje. Nga kye basobola okulimako mu butundu obumu bwe butungulu, emboga n'ennyanya. Ebyobulambuzi nabyo nga teri anti teri nsiko nti oba balina ebisolo, ate n'obunyoolagano obutatadde nga tebusikiriza bantu kugenda kukyalayo. Awo wewebuuliza nti abantu ba lucoolo babeerawo batya? Ekyo nange nakyebuuza era ne nnoonyereza okukifuna. Ozimanyi ezinunula omunaku, Katonda azitunga kiro. Kale balina abantu baabwe abaasobola okudduka mu ggwanga, abo nga be baweereza ku ssente, era eyo nga y'engeri eyali esinga okuleeta ensimbi mu nsi eno. Mu Yuganda abantu nga abo nga baakazibwako lya *Nkubakyeyo*!

Abaana bangi mu Haiti nga tebasoma, anti nga teri *bonna basome*; ebintu byonna nga bya kusasulira ate ng'ennusu baginoonyeza mu kiwato nga mazina! Obuyigirize n'obugunjufu nga biri wansi ddala. Abaminsane be baagezangako okussaawo obusomero naye nga yo gavumenti eriwo kwekkusa kyokka tefa ku bantu, era nga gavumenti za Yuganda bwe ziri!

Nnali ŋŋenze n'amagatto gange ga balikkupu ag'obutiti ne kikabuuti ki kabikaguddewa wamu n'essweeta, naye byandibirira nga ndi eri, anti nga ekizinga obudde bwonna kyokya ng'olunyata. Ebbugumu nga liringa erya Puligaatoli oba! Nga bw'oba otunda bulangiti zikudibirira n'otoba nazo anti nga tezirina ttuunzi n'akamu. Mu nsozi nga y'eri ku kawewo naye okuziwalampa nga onootuuyana.

Eky'ennaku embeera eno yaleetebwa gavumenti ez'emabega. Abakulembeze ba Haiti abaaliwo emabega baayitirira obubuguyavu mu bwongo n'omululu gw'ensimbi, ne badda ku bibira ne batema nga ba nnaggagga  abakozi ba ssukaali baagala okugaziya amasamba gaabwe ag'ebikajjo. Era gye buvudde waliwo ekiseera nga ssukaali yenna akozesebwa mu Bulaaya  aggibwa mu Haiti. Ba *yinvesita*  kituufu baafuuka ba bifeekeera olw'omudidi gwa ssente gwe baggyanga mu kutunda ssukaali ebweru kyokka mpolampola enkuba yalekera okutonnya, ettaka ne likala, ebikajjo ne bifa ensi n'efuuka ddungu. Omutuba oguweddeko entontogolo oba entonto, ogumanyi ebinyonyi biguyita ddungu. Abagagga nabo olwalaba nga biri bityo, nga tebikyafuna, ne basibamu ebyabwe ne basimbula amakanda mu Haiti! Wetwogerera Haiti tekyalina wadde ekkerenda lya ssukaali ly'etunda. Abantu beemagaza bwemagaza, beekomba mannyo nga mbwa, baavu ba

lunkupe kuba obutonde bw'ensi yaabwe bo ne gavumenti zaabwe ensiru zaabwonoona. Bwe tudda mu Yuganda ggwe gyetulaga olabayo?

Nga oyagala okulaba akadwadwaalikano kwata wadde ku katabi k'omuti oguli mu kabanja ka muliraanwa. Omala okikola nga munaabulonda, bw'otomubendegera. Abaana bafa nnyo mu Haiti olw'endwadde ezitafuna kujjanjabwa. Olumu akaana ka mukwano gwange Omuhaiti kaafa nange ne ŋenda mu maziika era ne nsulayo. Kyokka omusaalaba ogw'omuti  ogwassibwa ku ntaana bwagenda okukya nga lya mpiki. Abagezigezi bagubbako ekiro ekyo kyennyini basobole okufuna kye bafumbya. Olaba abantu batuuka okubba omusaalaba gw'omufu omanya nti kye baliko kika! Teri mbaawo, tebasobola kukola bibajje. Olw'ensonga eyo okuziika basima busimi awo kumpi nga bassaayo. Abalina ku ssente bo baziika mu sanduuku za bipapula ezikolebwa mu biboxi omuggira  ebintu. Eyo nno ng'egulwa ddoola za Amerika ataano malamba mu za Uganda obudde obwo gyali emitwalo mwenda. Olw'obwavu obuwunya n'okuwunya ate ng'abantu abasinga obungi tebalina bibanja, abafu nga bwe bawera mu ggwanika nga babatwala kubaziika mu ntaana za kirindi, anti nga ab'eŋanda zaabwe tebasobola kufuna nsimbi za kuziika!

Ebyeŋunjula nga biri wansi nnyo anti nga n'abatono abasobola okugenda mu masomero basangayo abasomesa ba kibugwe, abatali batendeke. Abawala olw'obutasoma nga batandika mangu ogw'okwerejjesa n'okusukuma obwana ate ng'abaana abazaalibwa tebalina buyambi bwonna. Awo nno bangi babasuulanga ku nguudo olw'okubulwa engeri gye babayimirizaawo. Bo abalenzi abatasomye era abatalina mirimo nga kibanguyira okuyingira obuyeekera oba obubondo bwa bakkondo, kuba okubeera n'emmundu yabanga engeri ennyangu ey'okufunamu ensimbi, anti nga babba, banyaga, batulugunya n'okutemula abantu olwa ssente, era ng'aliko ke yeekoledde asula ku bunkenke bwe yabanga tadduse mu ggwanga.

Abawala Abahaiti balungi bazibu.Wadde nnali simanyi bulungi lulimi ate nga nabo Olungereza tebalutegeera, nnalina emikwano gy'abawala egiwera egyankyaliranga, nga tulina bwe tutegeeragana mu ngeri yaffe. Abamu bwe baamanya nti nnali nvudde mu Amerika ne balowooza nti singa bankwana bandifunirawo akakisa okutwalibwa mu Amerika ne basegulira Haiti. Abalala bambi bajjanga kufuna ke balya. Nsaasira nno nze omusajja eyasulanga mu kayumba kange obwa ppeke nga teri n'ajja kugamba nti owange okola ki nga nfuna abagenyi ab'olutentezi. Wadde gwali gutyo seerabira mulundi na gumu nti wano

waali kibondo kya Siriimu nnawookeera era nnabe eyagwa mu nsi okuva mu myaka gya 1980 eyo, era nga yeeriisa nkuuli ne wano we nnali. Nze Mukenenya kye yantamira kwe kwagala okwegazaanyiza mu biwala ebyebitiggula ebitiba nnyini n'abavubuka abagoogofu! Ekyamponya ennyo, omwenge nnali sikomberako ddala, kale nga ekyana ne bwekyemoonkoola nga kinkuba ebimyanso kinteengule nga tekiwangula. Endigi omanyi bangi olugissa mu ttama beerabira nti eriyo n'okufa ne bakola ate bye bejjusa enkeera naye nga tekikyagasa.

Pamella, omuwala Omuhaiti, olumu yajja n'akolera mu maaso gange ebyanzisa ensonyi kyokka ye ng'akapye taliimu kafansonyi konna. Lwali lwamukaaga nga nvudde gye nnali nkolera. Mba mmaze okweyiwako otuzzi ndi mu kawale kange akampi, ntudde ku bbalaza okufuna ku kawewo, ng'eno bwe nsoma amawulire, Pamella n'atuuka. Bulijjo yajjanga ne munne naye ku luno yajja bwannamunigina. Nga bulijjo nnamwaniriza nga mugwa mu kifuba n'okumuwunya ku matama nga Abahaiti bwe balamusa, ne mmuwa akatebe wabweru awo kyokka ye n'agamba nti ayagala munda, tayagala nfuufu.

Yali muwala muwanvu mweru mutono.Yalina emimwa migazigazi, amannyo nga galimu akazigo, amaaso nga meeru malungi bulala. Engalo zaali za matooke nga enjala azisiize langi mmyufu. Yali ayambadde ka bbulawuzi ka kyenvu kasale emikono nga ate sikaati yamataatata eriko obupeesa okuviira ddala waggulu okutuuka wansi. Era ng'abawala Abahaiti bwe baayambalanga, nga sikaati nnyimpi ddala. Nga amaze okunywa ka sooda, sijja kugamba nti emboozi ng'egudde amakerenda, kubanga sitwayogeranga bingi olw'obuzibu bw'olulimi. Pamella yasituka mu katebe ke n'aŋamba okunkoleramu akazannyo, wamma nange ne nfuna akamwenyumwenyu ku matama. Yayimirira n'atandika okuzina ng'eno bw'asumulula mpola obupeesa bwa bbulawuzi ye, nga ngamwegese, tutunuuliganako tumwenyereketa, ng'ekkovu eririddе akatiko. Nnali nduyita luto, naye akagoye yakaggiiramu ddala n'akasuula eri ku katebe ate n'atandika akasikaati ng'akava wansi. Bw'atuuka ku kapeesa akasembayo ne mmusaba alekere awo kyokka ye ng'ayongera kwenyigontola, mbu azina. Omwana muwala yasigala kumpi buswa n'alyoka aŋamba mbu muwe ddoola kkumi ez'akazannyo ke. Ko nze: "Ezo zonna?" Ko ye nti bwe simusasula mangu asigala bw'atyo ate ng'addidde ddala mu mulyango. Abange, ekyetere kyali kinzijidde. Abantu balengera batya omuwala ali omwange nga ali bukunya. Ne bamala bakimanya tebangoba mu nsi yaabwe ne bakama bange ne bampandiikako lipooti embi? Namwegayirira azzeeko

engoye, bw'atakomba kw'ebaza eriibwa! Nnalina okutooka ddoola kkumi ne nzimuwa okwewonya ekijolooto ky'omuwala. Kyokka ddoola zange ezo zannuma kuba zandibadde zindiisa okumala ennaku ennungi ssatu nnamba! Nga nkulabira nno baana bawala bwe bakola ssente ezitaliiko kutuuyanira, wabula okwekaza n'okunaaba ensonyi.

Essajja ebbi ggwe wamma teribulako kalungi kaalyo. Abantu b'e Haiti bagumiikiriza ng'ekibbo, tebaggwamu maanyi wadde okuterebuka nga basuubira nti kiriba edda ensi yaabwe n'etereera, anti n'amata ag'ennyana ganywebwa muwangaazi. Bakozi nnyo, tebadda awo kuzaatama na kulera ngalo, wadde nga bye bakola tebireeta ssente. Batetenkanya obulamu mu ngeri eyeewunyisa, bawatanya okulaba nga babaawo. Bayimbi n'okusiiga ebifaananyi, ng'omwo bafunamu ku jjamba erigulira Magala eddiba. Bantubalamu nnyo era basanyufu, ng'obalabidde mu kkubo, anti wootosuze w'otenda emirembe. Obutafaanana Bannayuganda, Abahaiti bayonjo mu bibuga byabwe ne mu byalo. Enguudo zaabwe ngazi era nnungi. Obubuga obwenkana nga Nnyendo, Nateete, Bwayiise eri bwonna bulimu enguudo za buggyo oba koolaasi nga kuliko n'ab'ebigere we batambulira awatali kutawanyizibwa na kujoonyesebwa ba bidduka.

Naye laba Kampala, Masaka, Kaliisizo, Rakai, Ntebe, Mukono, Mpigi, Mityana, Mubende, Luweero, Kayunga, Nakasongola, akabuga k'ewammwe, n'obubuga obulala nga bwe bifaanana! Omusaaniiko, obuveera, obucupa bw'amazzi, emyala egibotose leero mmenye ki ndeke ki! Abakulembeze b'ekitundu ne bwe bakola, bwe baba balina ke bakoze, ng'abantu endowooza gye balina ya kubeera mu kasasiro, baba bafuuyira mbuzi mulere, nga bateganira busa. Bannayuganda bangi bafaana okubeera ne kasasiro mu bwongo, kye bava batafa ku mbeera eteriimu bisaaniiko. Omuyivu yabiraba nti: omuntu kyangu okumuggya mu nsiko kyokka kizibu nnyo okumuggyamu ensiko! Kati nno mmwe abayizeeko mulage nti ensiko yabaggwamu!

Wadde nga Haiti esalagana n'ensi *Dominican Republic* nga bali ku kizinga kimu, yo embeera mu Dominian Republic nnungi nnyo. Abakulembeze ba Dominian Republic baagaana okutema ebibira byabwe mbu lwa bikajjo. Waakiri okugula ssukaali ebweru naye n'osigaza ensi yo nga ebeerekamu kubanga oguli ewa munno (omuggo) tegugoba ngo era n'eziri mu bbanja (ensimbi) tezinunula mwana. Abalambuzi abalina ensimbi zaabwe eno mu Dominican Republic bagoberayo nnyo, bwe batyo ne baleeta ensimbi mu ggwanga era eby'obulambuzi bifuna kiralu. Amasomero malungi n'embeera y'abantu

yeegombesa olw'okuba eggwanga libadde mu mirembe obutafaanana muliranwa waalyo. Mumanyi Kenya bwe yatuyitako era bw'etuli ewala ennyo kuba bo baali mu kuzimba ggwanga ffe eno nga tuli mu ntalo ezaaleetebwa bannabyabufuzi ba kirimululu be tukyalina na buli kati.

Yuganda obutafaanana Haiti, nsi ngagga nnyo mu mbeera y'obudde ne mu ttaka eggimu, mu kubaamu amazzi amalungi n'okuba n'abantu nga bwe tuli, wadde abalyakuzi nabo tubalina. Yuganda esobola okukulaakulana mu bbanga ttono singa obukulembeze buba bwesimbu, singa obukenuzi bulekebwa era singa okufuga abantu obumbula tekuddamu. Singa gavumentti ekola omulimo ogugirondesa, n'ekola enguudo eza koolaasi eyo yonna mu byalo, n'eggulawo amakubo, nga ensi ezikuze bwe zaakola, olwo abantu baba bajja kufuna ensimbi n'obulamu buba bujja kukyuka mangu. Okusaanyawo ebibira mbu kuba twagala amakolero kuba kulya ggi kwesubya muwula kuba ebyagwa e Haiti tebiririrema kutugwako. Bali nno sibayigirize nnyo, naye ffe Bannayuganda abantu abayize, ekyo kikafuuwe.

# 14. Sserwajja okwota

Ebbanga lye nnalina okumala e Haiti nga liweddeko nakyusa obuwufu okudda mu Amerika okumaliriza emisomo gyange. Nnasaalirwa nnyo emikwano gye nnali nkwanyeyo okugireka naye munnange awalungi tewaba wammwe, oleka Mujaguzo ku kibuga e Mmengo zivuga n'okkirira e Buddu. Ye Pamella gye yali yabungeetera nga teri amanyiiyo era nnasaalirwa obutamusiibula.

Wewaawo nnali njiga bya kulongoosa mmere ekyo tekyandobera kuyiga byafaayo bya Amerika. Endowooza egamba nti olina kumanya ky'osomeredde kyokka ya kitumbaavu era teyamba. Omuntu kavuna oyiga okusoma n'okuwandiika, osobola okweyigiriza ebintu ebirala bingi nnyo ebiro bino kasita bibeera mu lulimi lw'otegeera. Awo n'eky'okusoma n'okuyiga obulungi ennimi endala we kibeerera eky'omugaso wadde nga tekirina ate kukwerabiza lulimi lwo oluzaaliranwa, anti 'ozaayanga omubiri notozaaya lulimi'.

Bajjajjaffe baabiraba nti: "sserwajja okwota, lukira nnyinimu entannama". Abazungu abajja bazuŋŋana nga bava e Bulaaya, olw'ensonga ezitali zimu, omwali: okunoonya eby'okufuna, okudduka ekibabu ky'effuggabbi n'entalo mu nsi zaabwe, okubunyisa Obukristo, n'okwagala okwetaaya, anti nga Bulaaya nfunda bulala, bwe batuuka ku ssemazinga wa Amerika, ne bakajjala n'okusalako ne basalako olwo bannansi ba nnansangwa ne bafuulibwa mmomboze mu nsi yaabwe!

Ebyafaayo biraga bulungi nti Abamerika bannansangwa, Abazungu abeeru be baakazaako amannya nga: ba *Red Indians*, ba *Aborigines*, ba *Native Americans* oba ba *Amerindians,* baali bantu abaalina ebyobuwangwa byabwe ebitongole, nga balina ebyobugagga, nga n'ekisinga mu byonna lyali ttaka, eddene obwaguuga ate eggimu nnyini. Abazungu abazzi, ba *sserwajjookwota*, baamalira ddala emyaka egisukka mu 400 nga baccocanya era nga beefunyiridde okusanyawo bannansi ba nnansangwa. Okuva mu myaka gya 1500 okutuukira ddala mu gya 1900, abafuzi b'amatwale abajja mu Amerika nga bava e Bungereza, baakozesa obukambwe n'ettemu, effuggabbi n'okujoonyesa, entalo n'okusengula abantu ku mpaka, endwadde n'okunyigiriza, obunyazi, obujoozi n'obukuusa, okulaba nga ba Amerindians, ba nnanyini nsi eno, basaanyizibwawo n'obuwangwa bwabwe nga bufumwa. Mu myaka gya 1900, abawandiisi baatandika okugamba mbu ebika bya ba Amerindians byali bisanyewo. Wadde abantu abo

baabunyizibwa emiwabo batyo, n'okujolongwa, n'okujeezebwa, okunywerera ku buwangwa bwabwe n'ennono zaabwe, ab'olubatu abaasigalawo bibayambye okuddamu ate okutojjera obuto, nga kati bali obukadde bubiri (nga Amerika yonna erimu abantu obukadde 350). Awo oluusi w'olowooleza nti oba oli awo kigasa okukwata olugero lwa bajjajja olugamba nti: "Ow'entono alunda zize, ebisige tebyegatta na nviiri"! Naye mu mbeera y'ensi nga bw'eri kati osobola okulunda ezizo wekka n'omalako?

Abazungu nga balya Amerika, beeraga ng'abazze okuleeta obugunjufu sso nga makweka nsaamu, baalina ekigendererwa kya kwefunira ttaka, oba nga si kulitwala lwa bulungi, nga beetegefu okulinyaga mu lukwesikwesi; ekyo nga kigaanye, okuliwamba ku kifuba, oba emmundu zikekera zikekere, era bwe gwali. Abangereza baasooka n'akakodyo kaabwe ak'okwaabuluza mu bantu basobole okubafuga nga babanafuyizza. Bwe batyo baatandika okwekobaana n'ebika ebimu balwanyise ebirala, era ne kibakolera. Baalaba ekyo tekibamalidde kufuna ttaka lyonna lye baali beetaaga ne basalawo okukola endagaano n'ebika ebirala. Nga singa mukkiriza okuva ku ttaka lwa bulungi, ne musenga bo webabawadde nga olwo mbu bajja okubasasulangayo akasente n'okubakuuma, okubawonya abalabe bammwe (baganda bammwe bwe mwasangibwa mukkaanya). Zino endagaano zaabanga za bulimba busa kuba Abazungu tebaazigobereranga. Baazikozesanga kulinnyirako kwefunira kye baagala. Ndowooza ebintu ebifaananako nga kino naawe wali obiwuliddeko wano mu Yuganda!

Amerika bwe yali erwanirira obwetwaze okuva ku Bungereza, bannansi balwanira ku njuyi za njawulo, anti baali bamaze okukutulwamu. Olutalo lw'Amerika ne Bungereza nga luwedde, mu 1782, bannansangwa abaali bawagidde Bungereza ettaka lyabwe lyonna lyabaggibwako, sso n'abaali bawagidde bakyewaggula abaawangula obwetwaze, tebaalina kinene kye baafuna. Mu lukujjukujju olw'ekitalo, bannansiko, ba kamanda ba Amerika nga, Andrew Jackson, eyafuuka Pulezidenti oluvannyuma, baasalawo bannansi basindiikirizibwe okuva ku ttaka eggimu eriri e Bugwanjuba bw'Omugga Mississippi, bagende basenge mu ddungu ne mu gasozisozi era agayiinjayinja emitala w'Omugga gwe gumu. Wadde ba Amerindians baasitula olutalo kafungulankete, baali beekongolobojja bwekongolobozzi, anti nga gavumenti gye baali balwanagana nayo nga ebali wala mu lyanyi!

Mu 1830, Olukiiko kw'Eggwanga lwayisa etteeka ery'okusimbuliza bannansi ku kifuba (*Indian Removal Act of 1830*). Bwe

batyo bannansi nga 100,000 baasindiikirizibwa ng'ebyonziira nga basengulwa gavumenti yennyini, yo n'abawagizi baayo ne bakajjala n'okwegazaanyiza ku ttaka lya ba Amerindians. Ekimu ku bika by'abantu ba nnansangwa kyali kyeremye, kyokka gavumenti n'ekiyungulira abawanvu n'abampi. Na buli kati ekkubo abantu mwe baayita nga bakonkonwa ebitolima by'agaggo, n'abandi okuttibwa, abalala okufa obutiti n'okunogolwa enjala, liyitibwa Ekkubo ly'amaziga (*Trail of tears*). Abantu 4000 tebaalutonda. Awalala gavumenti yasalawo ettaka kuligulanga lwa mpaka, nga abaligugubirako, balibatwalako tebalina na ke babasasudde, bwe baabanga bawonye okuttibwa. Kale bw'obeera ggwe okola ki mu mbeera eyo? Olisigalako ne bakuttirako, oba ne bakuggyako lwa mpaka ate n'ogenda nga tolina k'olina, oba?

Gavumenti y'Amerika yayongerera ddala okukijjanya abantu bannanyini nsi, okubasaasanya n'okubasalaasalamu. Yaggulawo enkambi (*reservations*) n'ebakuumira omwo baleme kuddamu kwegatta na kufuna maanyi, anti okwegatta ge maanyi. Awamu ng'okuyigiriza Amerindian okusoma oba okuwandiika, nga abaminsane abamu bwe baali bakola, nagwo nga musango.  Mu kyasa kye 19, abaana ba bannansi nga bateekebwa mu masomero ag'ebisulo, eyo nga tebakkirizibwa kwogera lulimi lwabwe oba okukola ekintu kyonna eky'obuwangwa bwabwe, gamba ennyimba n'amazina. Nga tteeka kwogera Lungereza lwokka, ataligondera nga yeetyabidde yekka akalimu obuwuka. Ekigendererwa kyali kya kubeerabiza buwangwa bwabwe, anti obuwangwa businga kukuumirwa mu lulimi.

"Ebyali ebibyo babikuseera, enkejje amazzi mu luwombo bagipimira mapimire"! Bannansi bano ba nnansangwa okufuulibwa abatuuze ba Amerika kyaliwo mu 1924, emyaka kumpi 150, okuva Amerika lwe yafuna obwetwaze!  Okuva mu 1675, waaliwo etteeka nga Amerindian takkirizibwa kulinnya kigere mu Kibuga Boston, wadde wonna we kyali yali nsi yaabwe. Etteeka eryo lyakasangulwawo luno jjuuzi mu Muzigo wa 2005, oluvannyuma lw'emyaka 330 nga likola. Wulira ekigambo kino: "Ekibuga si kyammwe era temukkirizibwa kukirinnyamu kigere"!

Kati bannansi  ensi baagibanyagako. Bali mu buwugiro ku ttaka eryali eryabwe! Abalina ku ssente ettaka kati bagula ggule. Eky'ennaku emirundi mingi baligula ku bazzukulu ba bali abaanyaga erinyage oba abaaligula enseko ku mpaka!

Abange? “Nnali nkirabye, azina n’emmindi ye ku mumwa”, sikulwa nga agissa wansi ne bagirinnyirawo ne bagyasa.  Abuulira omugezi……

# 15. Ekikangabwa n'akasamaaliriro

Mba mbulayo ebbanga ttono nsegulire Amerika, ekigambo ne kigwa mu Yuganda wamma eggwanga lyonna ne liyuuguuma. Mu Kafumuulampawu wa 2008, ennaku zaali 14, omuliro bwe gwakwata ekisulo ky'abaana abawala abato mu ssomero lya pulayimale e Buddo, amakumi abiri balyooke basirikkiremu! Amawulire nnagasoma ku *intaneti* ne gankuba akajugumo. Leero bwe byatandika okuyitiŋana nti waaliwo omugubu w'omutima eyali ayokezza ekisulo wamma ggwe abantu ne bafa ennyiike. Ddala muzoole ki oyo eyali ayinza okukola ekyo? Abaffe ne bw'oba olina omuloboli oba ekikuluma olowooza kwokya baana ba banno! Ddala bu maama omutemu oyo ow'effuttwa yabulanga ki!

Mwalimu akawala ka Yivoona Namaganda, akaalibadde kaguwona, kyokka olw'okuba ke kaali akakulembeze k'ekisolo ekyayokebwa, katwalira ddala obuvunaanyizibwa bwako mu ngeri abakulembeze abakulu bangi gye batasobola. Akawala kano akaali kaakamala mu ssomero lino emyezi ena gyonna kyokka nga kamaze okufunirawo obukulembeze, kaagezaako okusisimula banne waako abaali mu tulo otuzibu, abamu ne basobola okuwawamuka ne badduka ekibabu kyokka bambi abalala tebaasobola kuwulira era tebaalwaabula. Namaganda yatandika okusika banne mu buliri, era kaawonawo, Susan Atieno, yanyumya nti Namaganda ye yali amukuludde okumutuusa ebweru ate n'adduka addeyo awonye abalala. Mu maziga amayitirivu Atieno, yategeeza nti: "Yivoona bwe yamala okuntuusa ebweru ne munnange omulala, n'asalawo okuddayo mu kisulo ekyali kituntumuka. Abaana baagezaako okumuziyiza kyokka nga tayinza kuguma kutunula butunuzi nga banne bafa. Olwali okukyesogga ne tuwulira nga agamba nti:'Si eyo, eno'. Amangu ago akasolya ne kayiikamu". Wano Atieno yasikondoka nnyo era mu bigambo ebyali bitawulikika bulungi n'agamba nti, "Ebyo bye bigambo bya Namaganda bye twasembayo okuwulira". N'akuba omulanga! Ka nnyabo kaafa bujulizi! Oba kaali kalagirira banne waako abaali bawunze olw'erikka, oba kaali kalagirira badduukirize, teri amanyi.

Omwana ono yansiriiza omutima era nnamusaalirwamu ak'ensusso olw'omutima omulungi gwe yalina ku banne n'olw'okumanya obukulembeze kye butegeeza. Bwentyo ne

mmusuubiza muli munda nti nteekwa okugenda okumuziikako, nti era ndiweerera mu ssomero omwana afa ku banne, nga nzijukira ekikolwa kye yakola nga awaayo obulamu bwe okubeera banne. Olwadda e Buganda nnasooka kunoonya gye baali baziise ka nnyabo ako. Nagenda mbuuliriza okutuuka lwe nnatuuka e Kanoni mu Ggomba, omwana wattu oyo ne mmuyiwako akataka nga mwebaza era nga mmutendereza olw'obuzira bwe.

Kyo ekyali kivuddeko omuliro Poliisi kyagirema okuzuula era eyavunaanibwa olw'ettemu lino yejjeerera! Kyokka nga waliwo ebaabityebeka nti eyatiikira omuliro ekisulo omwali amabujje ga banne agaali wakati w'emyaka omunaana n'ekkumi egy'obukulu, yali muntu ow'ettima eyalina akakuku n'abakulu b'essomero. Yiii abantu, kale nnabatya era nkyabatya! Olaba oli atta omwana, manya nti ggwe omukulu takulinaamu lwakutaano kukumiza musu!

Nga bwe gutamanya nnyumba mbi, ebyo biba bikyatuuza abantu obufoofofo nga beesansabaga n'okwekunkumula ng'omukunku eyeekoonye, ate amawulire amalala ne gajja nti mukadde wange eyaŋŋunjula n'okundaga ekkubo eryantuusa yonna gye ntuuse, Omukenkufu ennyo, Pulofeesa era Kabona, John Mary Waliggo, yali akutukidde ku nnyonyi nga ava e South Africa gye yali nga ajjanjabwa kookolo w'ebyenda! Kirabika ennyonyi bwe yamusundamu n'emukutula!!

Omukulu ono yali amaze mu buwaŋanguse emyaka mingi, olw'okuyigganyizibwa bannabyabufuzi, nga Amin ne Obote, olw'ebirowoozo bye eby'okulwanirira eddembe ly'abantu, bo abakulembeze bye bataayagalanga. Bwe yavaayo n'adda ku butaka yali alayidde obutadda mu buwaŋanguse. Naye laba bw'afiira mu bwengula eyo mu bbanga nga tewali nsi gy'aliko!

Nnasannyalala, amagezi ne geesibamu okumala akabanga. Nga nzize engulu nnanyigira mwannyinaze, Joan, essimu ne tugakaabamu kyokka nga tetulina ngeri gye tubeerayo mu maziika. Mwannyinaze yali mu Kibuga Boston, nga twawukanye ogubanga gwa mayiro enkumi ssatu nnamba. Wiiki eyo yali ya kazigizigi gye tuli. Nategeera omuntu ali ebunaayira ky'awulira ng'afiiriddwa omuntu we, era nnamanya ekyagaza abantu okuziika ku bantu baabwe ababakwatako ennyo. Okusooka nneebuuzanga ekitindizza omuntu eggendo okuva e Bulaaya era n'asasula n'omusimbi ogwo gwonna nti agenda kuziika nga sikiraba era nga sikitegeera! Olumu akayovu akato kaasekerera bazadde baako nga kabatenda obuwuda olw'okwetikka amasanga ge kaalowooza nti

gaali gabamenya. Ko nnyina waako nti: "kasita naawe eno gy'ojja, oliraba!" Wamma okukula kuyigiriza, n'obukadde magezi.

Okuviibwako omuntu gwe nnali njagala ntyo, nga mmwesiga nga mmundu mmenye era nga nze ne mwannyinaze n'abantu abalala njolo, yatufuukira nsulo y'amagezi, sso ne mbeera nga sigenda na kumuziikako, kyansiiwa ne kinnuguuna ne mpulira nga nsiriira nzigwekerera, nsiimuukawo, nsaanuuka nzigwawo. Wadde mukadde wange yannuma atyo naye ate eky'abaana abato bali abaafiira mu bulumi obutagambika, kyo kyayitawo! Nnalemwa okuva mu nju okumala ennaku enzingu bbiri, nga neebuuza ebibuuzo bye saalinako kiddibwamu. Neefumiitirizanga abazadde b'abaana abo kye baaliko obudde obwo! Omuzadde afiirwa omwana we tewali na linnya limuweebwa mu Luganda, kuba ekyo tekirindiriddwa. Naye kale, otwana twattu otwo tuwummule mirembe ne mukadde waffe Lugaba amuwe empeera olw'ebirungi enjolo bye yakoleranga abantu n'eggwanga lyattu!

Ensi ky'ebeeredde, teggwamu bikuuno bireeta kasamaaliriro. Mba sinnafunyamu kudda Buganda ate ne ndaba ekyafaayo ekikulu mu nsi yonna eky'aleka abantu nga bakutte ku mimwa. Ebyafaayo eby'amaanyi mu budde bwange byaliwo mu myaka gya kyenda ne mu myaka ekkumi egyaggulawo ekyasa ky'amakubi abiri mw'ekimu. Mu byafaayo eby'olulango mwalimu: okugwa *kw'obukomunisiti* oba obwa naakalyaakaani; okumenyebwa kw'ogusenge gw'e Berlin, ogwali guzimbiddwa abakomunisiti okwawula abantu ba Bugirimani, abalina eddembe, mu Bugwanjuba, n'abafugwa obumbula, mu Buvanjuba bw'ekibuga Berlin.

Okuteebwa kwa mwoyogwaggwanga, Nelson Mandella, eyali aggaliddwa ba kalibusosoze, abakabbulu ba Afirika ey'Obukiikakkono (*South Africa*) okumala emyaka 27, ssaako Mandella okufuuka Pulezidenti wa *South Afirika* Omuddugavu omubereberye, ekyo nakyo kyayanaamiriza ensi. Obukulembeze yabumalako emyaka ena gyokka, nga ekisanja kye ekisooka kiweddeko, n'alekulira, okusobola okuwa eky'okulabirako ekirungi abo abaali ab'okumuddirira, okulaba nga tebeeremeza mu buyinza.

Okujja kwa Paapa John Paulo II mu Yuganda nakwo kwacamula abantu, kuba Paapa eyasooka okujja mu Afirika, era nga yajja mu Yuganda mu 1969, oyo bangi twali situmulabye, nga tumusomako busomi, naye ono twamulabira ddala n'agaffe nga tuli ku kiggwa

ky'abajulizi ba Yuganda e Namugongo. Emmeeme yankuba ejjebe, ne mpulira akabugujjo n'akabugumo olw'okulaba ekyafaayo nga kibaawo!

Ebigwawo n'ebivaawo tebyenkanaankana; okudda kw'obwakabaka obwali busaanyiziddwawo okumala emyaka kumpi asatu, n'okutikkirwa kwa Kabaka wa Buganda, nakwo kwannyamaaliriza era kwabuguumiriza Obuganda ne Yuganda yonna, anti abagenyi beesomboola okuva mu buli kanyomero ka Yuganda, okujja e Mmengo okulaba ku Mpologoma. Okwo kwonna nakwota buliro ku ttivi. Nzijukira n'ekyemisana kw'olwo nakirunga mu mmindi, nga saagala kuseetukawo kubaako kimpitako.

Ekyafaayo ebirala mu kiseera kino mu myaka gy'ekyenda kyali kya kujja n'okucaaka kwa kompyuta mu ofiisi ne mu masomero agamu; essimu ezo mu ngalo n'omukutu gwa yintaneti okutandika okukozesebwa abantu ba bulijjo ne guva mu kubeera ogw'ekitongole ky'Amerika ekikessi kyokka. Abantu abeegayiriranga ekitongole kya ssimu okubatuusiza amasimu awaka oba ku mirimo gyabye, baawona okuvunnama n'okukuba amavi nga ssimu zi *buliwoolinkufuna* zizze. Abantu abali mu masosso g'ebyalo nabo baatandika okufuna empuliziganya, nga tekikyetaagisa kuva Kooki oba Kiboga kugenda Kampala ate gw'obadde oyagalayo n'otomusangayo oba ne muyisiŋanya makubo. Abavubi n'abalimi nabo kati basobola okunyigira bannaabwe amasimu ne babategeeza akatale akalungi gye kali ne kibayamba okufuna mu mirimo gyabwe okusinga luli. Nze nnabeeranga mu Amerika oba mu Haiti ne mbuuza ku b'ewaffe era ne nfuna n'amawulire agafa eka ku ssimu ne ku intaneti. Kati bw'otunuulira essimu zino nga zaafuuka nga bya kuzannyisa, toyinza kwefaanaanyiriza nkyukakyuka gye zaaleeta mu bulamu bwa Bannayuganda. Zaagonza obulamu, wadde era zajja n'ebizibu byazo, anti omulungi tabulako kamogo, ennyindo z'embwa tezikala.

Nnaliwo nnyo ng'omwaka gwa 2000 gutandika. Ekyo nakyo kyali kyafaayo mu bulamu bwa bonna abaaliwo, kuba bingi ebyali biwanuuzibwa nti byali bya kubaawo ng'omwaka ogwo gutuuka. Waaliwo bangi abaali balowooleza ddala nti 2000 y'eyali egenda okubeera enkomerero y'ensi. Abantu beeyiwa mu masinzizo ekiro ekyo, nti ssinga enkomerero eba etuuse ebasange nga bali mu masinzizo. Kibwetere ne banne e Kanungu eyo mu Kigezi, baasalawo kwokya ebikumi by'abagoberezi baabwe be baali basuubizizza enkomero ng'omwaka gwa 2000 gutandika kyokka n'etebeerawo.

Esi yafaanana okuyimirira, nga tekikkirizika, abatujju ba lumiramwoyo, bwe baazinduukiriza Amerika ku ttaka lyayo ne baseseggula ekitebe kyayo eky'ebyenfuna, ne bakisanyawo n'eky'ebyokwerinda ne bakikosa nga bakozesa ennyonyi z'abasaabaze ze baali bawambye. Na kino ekyafaayo nnakirabira ku ttivi ku mukutu gw'ensi yonna ogwa *CNN* (*cable news network*). Tewali yali ayinza kulowooza nti Amerika erina ayinza okugikwatako n'abaako ky'agikolako ekigirumya, olw'eryanyi eryali ligiwala, ly'ekyalina na buli kati. Wano nnajjukira ekiwandiiko ekitukuvu nti: "Mukama bw'atakuuma kibuga, abakuumi bakuumira busa".

Ekirala ekyansamaaliriza mu myaka egyo yali mbaga, bba embaga, mawuuno era makunale, ng'entanda eriko ekibya, eya Kabaka wa Buganda Ronald Muwenda Mutebi II ne Nnabagereka Sylivia Nagginda, eyamala eggobe mu kibya, kuba yafeebya eya Majanja. Embaga yasomboola nnasiisi w'abantu okuva wa na wa, era yayamba nnyo mu kwongera okugatta abantu ba Buganda. Olw'okuba obwakabaka bwali buggiddwawo okumala emyaka 27 miramba, abavubuka bangi, nga nange mw'ontwalidde, baali tebabufaako kuba baali tebategeera kye buliko. Embaga ya Magulunnyondo, Cuucu, Musota, Lukomannantawetwa, Naantalinnyakukateebe, yabalaga nti obwakabaka bwa maanyi era kya bugagga ekiteekwa okukuumibwa obutiribiri ng'akalira k'omwana, okulwanirirwa n'okuwagirwa mu ngeri zonna.

Nnali nkyalowooza nti byendabye mbirabye ate ne wajja okuziikwa kwa Paapa John Paul II, okwasomboola abakulembeze b'amawanga, ne kutuuza wamu n'abamu abaali batalima kambugu, gamba George Bush eyali Pulezidenti wa Amerika ne Ahemednajaabu owa Iran. Abakulembeze b'amawanga okuva mu Afirika, Buwarabu, Bulaaya, Asia ne Amerika tebaalutumira mwana. Abakulembeze b'enzikiriza kumpi zonna baakuŋaanira e Vaticano okuwerekera omugenzi Paapa. Okutuuka kw'olwo waali tewabangawo mukolo gwonna mu nsi gwali gukuŋanyizza bikonge by'amawanga n'eby'enzikiriza ez'enjawulo okuva ku nkingi zonna ez'ensi ng'okuziika kwa Paapa John Paul II bwe kwakola.

Nnali sirowooza nti ate eribaayo ekirijja nga nkyali mulamu ne kikwasa ensi ku mumwa oba okugiyuguumya, okutuusa Omuddugavu lwe yalondebwa ku bwa Pulezidenti bwa Amerika nga nange ntemya bukofu era nga nasangwayo. Oh sikutendera, kiri nga si kibejjo wabula kyali kiggweeso! Wali naawe osaana kubaayo ne weerolera! Ate kiki

ekiyinza okujja ne kinywa akendo mu bino ebyamala eggobe mu kibya? Kale oba waali wabaddewo ekirala ggwe kye walaba, kitubuulire era okituwandiikire n'abalijja bakisomeko.

Lwali lwakubiri nga ennaku nnya mu mwezi gwa Museenene, 2008, omanyi Abamerika balina akalomboloombo ak'okukuba akalulu ku lwokubiri olusooka mu Museenene. Omusajja omuto, Omuddugavu, wadde mu butuufu tatufaananira ddala mu langi, yalangirirwa nti yali awangudde obwa Pulezidenti bwa Amerika, nga ye Pulezidenti wa Amerika ow'amakumi ana mu abana. Ye Muddugavu eyasookera ddala okulya entebe eyo mu myaka 232 Amerika gye yali emaze nga yeggye mu nkwawa za Bungereza.

Barack Hussein Obama II, yazaalibwa mu 1961 mu bizinga bya Amerika eby'e Hawaii, nga kitaawe yali Munnakenya era nga musajja Mujaluo, eyayitibwanga Barak Hussein Obama, eyali agenze okukutuka n'emisomo nga abanguka n'okukuguka mu by'obusuubuzi mu yunivaasiti yo mu Amerika enjatiikirivu ennyo eyitibwa Harvard. Yali mulangaatira gwa musajja, muwanvu nga muddugavu ttibittibi, omusanyufu nnyini era eyali anyumirwa okudigida n'okulya obulamu. Omuddiramu, ggwe ate bye yasanga mu Amerika e Bujaluo byaliyo! Olubwa oluyitaayita nga bwe lukira oluliira ku nkoligo, eyo ne munnaffe ono gye yabakanira n'omwana w'Omuzungu, Ann Dunham, era okukakkana ng'omukwano gubamezze, gubavulunze era okuva mu nsiitaano eyo nga n'okubala gubaze, nga n'ekibala kyagwo ye mulenzi ono Barack Hussein Obama II. Kiri mu ggiraasi nti omwana ono yali *muzungu-mufirika,* kyokka eri mu Amerika kasita omu ku bazadde bo abeera Omuddugavu bakuyita Muddugavu teri kuwannaanya!

Mu kalulu kano akaali ak'akaasammeeme era ak'endeegabwenyi, amannya g'omusajja ono kata gamuzaalire akabasa, nga abamuvuganya bagamba nti Muwarabu, olw'erinnya Barack ate liri eddala nga kumpi liringa erya Osama, wamma ne gujabagira. Emyaka gyali giyise mpa we gizira nga abasajja Abawarabu ba lumiramwoyo ab'akabiina k'omujambula Osama bin Laden, batigomezza Amerika nga balumba ebizimbe byayo omwafiira abantu abawera 3000 omulundi gumu. Awo nno nga Omumerika okuwulira erinnya ery'Ekiwarabu, nga ategeeramu: "Mutujju". Musajja wattu yalina okwewozaako nti ye tabeerangako Muwarabu nga era yakuzibwa jjajjaawe eyali azaala nnyina, Madalena Dunham, Omukristo. Jjajja wa Obama II azaala kitaawe yali Mukatoliki kyokka n'akyuka n'asiraamuka. Wadde kitaawe wa Pulezidenti Obama yali Musiraamu, eby'okusoma eddiini teyabiriiko, era yali tagimanyi

kiwanvu anti nga n'akabisi akoona.  Abooluganda lwa Obama e Kogelo mu Kisumu e Kenya, abamu Basiraamu abalala Bakristo. Ye nnyina wa Obama II, wadde yali akkiriza Katonda, yali talina ssinzizo mw'alinnya. Olw'okuba yali afunye olubuto nga wa myaka 18, eby'essomero yabinnyuka bubimbi era nga katabani ke kasuumuseemu yasitula engugu ye n'ayolekera Indonesia gy'aba ayiiyiza ensi. Nga bali mu Indonesia, nnyina wa Obama akalenzi yakassa mu ssomero lya Ekelezia ate gye yakaggya n'akatwala mu ddala ery'obwannanyini. Mu biseera ebyo mwami Obama yeddirayo e Kenya era teyaddamu kuwuliza mutabani we. Obama okulya obwa pulezidenti nga kitaawe yafa dda era ne nnyina nga naye Walumbe yakulubbya ate jjajjaawe Anna ye yafa nga enkeera Obama lw'alondebwa ku bwa Pulezidenti!!

Olw'okuba nga Indonesia nsi ya Basiraamu okusinga, abaali bavuganya Obama kino bakyesibako nnyo nti kyali kikakasiza ddala mbu yali Muwarabu. Omanyi bangi balowooza nti Abawarabu bonna Basiraamu, ekitali kituufu. Obuwarabu ggwanga sso si ddiini, nga okubeera Omuganda bwe kitali ddiini. Naye akukyaye bw'awerekera akubanja gubula asala. Abalala  baanokolayo  ne kano nti Obama ne nnyina baabeerako ne mu Pakistani, ensi endala egambibwa okutendekerwamu abatujju! Wadde enseekeezi zaafunvubira okusiiga Obama ekko n'enziro, era nga kampeyini z'ebyobufuzi bwe zitera okubeera, tekyamulobera bululu kubwezesa lweyo na kuwangula, anti Katonda ky'aterekera omulamu ....

Bwe baava mu Indonesia ne Pakistani, omuvubuka yasigala ne bajjajjaabe, abataali bagagga kyokka abaakola obutaweera okulaba ng'omuzzukulu agenda mu masomero amalungi. Akasugga kagoba kisaambu  n'ekkerenda liva ku lubaya. Ne Obama II yayingira yunivaasiti, kitaawe mwe yali ayigidde, n'akuguka mu Mateeka era n'oluvannyuma n'agayigiriza mu yunivaasiti y'emu. Yeerekereza okuyoola omudidi gwa ddoola balooya gwe bayoola, n'ayingira ebyobufuzi mu kibuga kye eky'e Chicago,  n'abeera omubaka w'abantu mu ssaza lya Illinois (yatula, *Ilinooyi*), nga omubala gwe kutakkuluza bantu ku lumbulege lwa bwavu, okubaggya mu ddubi ne mu mbeera eyeenyinyaza. Era yasinziira Chicago mu 2006, n'alangirira nga bwe yali agenda okwesimbawo okuvuganya ku bwa Pulezidenti bwa Amerika. Abaakiwulira baakayita keewaniko, ak'amakobe, anti tegalina bwe genkana naye ne gawalampa emiti n'ebitooke! Abandi baalowooza nti omuvubuka yali asaaga busaazi, nga anti tewali alaba ngeri Muddugavu ng'ayinza kuwangulamu bukulu obwo. Ekirala mu kibiina kyabwe ekya

DP, yali avuganya n'omukyala, Hilary Clinton,  eyali munnamateeka omumanyifu ennyo, era eyali akiikirira essaza n'ekibuga ekisinga obunene, New York, mu mu Lukiiko lw'Amerika olwo ku ntikko (*Seneti*), olutuulwamu ababaka 100 bokka. Ye Obama mu lukiiko omwo yali tannabugumya na ntebe, anti yali yakamalamu emyaka ebiri gyokka, kyokka, nga era ye Muddugavu yekka alulimu. Lwalimu nno  n'abaali bakulunguddemu emyaka ana. Ekyo ng'okitadde ku bbali, ekirala  ekyali kiragira ddala nti Obama olusozi lwe yali atandise okulinnyalinnya yali tayinza kuluvvuunuka, omukyala bwe baali bavuganya yali mukyala w'eyaliko Pulezidenti omwatiikirivu, Bill Clinton , kino nakyo nga kimwongera ettutumu. Abagamba bo nga bagamba bugambi  nti Obama yali mu kwekongolobojja, ng'akirako akabwa akagoba enjovu. Kyokka ye Obama nga eby'aboogezi tebimukanga!

Obama nga musajja mutonotono, mumyufu ng'endeku, muwanvu wa maaso matono, ennyindo ηηanda, emimwa midduugaalirivu olwa ssigala gwe yakommontanga, kyokka n'amuvaako, anti nga si kyakulabirako kirungi. Yali mwogezi muyitirivu anti ng'ayogera n'akunkumula n'ennyenje, nga asimba ensonga, nga mu kuteregga olulimi kkoyi. Nga  tatamattama mu bigambo, nga mutangaavu mu by'ayogera era nga ayogeza bumalirivu mu ddoboozi lye eddene eddungi nnyini. Wadde yali tamanyiddwa mu Amerika yonna, anti nsi bwaguuga, yasobola okumatiza kumpi buli eyamutegeranga okutu era okulonda mu kibiina kya DP, okusalawo gwe kisimbawo okuvuganya n'omulala ow'ekibiina ekivuganya, kwagenda okuggwa nga Hilary Clinton awanguddwa era ng'awanduddwa. Olwo Obama n'ayolekera okuvuganya n'ow'ekibiina kya  *Republican*, John McCain.

Wadde omwami ono yali kinviinvi, nga n'eddoboozi litandise okujegemera n'okumukankana, yali tannafuuka lukanyala era yali amaze mu Lukiiko lwa Seneti emyaka egisoba mu makumi asatu, nga amanyiddwa nga eyali omulwanyi eyazikekezaako n'okuwambibwa n'awambibwa omulabe, ennyonyi gye yali acunga bwe yanogebwa ekikompola ky'omulabe mu lutabaalo lw'Amerika ne Vietnam mu myaka gy'ataano n'enkaaga. Abamerika baagala nnyo abaazirwanako. Yali Muzungu, nga mumpi, eddoboozi lye nga ttono kyokka ng'ayogerera waggulu. Wadde mu ndabika ne mu njogera yali tawa maanyi naye era nga kirabika kizibu nnyo abantu okulonda Omuddugavu atalina na bukulembeze bwa maanyi bwe yali akoze ne balekawo Omuzungu eyazirwanako. Naye munnange: "togaya kyezinze…, n'akaami akatono, okagayira mitala wa mugga"

Akalulu kaali ka kaweereege era waaliwo vvaawo mpitewo. Robert Kennedy eyali avuganya ku bwa pulezidenti nga tannatemulwa mu 1968, yali alagudde nti: mu myaka ana, Omuddugavu aliba asobola okubeera pulezidenti nga John F. Kennedy, muganda we, Omukatoliki, bwe yali asobodde okuba Pulezidenti wa Amerika. Omanyi kyali kyafaayo Omukatoliki okulya obwa pulezidenti bwa Amerika, kuba Abakatoliki mu Amerika baali basosolwa nnyo obudde obwo. Laba emyaka bwe gyayitira ddala ana gennyini, omwana w'Omuddugavu n'alya eŋŋoma nga Robert Kennedy bwe yali alanze! Ggwe nno abadde alowooza nti teri balanzi kkiriza era omanye nti baba bantu nga ffe!

Ku lunaku olw'okulonda twakuŋaanira mu nju ya mukwano gwaffe Munnakenya, nga tuli Abatanzaniya babiri, Bannakenya bana ne kamwakoogera, nga tulindirira ebiva mu kalulu. Twali bagumu nti omuntu waffe ajja kuwangula kyokka ate nga tulimu okutya nti olw'obusosoze mu langi Abazungu bayinza obutamuwa kalulu n'atayitamu! Kyokka tewaali abuusabuusa Kakiiko ka bya kulonda, awo nno nga tewali kutya nti obululu buyinza okubbibwa. Obululu obwasooka okufuluma bwatunnyogoza, nze we nnali ne mpunga n'akammonde ke nnali nkutte mu ngalo kanvaamu ne kagwa nga ndaba omusajja atutwala! Kyokka bwe bweyongera okujja ate ne tujjamu akabugumo ne tutandika n'okuleekaanira waggulu. Munnaffe omu, omukyala, yagiranga n'atukomako nti sikulwa nga Abeeru abakyalowooza nti Omuddugavu wa wansi batukubamu ebyasi, anti eri emmundu nkumu. Munnange essaawa okuwera ennya n'ekitundu ez'ekiro, mu Bugwanjuba bwa Amerika, anti olw'obunene bw'ensi, abali e Bugwanvuba baba mabega essaawa ssatu ku bali mu Buvanjuba, amawulire ttivi ya *CNN* n'egabotola nti: "Abange, okusinziira ku bye tulina kikakasiddwa nti Senator Barack Obama owa Illinois awangudde obwa Pulezidenti bwa Amerika, nga ye Pulezidenti ow'amakumi ana mu abana"!

Twasaanuuka nga enjuki enkubemu ejjinja ne tuleekaanira waggulu mu kujaganya, nga situyinza kukkiriza kye twali tuwulidde ne kye twali tulaba ku lutimbe lwa ttivvi. Obutafaananako wano, eri abantu bajaguliza mu maka gaabwe oba mu bisaawe oba mu mabaala sso si mu nguudo. Nkugambye emmere yatuwolera mu ngalo, obujiraasi bwa

wayini ne tubusamba obumu ne bulugenda, anti ekinene tekigendera awo! Amangu ago bannamawulire ne baatutuusaako okwogera okwamangungu, Pulezidenti omulonde bwe yalabikako ne mukyala we, Michell, mukyala munnamateeka, ne buwala bwabwe obulungi obuka: Malia, eyali ow'emyaka ekkumi n'ogumu, ne Shasha, ow'emyaka omwenda egy'obukulu. Nga bw'otunula mu bbiina ly'abantu elyali likuŋaanye ekiro ekyo, mu butiti obutagambika, olaba maziga na kuwuniikirira, anti nga balinga abaloota! Omukadde omu Ann Nixon Hooper , Omuddugavu eyali aweza egy'obukulu 106, era nga yali alonze Obama, yayogera nga Simeon, gwe tusomako mu Bayibuli, nti: kati ne bwe nfa; sibuula omuddu wo agende mirembe, kuba amaaaso gange galabye ebikuuno… Omukadde Ann Nixon yali muzzukulu w'abaddu era yali alabye engeri Abazungu gye baali batulugunyamu Abaddugavu, naddala mu myala gy'enkaaga. Yakulukusa amaziga, wadde nga wandirowoozezza nti ku myaka egyo gaali gaamuggwa dda mu kiwanga, era n'agamba nti: "Kati ne bwe nfa"! Waaliwo ne nnamukadde Omubiika omuzungu eyali e Rooma, nga amaze emyaka 50 nga takuba kalulu. Egy'obukulu yali awezezza 100. Yalondera Rooma, akalulu ke n'akaweereza era n'ayogerera ku ttivi nti yali alonze Obama nga alaba y'agenda okuggya Amerika mu ddubi. Ono naye yasanyuka bya nsusso nga omuntu we akalulu akawuuse buva!

Obama mu kwogera kwe okw'ekiyitamuluggya yagamba nti: "Kino ekibaddewo kijja kwogerwako mu nsi yonna era kijja kunyumizibwa abaana n'abazzukulu. Kyokka eno enkyukakakyuka ssinziggu, mwe, abantu ba Amerika mwe mugireese; mulaze Amerika ky'eri, nti y'ensi buli omu mwasobolera okutuuka yonna gy'ayagala". Teyayogera bisinga awo, wadde twali tumusuubira okunokolayo obugambo bwa Martin Luther King, eyattibwa nga alwanirira eddembe ly'Abaddugavu mu 1963, nga Obama wa myaka ebiri gyokka, eyagamba nti: "Ekirooto kyange kwe kulaba nga buli muntu alamulwa kusinziira ku mpisa ze sso si ku nfaanana ya lususu lwe…" Ebigambo ebyo byali mu Obama bituukiridde bulungi, kuba ddala yali asaanidde era abantu obukadde 67 (54%) baali bamuwadde akalulu kaabwe olw'ebisaanyizo bye, anti omulungi tabulwako bannyina. Munne eyali amuvuganya ye

yafuna obululu obukadde 58. Ate mu bubonero bwe bayita *electoral votes*, Obama yafuna 365 ate bwe baali bavuganya n'abuukayo na 173. Mu mateeka ga Amerika ag'okulonda, oli okulondebwa ku bwa pulezidenti ateekwa okuweza obubonero obutakka wansi wa 270. Buli ssaza, gamba buli disituliki, lirina obubonero okusinziira ku bantu abalirimu nga omugatte gwabwo gwe gusalawo awangudde sso si muwendo gwa bululu obwa bonna. Kino kitegeeza nti oli ayinza okusinza omugatte gw'obululu kyokka n'atalondebwa ku bwa pulezidenti! Kino atavangako mu Yuganda kiyinza okumutabula era okukitegeera alina kukiwa budde kukiyiga.Ye lwaki tetukireka!

Wadde nga omusaala gwa pulezidenti wa Amerika mutono nnyo byo ebigenderako bingi nnyo. Afuna ddoola $400,000 omwaka, nga ate abalala nga omukyala Omuddugavu aweereza ku ttivi, Ophra, mu budde bwe bumu yali afuna ddoola obukadde 265 omwaka. Ayagala okumanya kafaankuna yenna agendera ku bwa pulezidenti bwa Amerika genda ku mukutu gwa intaneti wesomere. Awo sikuwadde ddagala na kikolo? Omulungi asinga nze onoomusanga wa?

Olw'okuba nga pulezidenti wa Amerika bw'amala okulondebwa wayita emyezi esatu nga tannakwata ddamula, anti akalomboloombo kaabwe kali nti Pulezidenti omuggya alayizibwa nga 20 mu mwezi gwa Gatonnya, kale okuva nga nnya, Museenene okutuuka nga abiri, Gatonnya, omukulembeze omukadde y'abeera akyali mu ntebe. Kino kiwa omukulembeze omuggya obudde okulonda b'anaakulembera nabo nga tewali kupapa, era kimuwa n'akadde okuwummulamu okussa ku mukka, anti akalulu kakamula entuuyo! Olw'okuba nti ebintu byonna bigoberera mateeka, teri kugujuubana na kweraliikirira nti oba pulezidenti agenda ayinza okubba ssente z'eggwanga oba ayinza okweremeza mu buyinza, nga bano abaffe abatalina bugunjufu bwe bakola. Eri olulondebwa omanyirawo nti ekisanja eky'emyaka ena bwe kiggwako olina okuddayo mu kalulu; singa okawangula nga okulemberayo emirala ena nga onnyuka, nga n'abalala bakwata kubanga tojja kuba mulungi omu. Ani akulimba nti awakula ennune wakula emu, oba nti entumbwe eba emu n'emala omuzigo? Nga nno nkulabira mwana wange!

# 16. N'alima awalungi…

N'alima awalungi annyuka. Nange omusomo bwe mmala okugubalangula oluku mu mutwe, oba omutwe gw'omusomo gubeera wa, tombuuza ebyo, era nga ne ddiguli yange eyookuna endi mu nkwawa, nnasalawo okukyusa obuwufu okudda ewaaboffe. Wewaawo mu Amerika emirimo egisasula obulungi gyaliyo era nga nnali nsobola okufunayo obutuuze, nnali nkooye era nga neesiniddwa ekiwuubaalo n'ekiyongobero ekireetebwa okubeera ku ggwanga ate nga ndiko bingi bye nnali nkakasa nga nsobola okubikolera mu nsi yattu.

Nga amattikkirwa gaffe gawedde nafunayo obunaku nga buubwo okussa ku mukka n'okulowooza ekyali kiddako. Nakuŋaanya obuntuntu bwe nnasiba mu migugu gyange nga nkomawo, omwali engoye ze nnagulira bannyinaze ne baganda bange ko ab'emikwano abatonotono, kkamera eya *digito* gye nnagulira taata, anti nga musajjamukulu mmumanyi tata kwagala kugenda na mulembe; akayinja aka *diamond* aka maama, kompyuta ey'omulembe ennyo gye nnali nsobola okukozesa kumpi buli kintu ekya ofiisi, ebyuma ebikozesebwa mu ofiisi, ettaala empangaazi era ezikekkereza amasannyalaze wamu n'ebitabo byange bwe tutateŋana, awo loodi ne nkuula.

Saasiba ntwala ya bintu bingi anti nga ne mu Yuganda mwebiri, wadde ng'omutindo gwa biri gwo gwali waggulu ku bya wano. Omanyi ebintu biyinza okukolerwa e Chayina kyokka ebiraga mu Bulaaya ne mu Amerika ne biba bya mutindo mwawufu nnyo ku bireetebwa eno mu nsi ezikyakula, oba ka nkibotolere ddala nti: ensi ezaakona, kale ka tugambe nti ezikyali enjavu, olw'obukulembezi obuboofu obuliyo. Mmotoka eva mu Japan nga eraga mu Amerika ebaamu bingi ginnewaayo ejja mu Yuganda byeteteekebwamu kuba Munnayuganda tasobola kubisasulira ate nga Omujapaani ayagala kutunda kugaggawala. TV enkadde gy'oguze e Bulaaya, emirundi mingi esinga empya gy'ogula wano kuba ekitongole kya wano ekyandibadde kikakasa nti ebintu ebibi tebiyingizibwa mu ggwanga, matuusa, kiriwo mu linnya! Tekirondoola wadde okufaayo. Oba kuba abakungu baakyo bapokerwa omusimbi abo abaleeta ebintu ebitatuukana na mutindo, oba tekirina busobozi oba byombi, awo ggwe onoomanya!

Ebirungi birekwa, Nsingiisira yaleka omuwemba! Nange ekyansaaliza ennyo okuleka yali mmotoka yange, *Lubalala*, ey'ekika kya *Buick 2001* eyali enzigumizu obulungi nnyini ate nga empulira mu

kucenca n’okutiriginya emisinde. Nga ne *tekinoloje* ali muli talabwangako mu nsi ya Kintu era nga tannatuuka mu ezo ezaaleetebwanga mu Yuganda. Nnali sisobola kugitikka ku mmeeri, nga anti ezigitikka zisinga ezigula mmotoka endala wano mu Yuganda, nga tonnassaako misolo gino egituli mu bulago ng’omudaali, ate nga ne kye gikola tetukiraba, okuggyako okukkusa bannaffe abali mu buyinza era abatali beetegefu kubuta nga enkuyege zikyabakubira enduulu. Ko nze, mmotoka awannyu waawo, ndifuna endala; nga ngikuba bbeeyi, ate nno ddondolo, si kutta kulonda, anti eri mmotoka envugemu zigula nseko buseko!

Nnakomawo mu kimpowooze era mu kasirise. Ku kisaawe ky’ennyonyi e Ntebe twatonnyako ku ssaawa bbiri ezo ku maliiri, ne mpangisa taxi entwale e Nsimbiziwoome. Omugoba eyali ayogera Oluganda mu njatula ey’Ekinyankole yannyaniriza era n’ateekamu emigugu gyange mu bwangu, mmotoka eya Toyota ne ngiyingira ne tweggyawo. Tuba twakavugako akabanga nga kaako nga tugenda tunyumya n’aŋamba nti; “Muzeeyi nsonyiwa nnyimirireko wano katono ntwaleko ono”. Ko nze nti: “Kale, ate mmotoka okugibeeramu obw’omu kingasa ki?” Yayimirira awo nga ku Bayitaababiri n’aggyawo omuwala. Yali muwala muto nga obulungi bwanoga. Yamutuuza mu maaso ne batandika okuwaya mu Lunyankole n’okusekereza mu kkwano. Nagira ne nsukkiza eriiso ne ndaba nga omugoba wa mmotoka avugisa omukono gumu omukono omulala nga gy’agutadde ku muwala si watuufu budde obwo kyokka ate ne ntya okumukomako, nga ndowooza nti kiba kumuyingirira mu ddembe lye. Okwekommomma okwo kwanzita kuba nnalowooza ku ddembe lye lyokka sso ne neerabira eryange. Ssinga namugambako osanga saaligudde mu ntata eyaddirira.

Munnange tuba tutuuka e Kitala nga ntandise n’okutema ebisiki olw’obukoowu, nagenda okuwawamuka nti nga mmotoka ewaba, egenda butesagga etutirimpya etutwala mu lukonko awaali amayumba. Nnaleekaana nti: “Otuttaaaa…” era ekyo kye kyamala.

Ebyaddirira byanyumizibwa bunyumizibwa oluvannyuma lw’emyezi esatu nga Walumbe annamuza. Nze okugenda okuddamu akategeera nga seetegeera era nga simanyi mbu na kyali kuguddewo. Mmotoka yantema bubi nnyo era z’enkovu zino ze nnina mu kyenyi, emikono n’amagulu. Abamu abalaba ntambula nga nsimba okugulu ne nkunyweza nga n’obubegabega bundi waggulu bagayita malala, naye mwattu byava ku kabenje, anti gwotonakaddiya teguba gugwo ate n’obulema tebuva wala. Kale singa nze mbuyaga ezikunta kuba nnayita

ku lwa nkwale, oluti, era nnakoma ku mugo gwa ntaana nga emagombe nnasimbayo kitooke. Ekyannyamba okuyita ku lugwanyu era ekyamponya kubeera nti nnali mu mutto gwa mabega era nga nsibye n'olukoba, anti: Katonda yambikkako obusubi, nga ne weyeekweka waali wagumu. Ye omugoba, Ssenkaaba yamuwandula, kyokka ng'amagulu gombi bagatemyeko, ate bambi nnakyala ye yafiirawo mbulaga!

Ebyange byonna byalugenda obutafissaawo kantu na kamu. Abajjanga ng'abadduukirize ate badda mu kunyagulula mbu era abamu baatulinnyangako bulinnya nga beeserejja banoonya ensawo zange. Nze ab'ewafe okumanya kirabika omu ku banyazi eyatwala ensawo yange yasangamu endagiriro n'amasimu, kuba bulijjo ntambula mbiwandiise awantu awasoboka okulabibwa amangu, n'anyigira omu ku bannyinaze ssimu, n'amutegeeza nga bwe ntwaliddwa e Mulago nga biwala ttaka. Eyo gye bansanga ne beewuunya engeri gye nnali ntuuse mu Yuganda ne ntuuka n'okugwa ku kabenje nga tibamanyi! Omuntu ono ataamanyika eky'ekisa kye yankolera, yaddira ebiwandiiko byange byonna ne paasipooti n'abiweereza ku ndagiriro y'awaka waffe nga alesseemu ne ddoola kikumi kimu kiti, ndowooza nga akimpadde ntandikire okwo okuyiiya! Ddala obutabaako gwe nnabuulira nnakola nsobi nnene era nnabeetondera nnyo. Bo abanyazi bandeka sseke era buggo ne ntandika obulamu mu Yuganda nga ndi lukebe ntyo!

Nga nzisuuse bulungi ab'awaka n'ab'emikwano baankolerawo akabaga okunkulisaayo. Baali bankulisaayo ewa Walumbe e Ttanda ate n'emitala wa Mayanja. Twalya ekijjulo ekyateekerwateekerwa mu kafo akeekusifu mu kitundu. Mikwano gyange bwe twazirunda abaali okumpimpi bajja, ssaako banywanyi ba bakadde bange wamu ne bakulu bange. Kwaliko abavubuka bangi enkulize be nnali ssimanyi nga ndagibwa balagibwe, nga omwo mwe mwali n'omuwala ono kati bwe tutateŋana mu bulungi ne mu bubi kuba yandaga omukwano ogutaliimu kwegula wadde okufujjirira oba okuvujjirira.

Nga sinnabakana na mulimo gwe nnali mmaze okufuna, nnawuubako olubu lw'ebigere e Buddu nningize ku ŋŋanda zange ezaali eyo. Mu bangi be nnalaba mwe mwali ne Solome Bangissibanno! Haaa, mukazi wattu nga ne bw'omusuula awo embwa tezimuwunyako! Yenna ng'atunula nga Katonda gw'atafaako! Yali afumbiddwa awo ku kyalo kyokka ng'omusajja lujuuju nnanjwenge atalina wadde empeke y'obuvunaanyizibwa emu eti! Yalina obwana nga bwonna obubuto bubwereeze bukirako ndizaala oba ssemukkutto, enviiri nga

zibuseenyuuse ng'era buyita buswa! Naye mukazi wattu ng'ayambadde nziina! Nnabuuza Solome ekyamutuukako, n'antegeeza nga okusoma bwe kwalema nga ensimbi zibuze, n'adda awaka. Mu kuzubaazuba n'okwemalaamala gye yagwira ku lusajja olwamudyekadyeka ne lumumatiza mbu lwali lujja kumumalako ennaku kasita alukkiriza. Kyokka olwatuuka mu ddya erya kawundo kakubye eddirisa, nga amaze n'okufuna olubuto olwasooka, lw'akigwamu nti olulenzi lwali lumutimbye bbula, terwalina mulimo, okugyako okuwulira awali ekinyumo ne lugenda lukola ebidaala oba okusitula ebintu, nga omusaala, mwenge kunywa!

Yii ensi eno nga enyiga obulimaawa? Teyandibadde Solome nga y'ali mu mbeera eno. Kale eriyo bangi abaafuna omukisa okusoma wadde nga tebaali bagezi nga Solome, nga kati bali bulungi. Omwavu alina kufuuka nkoba za mbogo, ng'awatanya okulaba bwe yeewannattula ku njegere z'obwavu. Ate oli ng'afunye akakisa okusoma yandikakozesezza bulungi kuba bangi abakwamidde eyo olw'obutakafuna. Solome nnamuwaayo ku busente, wadde baali *baanzibukula* (bannyaga) mu kabenje, nnalinayo obusente bwange mu bbanka; era neetema okuweerera omu ku baana be. Yasanyuka bya kitalo kyokka nze nnavaayo ndi munakuwavu nnyo.

Omulimo gwange gwali kulabirira mutindo gw'ebikolebwa ekkolero lyaffe. Gwali gunsasula bulungi nnyo era nga ngweyagaliramu kuba nnali ngwagala. Nalayira nti nga nkyali ku mulimo ogwo kampuni yaffe yali eteekwa okuba nga y'efulumya ebintu ebisinga okuba eby'omutindo. Ofiisi yange yali nnene ng'erina amadirisa mwe nsinziira okulengera ku nnyanja ate n'okulaba byonna ebiri wansi anti yali ku mwaliiro gwa kuna. Twalina enkolagana nnungi nnyo ne bakozi bannange era nga omulimo gwaffe gutufuukidde nga waka awali okutegeeragana.

Nnalina omuwala, Julie, eyakolanga mu ofiisi yange, nga mukazi mukkakkamu era mulungi ddala kyokka ng'alina bw'ankubisa ebikolwa. Emirundi mingi namukwatirizanga ng'ansoonseka oluuso, ate olundi ng'entambula ye, entuula n'ennyambala nga biriko kye bigamba. Kyokka nnaguma ne nkona ng'ejjinja, kuba oluusi ekikongo kiggya. Nnalina omuntu gwe nnali ndabidde ku kabaga nga naakadda, nga n'amaka mw'ava ngategedde bulungi, nga muyivu, mwegendereza, mukwataampola era nga ndaba y'ansaanira. Nnali nsaba busabi Kawamigero annyambe okulonda obulungi kuba wadde nnali sikyayinza kulinda saalina bukakafu nti munnange eyansuzanga nkulungutana

naye yali alaba nga nze mmusaanira. Omanyi oluusi abasajja balowooza nti be balina okulonda bokka ne beerabira nti n'abakazi balonda; oyinza okumwegwanyiza nga ate ye alaba tomugyamu!

Mu kwanukula essaala yange gye nnasabanga olutata nga neekuyenga mpanjagira Lugaba anfunire omubeezi ddala anaambeera mu byangu ne mu bikalubo, mu bitono n'ebinene, mu ssanyu ne mu buyinike, mu ddembe ne mu mineene, mu ttijjo ne mu kwerabirwa, mu kkwano ne mu kukyayibwa, mu bwa binojjo ne mu bukene, nafuna omuwala omulongo ono gwe nnina! Omwana ono omutono omumpimpi, omuddugavu omulungi omubalagavu omuka, yantuuka nga Nalunga bwe yatuuka Jjuuko. Ayogeza ssimbo, atunuza kisa, atambula kimbejja, wa birowoozo bitangaavu wa mutima mulongoofu. Si muyivu buyivu kyokka, wabula mugunjufu; si mugezi bugezi wazira mutegeevu. Ayogeza abantu obwama, atomeza abataambuze ebifunvu nga baasaamiridde. Bw'atunula mu mata agafudde galama! Ono asobola n'okuyimiriza emigga okumwerolera! Bw'atambula ku kkubo mmotoka ziggwako emipiira, anti ng'abavuzi baazo bazisiba balyise ku maaso. Nange nno yantambuza akannaginnagi era ddala nnamuggya mu mannyo ga mpologoma ag'empisi oba manguko!

Eby'engeri gye yampangula nange ne mmuwangula ndibinyumya olulala singa aliba anzikirizza okubittottola. Ekikulu tayomba, tajooga, tanyooma, takiina, taswaza, tapakuka. Muyonjo eyajjula okwagala ne kubooga. Omulongo wange ono tanjuza, yantamya bonna be nnali ndabye na bonna besirabanga yabannyiya. Ffembi wamu n'obwana bwaffe, buli omu aliwo ku lwa munne, buli omu akolerera munne era emirembe n'essanyu bye tulina teri lulimi lulina bigambo bisobola ku binnyonnyola. Tekuba kukinagguka bwe tugamba nti ffe eby'okuteganya Ddunda nga tumusaba twabivaako, kati buli lukya twebaza bwebaza emikisa enfaafa gy'atugonnomolako. Ku lwange, essanyu eryo teriva mu mamotoka gano ag'ebbeeyi getulina oba mu nnyumba eno amatiribona mwe tusula; teriva mu nsimbi omukyala nange ze tukola, wadde nga nabyo biyambako okuwa omuntu essanyu, wabula nze ndiggya mu Mulongo ono ne bu-mmazeewo bwaffe, aboolugand a wamu ne banywanyi baffe abangi ate abalungi nnyini be tulina. Byonna bye neeyama okukola ku lwa munnange ono mbikoze okuggyako kimu kyokka: nga kyamukwana, nnamusuubiza okumugulira omwezi tusenge eyo!!

**(May 23, 2009)**